





# OKWANJULA EBIKULU MU BAIBULI

EMISOMO EGISOOKA EGINAAKUYAMBA MU NGERI

EYOOMULEMBE OKWESOMERA BAIBULI GGWE WENNYINI.

## EBIRIMU

1. BAIBULI
2. KATONDA
3. ENTEGEKA YA KATONDA N'OKWAGALA KWE
4. OKUFA
5. EBISUUBIZO
6. MUKAMA YESU KRISTO
7. EBISUUBIZO BYA KATONDA ERI DAUDI
8. OKUZUUKIRA KWA YESU
9. OKUDDA KWA YESU KRISTO
10. ENJIRI
11. OKUBATIZIBWA
12. OBWAKABAKA BWA KATONDA

AKATABO KANO KAKUWEEBWA KU BWEREERE AWATALI  
SSENTE, KAKUYAMBA OKBUULIRA ENJIRI ERI ENSI ZONNA.

P.O BOX 579, JINJA, UGANDA

## ENGERI EYOOKUSOMA

Engeri emisomo gino ekKumi n'ebiri gyateekebwateeke-bwa okukuyamba okufuna okutegeera okwebikkulira Baibuli by'esomesa n'engeri ki gy'osobola okugabanira awamu mu bulungi obw'okubeera omugoberezi wa Kristo. Ojja kufuna ekimala mu misomo gino nga ogiyisemu emirundi egimala n'okutunula ku bunyiriri bw'omu Baibuli. Mala oddemu ebibuuzo eby'okweronderako ebiri ku nkomerero ya buli ssomo, nga weeyambisa essomo eryo, bw'oba nga teweekakasa kya kud-damu.

Tewali nsonga ekwanguyiriza kugenda mu maaso n'okuteebereza eky'okuddamu; kubanga obubaka bungi bukuweereddwa okukusobozesa okuddamu ebibuuzo by-onna obulungi, ng'omusingi omulungi okwetegekera emisomo emirala egiddirira. Bw'oba nga omaze ebibuuzo byonna eby'amasomo 12, ebyokuddamu byo bisse ku lupapula oluli wakati w'akatabo kano.

Amasomo bwe gaba gawedde, weereza olupapula olw'awakati ku kasanduko ka pposita akakuweereddwa. Bwe tufuna eby'okuddamu byo ojja kuweebwa omusomesa. Yajja okubikebera n'okubikomyawo gy'oli awamu n'ebiwandiiko ebirala n'ekitabo "Ebikulu mu Baibuli" ekirimu amasomo kkumi nal-imu (11) nga kitwala emitwe gy'empapula 359 ezikwongera ebisingawoko ku nsonga za Baibuli.

Bw'oba ng'olina ekibuuzo kyonna ku ebyo ebikwata ku Baibuli tujja kuba basanyufu okukuyambako mu kunoonya eky'okuddamu okuva mu Baibuli.

## AMASOMO AGATANDIKIRWAKO:

Ekigendererwa eky'amasomo gano agatandikirwaako mu bikulu ebya Baibuli kwe kukusobozesa mu ngeri ey'omulembe okwesomera Baibuli ggwe wennyini. Ku nkomerero y'amasomo, ojja kubeera n'ekifaananyi ekituufu eky'ebikulu eby'enjiri Yesu gye yasomesa. Yalagira abayigirizwa be okub-

uulira enjiri eri ensi yonna n'okubatiza abakkiriza nga babann-yika mu mazzi: Ekitegeeza okufa n'okuzuukirakwe. Tusuubira nti ng'omaze okusoma ekatabo kano, n'amasomo amangiko agaddirira, ojja kuba ng'osobola okwesalirawo okukkiriza enjiri n'okubatizibwa. Naye ate wano oba nga eyakatandiika obutandiisi. Saba nga bw'osobola, Katonda akubikku-lire ebikwata ku bulamu bwo n'okugezaako okulaba ngeri ki gy'akukulemberamu, okuyita mu kigambo kye nga anoonya okukuleeta okumpi naye.

Buli ku nkomerero ya buli ssomo waliwo ebibuuzo. Tukwaniriza okwongerako ebirowoozo byo ebirala oba ebibuuzo byonna ebikwata ku Baibuli. Tujja kubeera basanyufu okuwaanyis-ganya ebirowoozo ku nsonga zino bw'otuwandiikira ku kasanduku ka posita akali wansi ku lupapula olusooka.

Waliwo amasomo 12 mu misomo gino. Oluvannyuma lwa gino, waliwo 11 emirala ng'agyanjuddwa mu bujjuvu mu kitabo kyempapula 350 ekimanyiddwa nga "Ebikulu mu Baibuli" ng'omaze amasomo gano 12 tujja kukusindikira. Bino byonna tubikuwa ku bwerere awatali ssente era tetusobola ku kuwaliriza okuggyako nga ggwe wennyini otusabye tujje. Bw'oba wandyetaaze okusisinkana omu ku bannaffe, mwogerezeganyeemuko, tutegeeze kubanga bayinza okuba nga gyebari mu kitundu kyo kyobeeramu.

Kituufu tufaayo nnyo gy'oli era twagala okukuyamba osobole okuweebwa ekifo mu bwakabaka bwa Katonda obutaggwaawo wano ku nsi nga Yesu akomyewo. Kale tukusabira nga bwe tulindirira okufuna eby'okuddamu oba n'endowoozayo ku ebyo.

## **ESSOMO 1 BAIBULI**

Baibuli by'eyogerako bingi nnyo. Etegeeza butereevu nti omuwandiisi wa yo ye Katonda omutonzi w'ensi ne ggulu. Baibuli eraga Katonda n'enteekateeka ye, era eyogeza buyinza. Kino bwe kiba nga tekinywerebwako, awo Baibuli kye kitabo ekikyasinze obulimba eri omuntu. Naye Baibuli ebyo byeyogerako bwe biba n'okusembebwा olwo ekisingayo mu nsi. Baibuli nga ekigambo eky'amazima ekya Katonda, erina ekisumuluzo eri eddembe n'essanyu. Eddamu ebibuuzo ebizibu ennyo ebikwata ku kigendererwa kyaffe eky'okubeerawo kwaffe era n'ekiva mu kulwanagana okwo wakati w'ekyo ekituufu n'ekitali kituufu.

### **KATUTUNUULIRE N'OBWEGENDEREZA KU BY'EYOGERAKO:**

Pawulo, ng'awandiika ku ndagaano enkadde, agamba "Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋjamya kwa Katonda" (2 Timosewo 3 : 16 ). Buli kigambo ekyebiwandiiko ebyasooka ky'awandiikibwa nga kiragirirwa Katonda. Omutume Peetero yakakasa ky'ekimu, "Kubanga tewali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu; naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa omwoyo omutukuvu." (2 Petero 1: 21)

Abatume bano ababiri boogera nti amaanyi ga Katonda ge gakozesebwा mu kuwandiikibwa kw'endagaano enkadde, eyawandiikibwa nga tebannabeerawo. Amaanyi gano aga Katonda ag'enjawulo ge galeetawo obumu obw'ensomesa etubikkuliddwa mu Baibuli. Abawandiisi bayawukana mu biseera, okusoma emirimu, obumanyirivu, n'ettuluba lyabwe mu bantu be balimu, so nga ebiwandiiko byabwe byonna bigattwa wamu okuva mu ekitabo kimu.

### **LWAKI BAIBULI YAWANDIIKIBWA?**

Baibuli etubuulira ng'eri ki olulyo Iw'abantu gyelwatandika era n'engeri entegeka ya Katonda ey'obulokozi gy'erireetawo

obuwanguzi bw'ekyo ekituufu eri ekyo ekitali kituufu n'okumalirawo ddala ekyo kyonna ekireeta obubi n'ekibi. Ensonga enku lu kwe kumanyisa olulyo olw'abantu abazikirira ekkubo lino ery'obulokozi okuyita mu Yesu Kristo. Endagaano enkadde n'endagaano empya zikolera wamu okulaga Yesu ng'omulokozi w'abantu.

*"Obubonero buno bwawandiikibwa mukkirize nti Yesu ye Kristo, omwana wa Katonda, mumukkirize mube n'obulamu mu linnya lye."* (Yokaana 20 : 31)

Mu mpapula za Baibuli tusangamu okusomesebwa okwo kwonna okwetaagisa mu kutangaaza omuntu, enjawulo wakati w'obubi n'obulungi n'obuvunaanyizibwa bw'omuntu eri Katonda n'eri muntu munne (2 Timosewo 3 : 15 – 17). N'ekisembayo, Baibuli yaweebwa okutubuulira mu Iwatu, biki ebiri mu maaso, tusobole okwetegekera okujja kwa Yesu Kristo (2 Peetero 1 : 19)

#### EBIRI MU BAIBULI:

Ebitabo ebikola Baibuli ebitali bimu byawuliddwamu ebitundu ebikulu bibiri. Ebitabo ebikola endagaano enkadde byawandiikibwa nga Kristo tannabeerawo, ate ebyo ebikola endagaano empya ne biwandiikibwa nga Kristo Yesu amaze okufa. Byonna awamu biri ebitabo 66. Ojja kusanga olukalala Iwabyo ku lupapula olusooka mu Baibuli yo. Ebitabo bino byawandiikibwa abawandiisi eb'enjawulo mu bbanga erisuukka emyaka 1500.

Byawandiikibwa mu nsi nnyingiko ezitali zimu gamba nga Isiraeri, Misiri, Italy ne Babulooni. Ebitabo bino byonna awamu bikola omulamwa gumu –omulamwa gw'omulimu gwe kigendererwa kya Katonda n'omuntu okuvira dda-la ku ntandikwa nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo ky'oluberyeberye okutuusa obwakabaka obw'ensi eno bwe bu-lifuulibwa obwakabaka bwa Katonda waffe ne Kristo we alifuga emirembe n'emirembe (Okubikkulirwa 11 : 15).

## ENDAGAANO ENKADDE

Ebitabo by'endagaano enkadde by'awulwamu ebitundu ebiku-lu bina:-

(a) Ebitabo bya Musa

Ekitabo ekisooka kiyitibwa Oluberyeberye, ekitegeeza; Amasooka. Kitubuulira ku nkolagana ya Katonda n'abantu abaasooka ku nsi. Awo ne kuddako ebitabo ebirala; Okuva, Eby'abaleevi, Okubala, n'Ekyamateeka olw'okubiri. Byonna byogera ku ngeri Katonda gy'eyayitamu Iburahim, n'akola endagaano naye ne bazzukulu be, n'abaggya mu Misiri n'abawa ettaka kati eriyitibwa Israeri.

(b) Ebitabo by'Ebyafaayo;

Bino, okuva ku kitabo kya Yoswa okutuuka ku Eseza, byogera ku byafaayo bya Isiraeri n'enkolagana ya Katonda n'abo.

(c) Ebitabo Eby'ebikwate

Ebitabo nga Yobu, Zabbuli, Engero, Omubuulizi, n'Oluyimba by'awandiikibwa mu lulimi Oluyudaaya mu ngeri ey'ebikwate (poems). Birimu ensomesa nnyingi enkulu ku ngeri ya Katonda n'endowooza y'omuntu n'emirimu gye.

(d) Ebitabo Ebya Bannabbi

Ekigambo NNABBI kitegeeza omulabi – oyo alina obuyinza okutegeera oba okwolesebwa, si ebyo byokka eby'omu maaso naye era, n'ebyo Katonda by'ayagala omuntu akole. Ebitabo ebiwanvu eby'obunabbi nga Isaaya, Yeremiya ne Ezeekyeri biddwako ebimpimpi.

## ENDAGAANO EMPYA

(a) Enjiri nga bwe yawandiikibwa

Zino z'engeri ennya ezitali zimu ezoogera ku bulamu bwa Yesu Kristo- ezaawandiikibwa; Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana, buli omu ayogera ku njiri (amawulire amalungi) mu ngeri ye.

(b) Ekitabo ekiyitibwa "Ebikolwa by'abatume"

Kino kyawandiikibwa Lukka, kyogera ku biki ebyaliwo nga Kristo amaze okuzuukira mu bafu. Tutegeeezebwa ngeri ki ekkanisa ezaasooka gye zaatandikamu, ng'abatume b'atwala enjiri mu matwale g'Abaruumi gonna.

(c) Abbaluwa

Zino zaawandiikibwa abamu ku batume okusobola okuyamba abakkiriza abasooka abaali mu kkanisa ezitali zimu ezeesud-desudde mu bifo eby'enjawulo.

(d) Ekitabo eky'okubikkulirwa

Buno bwe bwali obubaka obusembayo Yesu bwe yayolesa omutume Yokaana.

Yesu Kristo yakkiriza buli kigambo Eky'endagaano Enkadde

Yesu Kristo kye kinyusi eky'entegeka ya Baibuli, era ne mu kuzaalibwa kwe, endagaano empya teyaliiwo. Eby'awandiikibwa bye yasomanga era n'akozesa, yali ndagaano nkadde. Yesu yakkiriza ebyawandiikibwa bino, ye yali ensibuko y'ebyo bye yasomesanga era n'abitwala nga bya buyinza ebyo ebitawakanyizibwa. Laba ebitundu bino; Yokaana 5 : 46, 47; Lukka 24 : 27; Luka 24:44 – 48; Matayo 22:29, ne Makko 7:6 – 13.

Yesu ayogera ku bantu nga Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo, Daudi ne Sulemaani ne ku bantu abalala bangi be tusomako mu ndagaano enkadde, era naasinziira ku bo mu nsomesa olw'amazima nti, abantu bano ddala baaliwo n'olwokuba nti endagaano enkadde yonna kigambo kya Katonda.

## BAIBULI TEYINZA KUWAKANYIZIBWA

Endowooza zonna ezizimbiddwa ne tekinologiya, bino byonna byegattira wamu okukakasa nga Baibuli ntuu. Abalabe bangi aba Baibuli nga kwogasse n'abamu ku basajja abagezigezi, bagezezzaako okuwakanya Baibuli, naye bonne ne balemer-era. Naye olw'okuba nti amazima tegasobola ku kontagana, tulina okusuubira nga ekigambo kya Katonda bwe kitasobola kwawukana ku kumanya kw' ekinasayansi okulabibwa.

Obujulizi obulala obulaga obuyinza obwa Baibuli, y'engeri gy'ekumiddwamu okumala emyaka n'ebisiibo. Baibuli egenze ewangula buli maanyi gonna ag'abo bonne abagezezzaako okugizikiriza. Yagaanibwa okufulumizibwa era n'eggibwa ku bantu abaabulijo; era Baibuli nnyingi ne zookyebwa n'ebitabo bingi. Tewali kitabo kilala kyonna ekyali kibaddeko okuwakanyizibwa okutakoma nga kino. Kale Baibuli ekyaliwo, tejjulukuka ate tewangulwa.

Obukadde obwe Baibuli, engeri gy' ekuumibwamu n'ekyo ky-ereeta ku bantu, nsonga ezitasobola kwerabirwa. Ebyokulabirako ebikwata ku byaliwo edda ebyavumbulwa abantu nga : Rowlinson, Layard, Smith, Woolley ne Kenyon mu Misiri, Nine-va, Bw'asuli, Babylon, Uli, Busuuli, Lebanon, ne Yisraeri byonna bikakasa ebyafaayo bya Baibuli. obujulizi mu materekero g'ebiyemyleso mu nsi yonna bukakafu ku nsonga eno. Ebiwandiiko by'amawanga agalwanyisa Israeri bikakasa ebintu Baibuli by' eyogerako; empisa ez'edda, n' enneeyisa y'abantu aba bulijo. Ebyo ebigenda bivumbulwa mu mulembe guno byongera okugumya ensonga zaffe ezitukirizisa abantuufu obwa Baibuli yonna.

Nokunenyezebwaa okukwata ku ngeri Abayudaaya gy'ebakozesa okukoppa ebiwandiiko ebyasooka tekukyatunul-wamu oluvannyuma olw'okuvumbula ebiwandiiko eby'edda. Okuvumbula okw'enjawulo okwaliwo mu 1947 okw'omuzingo gw'empapula mu nnyanja ey'Omunnyo bujulizi bwa muwendoo bwongera okulaga nga Baibuli bweri entuufu. Ebiwandiiko bino bye bimu ku byasooka ebiriwo, ebyawandiikibwa mu kyaasa ekyokubiri Yesu nga tannazaalibwa. Nga oggyeeko

emyaka, ensobi entonotono ezikolebwa mu kuwandiika teziky-usa biyigirizibwa, obunabbi oba obukakafu obw'ebafaayo.

Kale mu ngeri ey'enjawulo omulimu gw'abo abaanoonyereza ku by'edda, gukakasa obutuufu n'obwesigwa eri Baibuli era mu butalibugenderevu, nti bukolebwa Katonda.

## OBUNNABBI BUKAKASA NGA BAIBULI BW'ERI ENTUUUFU

Katonda yennyini yeeronderawo obunnabbi okuba ekintu ekikulu ekikakasa obukulu bwe obutenkanika eri ebitonde by-onna (Isaaya 49 : 9, 10 ne Isaaya 42 : 9)

Emirundi mingi Baibuli eddinjanamu ebintu ebigenda okubeerawo emyaka nga kikumi mu maaso. Mu Matayo es-suula 2 kyawandiikibwa nti abasajja abagezigezi baligenda e Yerusalem ne babuuza nti "Ali ludda wa oyo eyazaalibwa kabaka wa ba Yudaya?" Kerode bwe yabuuza bakabona abakulu ekibuuozo kino, baddamu mangu: "Mu Besilekemu eky'Abayudaaya." Kubanga obunabbi buno bwali bumaze okulangirirwa mu kimu ku bitabo by'endagaano enkadde (Mikka 5 : 2)

Nga ogasse ku bunnaabi obwogera ku Yesu, waliwo obulala bungi obukwata ku mawanga ag'edda, n'okusingira ddala ku Bayudaaya. Mangi ku mawanga ag'edda tegakyaliwo mu nsonga z'ebyo ebifa ku nsi naye Baibuli yagamba nti Abayudaaya baali sibaakusaanyizibwawo. Abayudaaya bakyaliwo na kati newankubadde bagezaako emirundi mingi okubazikiriza (Yeremiya 30 : 10, 11). Singa Baibuli kyal ekitabo eky'abantu obuntu, ebyayogerwa ebyo byandibadde bizuuka nti sibituufu ekiseera kyonna. Abayudaaya bakyali naffe leero n'eggwanga lyabwe Isiraeri n'ekibuga ekikulu, Yerusalem, kiri mu buyinza bwabwe. Baibuli etuwa obukakafu eri ensonga zino.

Buno bujulizi bwamaanyi obulaga nti Baibuli yaluŋjaamizibwa n'amaanyi ag'omutonzi n'olwekyo teriko kyakunenyezebwa.

Ezimu ku Nsonga Ez'okukkiriza nga Baibuli Yalunjjamizibwa Katonda.

1. Obumu obw'obubaka bwayo newankubadde nga yawandiikibwa abantu bangi okumala ebbanga ddene.
2. Ekyamagero ky'okukuumiibwa kwaayo.
3. Ebyo ebirabirwaako ebyabanoonyereza ku by'edda.
4. Okutuukirira kw'obunnabbi bwa Baibuli (Ebyokulabirako ebirala bijja kuweebwa mu masomo gyebujjako).

## EBITEEKWA OKUKOLEBWA

Bwe tuba tuli bakutegeera Baibuli, Yesu atugamba nti tulina okwagala okuyiga ng'abaana abato – Matayo 11:25. Tuteekwa okuba n'obwetaavu obwokwenonyeza amazima n'amagezi eg'ekigambo kya Katonda (Engero 2 : 3 – 6). Tulina okukiriza nti Katonda asasula abo abamunoonya (Abaebbulaniya 11 : 6). Tuteekwa okubeera abantu abagala okuleeta obulamu bwabwe awamu n'amateeka ga Katonda.

Yesu y'agamba nti; "*Oba nga ebyo mubimanyi, muli ba mukisa bwe mubikola*" (Yok. 13:17) ate nti; "Sibuli ajamba nti Mukama wange, Mukama wange, si ye aliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula oyo akola kitange ali mu ggulu by'ayagala" (Matayo 7:21). Omutume Paulo yawandiika nti; "*Mmwe mwennyini mukolererenga okulokolebwa kwammwe nga mutya era nga mukankana.*" (Baf. 2 : 12)

Ngeri ki gyetusaanye Okusomamu Baibuli?

Nga bw'ekiri ne mu misomo emirala gyonna, okusoma okwa buli lunaku ate nga kuteekeddwateekeddwa bulungi kwe kuyamba ennyo. Okusooka goberera engeri eyo ekuweered-dwa eri mu kusoma kuno. Yo Baibuli yevvuunulira yennyini. Kiba kirungi okulowooza ku bitundu by'osoma nga bwe biba biwandiikkidwa ate n'ogeraageranya ekyawandiikibwa n'ekyawandiikibwa ekirala.

Nga bw'osoma ojja kulaba nti buli kikkirizibwa ekikulu kisembewa n'ekyawandiikibwa ekitaliiko kubuusabuusa. Era ku

Iw'omusingi guno, obunyiriri bwonna obuzibu oba obukontana okunyonnyolebwa oba okukulaga nga bwe buli ekimu n'ezo endala zonna.

Ekitabo ekiyitibwa, Concordance obunyiriri obuli mu makkati oba wansi ku nkomerero eya buli ssuula, bino biyinza okuyambako. Kuno nga kwotadde ebimu ebyogera ku Baibuli. naye tebyalunjamizibwa Katonda. Kale by'ebaba batuuseeko byonna, bwe biba nga tebikwatagana na byawandiikiwba, baba bali mu nsobi (Isa. 8 : 20).

Ekigendererwa ky'omusomo guno kwe kukuyambako okutegeera Baibuli, bw'otyo osobole okugikkiriza nga bweri, nti kigambo kya Katodna ekiwa essuubi ery'obulamu obutaggwaako eri abo abawulira ate ne bagikkiriza.

### Ebitundu Eby'okusoma Okuva Mu Baibuli

2 Timoseewo 3:2; 1 Peetero 1; Lukka 24; Isaaya 8:20;  
Ebikolwa By'Abatume 28 : 23 – 31; Abaefeso 4 : 21 – 32

## **EBIBUUZO KU SSOMO 1**

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu eri buli kibuuzo, omale obizze ku lupapula olwa wakati mu katabo kano.

1. Ani muwandiisi wa Baibuli?  
A. Paulo                      B. Musa  
C. Katonda                    D. Danyeri
  
2. Kitundu ki eky'endagaano enkadde Yesu ky'eyatandika nakyo bw'eyali nga annumonyola abayigiriza ababiri ku kkubo erigenda Emmausi ku bimukwatako?  
A. ebiwandiiko ebya bannabbi  
B. ebiwandiiko bya Musa  
C. Zabbuli                    D. Engero

3. Omuzingo ogw'empapula ogwo mu Nnyanja ey'omunnyo gwazuubwa ddi?  
A. 1749                      B. 1794  
C. 1947                      D. 1914
4. Kifo ki Nabbi Mikaaya kye yalangirira nti Yesu mwalaalibwa?  
A. Yerusaalemi              B. Beseri  
C. Beserekemu              D. Babulooni
5. Ebitabo bya Baibuli by'awandiikibwa kumala bbanga ki?  
A. Emyaaka 50              B. emyaaka 15  
C. emyaaka 1,500           D. emyaaka 150
6. Yesu yagamba "Oba nga ebyo mu bimanyi, muli ba mukisa...."  
A. 'bwe mubuulira abalala'    B. 'bwe mubikola'  
C. 'bwe mubijukira'          D. 'bwe mubyekakasa'
7. Bitabo bimeka eby'enjawulo ebiri mu Baibuli?  
A. 66                        B. 27  
C. 39                        D. 23
8. Kigambo ki "ekyobukakafu" Peetero ky'eyali ateggeza mu bbaluwa ye ey'okubiri?  
A. eky'empisa ennungi      B. eky'okuyimba  
C. eky'obunnabbi            D. eky'okwogera
9. Kibuga ki Paulo mwe yali abeera mu kiseera Ebikolwa by'Abatume 28:23-31 we byawandiikirwa?  
A. Roma                      B. Yerusalem  
C. Efeso                      D. Alexandria
10. Wa we tusobola okufuna okutegeera ku ntegeka ya Katonda n'ekigendererwa kye eri ensi eno mu bujjuvu?  
A. okuva mu muzingo gw'empapula ogw'asangibwa mu nnyanja y'omunnyo  
B. mu tteeka ly'Abayudaaya  
C. mu biwandiiko by'abo abaanoonyereza ku by'edda  
D. baibuli entukuvu

## **ESSOMO 2      KATONDA**

Waliwo ebyogerebwa bingi ku kubaawo okwa Katonda.

### **ENDOWOOZA KU SSAAWA**

Singa tusanga essaawa enkadde nga egudde wansi, nga tetugirabangako, tuyinza okugironda oba olyawo ne tuyekebejja. Tuyinza okugyisaanukula ne tutunula ku ngeri gye yakolebwamu. Tusobola okulaba obuumma obutono nga bwe bwekulungulunguludde bunnaabwo okusobola okutambuza obulimi.

Awo ne tukitegeera nti omulimu guno omuzibu guteekeddwa okubaako n'eyagukola. Essaawa erina okubeera nga yateekateekebwa; ateera nga yategekebwa. Essaawa tesobola kuba nga yeekolako yokka. Obutundutundu bwayo tebusobola kuba nti bwewyunga wamu ku bwabwo. Kulwa mazima nti ssaawa weeri ne yagikola naye ateequa okuba nga naye waali.

Ensi ejjudde obukadde n'obukadde obw'emmunyaeny. Omwezi gwetooloola ensi. Enjuba n'agamunyaeny aganene byonna bitundu ebyewuunyisa nga buli kimu kitambulira mu kkubo lyakyo. Kino kizibu nnyo okukirako essaawa. Kino tekyereetawo kyokka. Walina okubeerawo Eyabikola. "Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda n'ebbanga libuulira emirimugy'emikono gye." (Zabbuli 19:1).

### **OBUJULIZI OBWA BAIBULI**

Emu ku ndowooza ez'amaanyi ku ebyo ebikwata ku kuberawo kwa Katonda esangibwa mu Baibuli. Baibuli erimu obunnabbi bungi obukwata ku kuyimusibwa n'okuggwa okw'obwakabaka n'amawanga ku bantu ate ne ku bintu. Mu ngeri nnyingi obunnabbi buno bwawandiikibwa nkumi na nkumi ey'emyaka mu maaso. Kino kintu omuntu kye yali nga tasobola kulkola. Katonda yekka omufuzi wa byonna yeysobola okuleeta empandiika ey'obunnabi buno. Laba (Isaaya 46 : 9 ,

10). Obumu ku bunnabbi buno bujja kwogerwako mu masomo gyebujjako eyo mu maaso. Ekigendererwa mu lusoma luno kwekunnyonnyola engeri Katonda gye yeeyolesamu mu Baibuli.

## BAIBULI KY'ETUBUULIRA

Katonda yeeyoleka ng'omutonzi. "Oluberyeberye Katonda yatonda eggulu n'ensi" (Oluberyeberye 1 : 1). "Nakola ensi n'antodera abantu mu yo. Nze engalo zange nabamba eggulu n'eggye lyayo lyonna nze naliragira." (Isaaya 45:12). Katonda yeeyoleka nga owoolubeerera. Katonda yaliwo era wa kubeerawo ennaku zonna.

Ng'ensozi tannazitonda, era nga tannabumba nsi n'ebiyamu, (Zabbuli 90:2)

"Entebe yo ey'obwakabaka yanywererawo okuva edda n'edda lyonna" (Zab. 92:2)

Katonda ali omu. Isiraeri yajjukizibwa nti bakatonda aben-jawulo Abamisiri be bali basinza tebaali n'amaanyi era baali ebintu ebibajje ebyengalo;

"Kubanga bakatonda bona abamawanga bifaananyi, naye Mukama ye yakola eggulu" (1 Ebyomumirembe 16:26).

Katonda w'amaanyi. Amanyi byonna ebikolebwaa era olw'amaanyi ge ali buli wantu wonna.

"Bwe ntuala oba bwe nsituka omanya, ne bye ndowooza obimanyira wala. Bwe ntambula oba bwe nnrebaka, ontunuulira, buli kye nkola okimanya." (Zab. 139 : 2 – 3)

Mu Zabbuli eno Dawudi agamba nti ebirowoozo byaffe bitono nnyo okutegeera obukulu bwa Katonda (Akanyiriri 6). Naye bwe tumanya nti Katonda alaba era amanyi byonna kitubeerera ekikubagizo ekinene ate ensibuko y'obugumu gye tuli. "Ne bwe mbuuka ne ntuka ebuvanjuba.... n'eyo obeerayo okunkulembera...." (Zab. 139:9 – 10).

Baibuli etubuulira nti okutu kwa Mukama bulijjo kuggule eri

okuwulira okukaaba kwa baana be ate Katonda yagamba nti; "Sirikuleka era sirikwabulira n'akatono." (Abaebbulaniya 13:5)

## OBUMU BWA KATONDA

Ensimesa ya Baibuli nti waliwo Katonda omu; nkulu nnyo olw'ensonga nti bangi kino tebakikkiriza. Y'ensimesa etaliimu kubuusabuusa esangibwa mu ndagaano enkadde n'eyo em-pya. Noonya obunyiriri buno – Isaaya 45:5, 1 Abakolinso 8:6 ne Abaefeso 4 : 6.

Pawulo omutume yawandiikira Timoseewo nti, "Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu." (1 Timoseewo 2:5)

Yesu yennyini yassa essira ku bukulu obw' ensimesa eno eya Baibuli bwe yagamba, "Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watum, Yesu Kristo" (Yokaana 17:3).

## ENSIMESA EY'OBUSATU

Mu kutwaliza awamu ensimesa ntono nnyo etwalibwa abagoberezi ba Kristo, okusingako eyo ekwata ku Katonda, manyiddwa nga Katonda, kitaffe, Katonda omwana ne mwoyo Katonda. Abasodokise, ne kumpi ekkanisa zonna ez'Abapolotesitanti, Abakatoliki, wewaawo mu nsonga endala baawukana, ku ndala ne bakkaanya, era ne bakkiriza nti "Kitaffe Katonda, ne mwana Katonda ne mwoyo katonda, naye nti si ba Katonda basatu, naye Katonda omu." Era bongera okukkiriza nti abasatu bano benkanankana era baaliwo bona okuva edda n'edda.

Naye ensimesa eno ntuuufu? Kale bwe kiba bwe kityo bwe kiri, naye nga tetukitegeera, tuteekwa kukkiriza? Tunaakitegeera tutya? Mu kigambo kya Katonda kye yasanyukira okutubikkulira mu kyo mwokka mwe tuyinza okutegeerera. N'olwekyo mu Baibuli mwe tugenda era mangu ddala tukizula nti tewali wonna nsimesa eno w'esembeebwa mu yo. Eb-yawandiikibwa kya bulijjo bisimessa obumu bwa Katonda, so si

bakatonda abasatu.

Ebyawandiikibwa bino biraga kino:

*"Nze Mukama Katonda wo, tewali mulala wabula nze"*  
(Isaaya 45:5).

*"Wulira ggwe Isiraeri Mukama Katonda waffe ye Mukama, so tewali mulala"* (Matayo 6:4, Makko 12:29).

*"Naye tulina Katonda omu, kitaffe eyatonda ebintu byonna."*  
(1 Abbakolinso 8 : 6)

Bino si bitundu ebiri ku bwabyo, naye ebyokulabirako ebirala bingi bisobola okujulizibwa, era nga byonna bisomesa nti Katonda ali omu so si basatu. Ku bitundu byonna ebyo, ekisembeyo kikulu nnyo. Kristo yalabisibwa n'afa n'azuukizibwa okuva mu bafu era n'agulumizibwa ku mukono gwa ddyo ogwa kitaawe, naye Pawulo agamba waliwo "Katonda omu?" ye ani ono? Be bakatonda abasatu aba Basodoxi – kitaffe, mwana ne mwoyo mutukuvu? Nedda! Ye Kitaffe. Ono ye Katonda Pawulo gwe yali asinza.

### YESU YALI KATONDA OMWANA?

Ate Yesu Kristo? Teyali *"Katonda omwana?"* okusinziira mu ngeri ekigambo kino Gye kikozesebwamu mu biro bino, kitegeerekeka nti enjogera eno tesangibwa mu Baibuli. Tusoma ku *"Mwana wa Katonda, so si Katonda Omwana."* Okutwaliza awamu ensomesa eno teri mu byawandiikibwa. Enzikkiriza eya Athanasi eyogeera ku kitaffe n'omwana nti benkana nkana nti era bombi tebaggwaa wo. Nga tuvudde ku ndowooza eno nti taata n'omwana tebaggwaa wo, kiki yo Baibuli ky' egamba ku kwenkanaankana? Ensonga eno egirambika bulungi. Yesu yali yenkana ne kitaawe bwe yali ku nsi emyaka 1900 eglyise? Leka Yesu yennyini yeyogerere:

*"Nze siyinza kukola kintu kubwange"* (Yokaana 5 : 30).  
*"Okuyigiriza kwange si kwange, naye kw'oli eyantuma"*

(Yokaana 7:16).

"Kitange asinga nze" (Yokaana 14 :28).

Ku lw'amazima nti yatumibwa kitaawe (Yokaana 5:24-27), kijjavo endowooza ey'okwenkanankana, n'obwetaavu bwe obw'okumanya ddi era kiseera ki w'alikomerawo nsong'a ndala ey'okulabirako eri abo abakkiririza mu busatu, kubanga kiba kyewuuunyisa muntu ow'okubiri mu busatu okuba nga taliiko ky'amanyi kyonna. Obutenkanankana buno tebwaliwo edda lyokka naye era bwe kiri ne kaakano. Wekkaanye ebigambo bya Paulo bino "*Katonda kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo*" (2 Abakolinso 11:31) ne Yesu mwennyini nga azukidde yayogerera ku kitaffe nga "*Katonda Wange*" (Yokaana 20:17). Obukakafu obulala nti "*Waliwo Katonda omu, n'omutabaganya wa Katonda n'abantu omu omuntu Kristo Yesu*" (1 Timoseewo 2:5) bujulizi bulala.

## EKIFO KYA KRISTO MU BISEERA BY'OMUMAASO

Omulumwa ogw'obujulizi buno tuyinza okugwonderako. Tu-lindirira ekiseera ku nkomerero ey'emyaka olukumi nga Yesu amaze okufuga ensi. Ki kye tulaba?

"*Enkomerero n'eryoka etuuka (Kristo) bw'aliwaayo obwakabaka eri Katonda ye kitaawe. Kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lwalissa abalabe be bona wansi w'ebigere bye. Ebintu byonna bwe birimala okussibwa mu buyinza bwa Kristo, olwo Kristo yennyini n'alyoka afugibwa Katonda eyamuwa okufuga byonna. Era Katonda alyoke abeerenga mu byonna.*" (Kol: 15:24-28)

N'olw'ekyo mu biseera ebyayita, ebya kaakano, n'ebigenda okujja, newankubadde Kristo Yesu ekifo ekyamuweebwa kinene, Kitaawe wa waggulu nnyo, okwenkanankana teku-lowoozebw'a nako. Naye kale Yesu y'ani? Yesu mwana wa Katonda, eyazaalibwa omukazi eyali tamanyi musajja nga bwe kyawandiikibwa mu Matayo ne Lukka:-

"*Omwoyo omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'oyo ali waggulu ennyo galikusiikiriza era ekyo ekirizaalibwa kye kiriva kiyiti-*

*bwa ekitukuvu, omwana wa Katonda.”* (Lukka 1 : 35).

Yesu yaliwo nga bwe kyawandiikibwa mu Baibuli, yakeme-bwa, n’abonaabona n’afa, naye kitaawe namuzuukiza okuva mu bafu, n’agulumizibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa ki-taawe nga kabona omukulu ate omutabaganya. Eyo gy’alina okubeera okutuusa ekiseera kyaliddiramu ku nsi okuleeta obwakabaka bwa Katonda.

## OKWAGALA KWA KATONDA

Bwe wabawo eky’okwenyumirizaamu eky’omutonzi ekyo ekimwawukanya ku bakatonda abalala abo abantu be bee-gunjiza, okwo kwe kwagala kwayolesa eri abantu. Lowooza ku kwagala omuzadde kwalaga abaana be. Katonda atulaga okwagala okwo kwonna ate n’okusingawo.

*“Kubanga Katonda yayagala nnyo ensi, kyeyava awaayo omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira wabula abe n’obulamu obutaggwaawo.”* (Yokaana 3:16). Omulimo gwa Mukama waffe Yesu Kristo gukola omut-we ogw’essomo eddala ery’okuyiga. N’obwetaavu bw’omuntu eri obulokozi, ssomo erijja okwogerebwako ennyo eyo gye bujjako.

Naye ekigendererwa kya Katonda eri ensi n’omuntu kyetaa-gisa okwogerwako wano. Kirambikiddwa bulungi mu Baibuli nti Katonda ateekekateeka okukyusa ensi, agiggyemu obubi bwonna obugyonoona kati.

## ENTEGEKA YA KATONDA ERI ENSI

Ku ntandiikwa y’ebafaayo bya Israeri, Katonda yayogera nti: *“Naye mazima ddala nga bwendi omulamu, era ng’ensi yonna bw’ erijjula ekitiibwa kya Mukama.”* (Okubala 14:21). Ensi tennaba kujuzibwa kitiiibwa kya Katonda. Naye kino kiribeer-awo. Kino kye kigendererwa kya Katonda.

Omutume Paulo yayogera eri Abateenansi ng’abagamba nti:

lumu ensi erifugibwa mu bwenkanya ne kabaka eyalondebwa Katonda kino kyakakasibwa bwe yazuukiza omulondewe oku-va mu bafu.

Ensi kaakano tefugibwanga mu bwenkanya. Naye kino kiribaa-wo. Ekiseera kino bwe kirituuka kiriyitibwa obwakabaka bwa Katonda era Yesu y'aliba kabaka. Ekigendererwa kya Katonda eri ensi kijja kwogerwako mu bujuvu mu ssomo eriddako. Engeri yokka ennurjrjamu Katonda gye yayolesamu okwa-gala kwe eri omuntu, kwe kumumanyisa entegeeka ye mu Baibuli. Okwagala kwe ate kulabikira mu kuwaayo omwana we ng'ensibuko y'entegeeka eyo.

## MWOYO

Essomo erikwata ku Katonda lisigala nga teriweddeeyo singa ebigambo bibiri ebikwata ku oyo ataggwaawo n'omulimu ggwe biba tebyogereddwako. Ekigambo 'mwoyo' kikozesebwu mu Baibuli emirundi mingi okutegeeza amaanyi ga Katonda agali buli wantu. Naddukira wa okuva eri omwoyo gwo? (Zabuli 139:7). "Onyweze n'omwoyo wo ow'eddembe" (Zab. 51:12)

## MWOYO MUTUUKIRIVU

Ekigambo "*Mutuukirivu*" kitegeeza eky'enjawulo, ekiteeked-dwa ebbali, kya kitibwa, kyawukannye. Bwe tusoma ku mwoyo mutukuvu, Baibuli eba eyogeera ku maanyi ga Katonda nga gakozesebwu mu ngeri ey'enjawulo – eri omulimu ogw'enjawulo.

Malyamu nnyina Yesu bwe yabuulirwa nti alibeera n'omwana erinnya lye Yesu yategeeezebwu nti mwoyo mutukuvu ana-jja ku ggwe era Lukka kino akissaako nnyo essira naki kye kitegeeza ng'addamu nti "*Amaanyi ga Katonda agantekanika galikusiikiriza*" (Luka 1:35) soma akanyiriri kano. Malayika kyategeeza kiri nti okuzaalibwa kwa Yesu kiriba eky'amagero ekirireetebwa Katonda ng'akozesa amaanyi ge ag'enjawulo ku Malyamu.

## OKUWANDIIKIBWA KWA BAIBULI

Tumaze okulaba akannyiririri mu bbaluwa ya Peteero ey'okubiri akagamba nti "Tewali mulanzi yali agenze nga yeeyagalidde wabula abalanzi baayogeranga ebiva eri Katonda, nga mwoyo mutuukirivu aboogeza". Gaali amaanyi ga Katonda ag'enjawulo agaayogezanga banaabbi n'okuwandiika n'okuleeta ekigambo kya Katonda. Bakozesebwanga amaanyi ga Katonda (Omwovo omutukuvu).

Ekigambo "mwoyo" kiva mu kigambo eky'Olubbulaniya mu ndagaano enkadde oba eky'Oluyonaani mu ndagaano empya ekitegeeza omukka. Kale mwoyo wa Katonda bwe yakoz-esanga omuntu, nga kigambibwa nti "Katonda amussizzaako." Amakulu agali mu kigambo gafuula ebimu ku bitundu ebyogera ku maanyi ga Katonda okuba ebirungi. Eno ye nsonga Iwaki Paulo ng'awandiikira Timoseewo agamba: "Ebyawandiikibwa byonna Katonda ye yabiruŋŋaamya".

Amaanyi gamwoyo mutuukirivu gaaweebwa Yesu nga bwe kiri mu ndagaano empya. Oluvannyuma abatume baawebwa amaanyi gano agaabasobozesanga okukola ebyamagero. Akanyiririri akasembayo mu Makko 16:20 katubuulira nti eki-gendererwa ekya kino kwali okusobozesa abatume okukakasa ebigambo bye baayogeranga. Paulo ayogera ku ngeri ebirabo bya mwoyo mutuukirivu gye byakozesebwanga mu kyassa ek-isooka. Ekirabo ku byonna ekisinga obukulu era kye tusaanye okusiga kwe kwagala (1 Kol.12:18-31 /1 Kol.13:1 – 13). Katonda atulaze okwagalakwe mu ngeri nnyingi. Tuyinza naffe okulaga okwagalaka kwaffe gyali nga tugezaako okweyisa mu ngeri emusanyusa.

## ENSONGA NKULU MU BUFUNZE

Waliwo Katonda omu.

Ye mutonzi. Tafa – okuva emirembe n'emirembe.

Katonda alaba ate amanyi byonna.

Katonda mulungi. Katonda atwagala.

Katonda yabikkula ekigendererwa kye mu Baibuli.

Amaanyi ga Katonda googerwako nga mwoyo we.

Ebyawandiikibwa by'abaawo n'amaanyi ga mwoyo  
mutuukirivu.

Maliyamu yazaala Yesu oluvannyuma Iw'ekikolwa kya mwoyo  
mutuukirivu ku ye.

Okutegeera embeera ya Katonda kyamugaso eri obulokozi  
bwaffe.

## EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Oluberyeberye 1      Isaaya 45                  Zabbuli 139  
1 Timoseewo 6      Ebikolwa By'Abatume 17

Wetengereze abe Beroya kyebakola

## EBIBUUZO KU SSOMO 2

Teeka akasale ku ky'okuddamu kyo ekituufu eri buli kibuuzo  
omale obizze ku lupapula olwa wakati mu katabo kano.

1.     Ensi yakolebwa etya?  
      A.     mukisa                           B.     n'amaanyi ga Katonda  
      C.     Na kwefuulafuula
  
2.     Katonda omatuufu ye  
      A.     Katonda wa Baibuli   B.     Ebibumbe by'aba Misiri  
      C.     Tetumanyi                           D.     Ekifaanaanyi kya Bbaalo
  
3.     Kiki ku bino ekiraga nti Katonda wali?  
      A.     Ennyimba z'eggwanga  
      B.     Obunnabbi bwa Baibuli  
      C.     Ebyafaayo eby'obuwagwa

4. Mu Zabbuli 139:6 omuwandiisi agamba;  
A. "Okumanya okulinga okwo kwa kitalo"  
B. "Katonda alaba era amanyi ebintu byonna"  
C. "Katonda w'amaanyi"  
D. "Gwe omanyi okutuula kwange wansi  
n'okuyimuka kwange"
5. Baibuli esomesa nti;  
A. Katonda bali basatu    B. Katonda wa bumu  
C. Bakatonda bangi mu Katonda omu  
D. tewali Katonda
6. Mukuwaayo omwana we (Yokaana 3:16) Katonda  
yalaga;  
A. Essuubi lye              B. Okwagala kwe  
C. Okukkiriza kwe        D. Obwenkanya bwe
7. Kiki Katonda kyategeka okukolera ensi eno?  
A. okugizikiriza            B. Okugireka nga bw'eri  
C. Okugijuza ekitiibwa kye
8. Mwoyo wa Katonda kye ki?  
A. Ge maanyi ga Katonda  
B. Okwagala kwa Katonda  
C. Ly'eddemebe lya Katonda  
D. Kwe kuwaayo omwana wa Katonda
9. Ngeri ki Katonda gyeyakozesa okuwandiika Baibuli?  
A. Ekitiibwa kye            B. Mwoyo mutuukirivu  
C. amazima ge             D. ekisa kye
10. Mu Bikolwa by'abatume 17:11 tusoma nti ebe Beroyi  
A. bayimbiranga Katonda  
B. banoonyanga mu byawandiikibwa buli lunaku  
C. batabulatabulanga abantu  
D. baleetera ekibuga omuvuyo

## ESSOMO 3

### ENTEGEKA YA KATONDA N'OKWAGALA KWE

Okwagala kwa Katonda kusiddwako nnyo essira mu ssomo eriwedde. Bwe yayagala ensi N'awaayo omwana we omu yekka. Okwagala kuno Katonda kwatulaga naffe kwe tusbibwa okulaga, tekusaanidde kutabulwa n'obwagazi oba obuwombeefu!

Baibuli ekkaatiriza obutuukirivu bwa Katodna n'obwenkanya bwe. Bwali obwenkanya obwenkomeredde obwa Katonda n'okwagala kwe eri omuntu y'ensonga Iwaki Yesu yazuukira okuva mu bafu. Olwokuba Yesu teyakola kibi tekyasoboka ye okusigala nga mufu (Ebikolwa By'Abatume 2:24). Tekyandibadde kituufu Yesu okusigala emagombe. Katonda yamu-zuukiza okuva mu bafu.

Mu ngeri y'emu, si kirungi ensi yeyongere okubeera ekifo ebibi mwe byeyongererako ate ekifo obubi mwe bukolerwa. Ekitabo eky'Engero kitbuulira nti, "*Eminzaani ey'obulimba ya muzizo eri Mukama*" (Engero 11:1).

#### TUNUULIRA KU BUNYIRIRI BUNO

"*Katonda alina obusunga eri ababi buli lunaku*" (Zabbuli 7:11)

"*Mukama waffe Yesu alirabisibwa okuva mu ggulu awamu ne bamalayika ab'obuyinza bwe, mu muliro ogwaka, ng'awalana eggwanga, abatamanyi Katonda n'abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu*" (2 Abasesalonika 1:7, 8)

Luno lwe ludda olw'enneyisa ya Katonda olusinga okunyooomebwa. Obutuukirivu bwa Katonda tebulikkiriza ebitali bya butuukirivu okwetyongera. Katonda tagenda kukkiriza ensi okufugibwa n'abantu abatasobola kusalawo nkola nnunjamu. Kigendererwa kya Katonda nti olumu ensi erifugibwa Mukama waffe Yesu Kristo mu butuukirivu (Ebikolwa

by'Abatume 17:31). Bwaliba kabaka, ebizibu ebingi omuntu byasanga mu nnaku zino biriggyibwawo. Ekiseera kino ekyewuunyisa kiyitiibwa; Obwakabaka bwa Katonda. Yesu yayigiriza abayigiriza be okusaba obwakabaka bujje awo nno okwagala kwa Katonda kuyolekebwe mu nsi nga bamalayika bwe bamugondera mu ggulu (Matayo 6:10).

## OBUNNABBI OBW'EBYO EBIGENDA OKUJJA

Mu Baibuli tusangamu enjogera eyesigibwa ekwata ku biri mu maaso. Si ya mulundi gumu gwokka oba nti mukaaga, naye bunnabbi obw'emirundi emingi. Tusanga obunnabbi obukwata ku bantu, amawanga ag'amaanyi, n'amanafu, nga agamu kugo tegaliwo mu kiseera ekyo. Obunnabbi obw'ebintu ebigena okubaawo, nga ebimu ku ebyo tebinnabeerawo. Obwogera ku bantu ebitali bya bulijjo amawanga bye galivitamu. Bino byonna tubisanga mu Baibuli. Tuvumbula nti tewali bunaabbi n'obumu busangibwa nga si butuufu.

Kiki kye tufuna mu bino? Kyandisobose abasajja abatayambiddwako okukola ekintu ekigumu ate ekituufu nga kino? Baali tebasobola. Ekifundikira kiri kimu kyokka nti;abantu abaawandiika Baibuli baafuna okulagirirwa okuva eri waggulu.

*"Kubanga siwali kigambo ekya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu; naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa omwoyo omutukuvu"*  
(2 Peetero 1:21).

Tonyooma maanyi ag'obunnabbi, obwa Baibuli. Peetero, mu ssula eyo gyetulabye waggulu obunnaabi obwogerako nga: "*Ekisinga obunywevu ekigambo kya bannabbi*" (2 Peetero 1 : 19). Era akigerageranya n'ettabaaza eyakira mu kizikiza. Tutunuulira ensi ne tulaba nga kumpi yonna muvuyo omutali kya makulu oba ekigendererwa. Ebyafaayo biri nga ekibambulira, ebitalina kigendererwa ky'amakulu, okuggyako ebyokwefaaako eby'abantu ab'omu nsi. Naye okuyiga Baibuli bino byonna kubikyusa ne kulaga awatali kubuusabuusa nti ensonga z'abantu zifugibwa era nti zisembeerera kumpi entiiko

yaazo etesuubirwa, kwe kugamba nti ku bantu bonne, naye nga batono kubo.

*"Oyo ali waggulu ennyo ye afugira mu bwakabaka bw'abantu era abuwa buli gw'ayagala"* (Danyeri 4:32). Ebigambo bino byayogerwa eri Nebukadduneeza kabaka owa Babulooni. Ekibuga kino Babulooni kyavumbulibwa era ne kikakasibwa nga kituufu kyaliwo era nga ky'ekyo Baibuli kyeyogerako mu nnaku zaffe. Enkumi ez'amataffaali agaasimibwa galaga erinya ery'obwakabaka obwafuga ensi mu kiseera kye. Mubutu-ufu Nebukadduneeza ayinza okuba nga eyali ow'obwakabaka obwasookera Ddala munsi. Ye oyo eyabuulirwa nti "Oyo owa waggulu ennyo y' afugira mu bwakabaka obw'abantu". Naye yabuulirwa ebirala bingi okusinga kino.

## OKWOLESEBWA OKWENTIISA

Ekiro kimu Nebukadduneeza nga yeebase mu kitanda kye, kabaka ono yeewuunyaganyamu yekka ekirituka ku bwakabaka bwe nga ye amaze okuvawo; omunagiro gwange gulitwalibwa ani? Omunagiro gwange guliyuzibwayuzibwamu abalabe bange? Ebibuuzzo nga bino kyabulijjo tubireka nga tebidibwaamu, tewali muntu asobola kumanya kiki ekiri mu maaso, naye Nebukadduneza yafuna eky'okuddamu okuva eri Katonda. Tusobola okukisoma mu ssula ey'okubiri ey'ekitabo kya Danyeri. Tukusaba ogisomemu, y'emu kussula ezimanyiddwa mu Baibuli yonna. Tutegeezebwa ekirooto Nebukad-duneza mwe yafunira ekyokuddamu ekyamuwebwa ky'eyali ayagala mu ngeri eyakabonero.

Oyinza okwebuza nti Iwaki Mukama Katonda yatwala omutawana okuddamu okwebuuza kwa kabaka omukafiri; Iwaki yasalawo okukozesa engeri ey'ekirooto, era Iwaki obubaka buno obwa mwolesebwa bwalimu obubonero, kabaka bweyalit asobola kumanya newankubadde okujukira nga azuukuse. Byetugenda okulaba biyinza okubeera ekyokuddamu ate bijja kwanjula ebisingawo ku bunnabbi obwo n'okutukirira kwa bwo:-

1. Obukulu bwa Nebukadduneza mu kigendererwa kya Katonda tebuli nnyo mu bunene bw'obwakabaka bwe nga bwe

kiri ekituufu nti mu matwale ge mwatwaliramu n'ettaka lya Yisiraeri, era n'abantu ba Yisiraeri bawambibwa ne batwalibwa e Babulooni okumala emyaka 70.

2. Engeri eyakozesebwa okuleta amawulire ago nayo yaleta etuttumu ly'omusajja amanyiddwa nga Danyeri, Omuya-udaaya, omusajja yekka eyali asobola okunnyonnyola ekirooto ekyo. Kino kyayanjuluza amazima nti "Katonda abikula eb-yaama", Ye Katonda ow'enjawulo eri Isiraeri. Kale ekyetaagisa mu ntegeka ya Katonda n'ekitukibwako.

3. Akakodyo akokukoza akabonero y'engeri yokka es-sobozesa nokuwereza amawulire agawerako ate era nga gali bumpimpi. Katuuni ez'ebyobufuzi kaakano kyakulabirako ekisinga ku kintu kimu ekyo. Naye katuuni etangaaza ku ebyo ebyayita na kaakati ebiriwo. Okwolesebwa kwa Nebukadduneza kw'aleeta ekitangala kinene nnyo ku by'omumaaso.

## AMAKULU G'OKWOLESEBWA


Kabaka mu kirooto kye yalaba oba olyawo ye kye yayogerako nga Katonda. Kyali ekifaananyi eky'omuntu nga kyakolebwa mu byuma eby'enjawulo. Ye omubumbi mwenyini bwati bwa-biraba. Omutwe ogwa zaabu, ekifuba n'emikono bya feeza, ebisambi n'olubuto bya kikomo, amagulu ga kyuma, ebigere byakyo ekitundu kya kyuma ekitundu kya bbumba. Eki-faananyi kino kyayimirira okutuusa amaanyi agatalabibwa bwegakasuka ejinja ku bigere byakyo. Ekifaananyi kyamenyebwamenyebwa ne kifuka ng'ebisusunku empewo nezibitwalira ddala, ejinja elyamenyamenya ekifaananyi lyakula nelifuka olusozi olunene, nelijjula ensi zonna (Danyeri 2 :35).

Bino byonna byali bitegeeza nti? Ebigambo bya Danyeri ebitangavu byavvunula awatali kubusabusa. Ekifaananyi kyali kitegeeza obwakabaka obw'abantu mu mirembe egypti gigenda okuddirira. Amawanga ag'ensi mu nnaku ezo agali gamanyiddwa agali gafugibwa kabaka wa Babulooni, ey'omutwe gwa zabu. "*Gwe oli mutwe gwa zaabu*" (Danyeri 2:28). Ekiddirira kino wali wagenda okubawo obwakaba-

ka obw'okubiri obwa 'feeza' n'obwokusatu n'obwokuna. Obwakabaka obw'okuna bwali bwa kubbeera buggumu ng'ekyuma, naye oluvannyuma Iw'amanyi ate wabeerawo obunafu.

*"Era kubanga walaba ebigere n'obugere, ekitundu kya bbumba ery'omubumbi n'ekitundu kya kyuma, obwakabaka buliba bwawulemu.... Era ng'obugere bwebwali ekitundu kya kyuma, n'ekitundu kya bbumba, era n'obwakabaka bwe buliba bwe butyo, ekitundu kya maanyi n'ekitundu kimenyefu...Tebali-gattagana bokka na bokka era ng'ekyuma bwe kiteetabula na bbumba."* (Danyeri 2:41-43).

Ekibuuzo ekirina okuddibwamu kiri nti, ngeri ki amazima g'ebyaafayo we gagerageranyizibwa n'obunnabbi buno? Okukwatagana kw'amaanyi nnyo, nnyo ddala ekiretedde n'abantu abamu okugeezako okugamba nti essuula ey'okubiri ey'ekitabo kya Danyeri yawandikibwa oluvannyuma Iw'ebyo byeyogerako okubawo. Buno obujjulizi obutabusibwabusibwa eri amazima agobunnabbi obwo, naye kino tekisoboka, kubanga obunnabbi bukyagenda mu maaso n'okutukirizibwa. Ekopi z'ekitabo ekya Danyeri zasangibwa mu mizingo egy'empapula ez'omunnya ey'Omunyyo ez'omukyaasa eky'okubiri nga Yesu tannazaalibwa.



## EKIFAANANYI KY'EKIROOTO KYA NEBUKADDUNEZA

## ENSENGEKA EY'EBYAAFAYO BY'ENSI

Obwakabaka obunneene bwa mirundi enna bwadinganako. Kebera mu kitabo kyona eby'ebyaafayo by'ensi ekyogera ku mulembe ogwo ojja kuluba engeri ki Babulooni gyewawam-bibwa abamedi n'Abaperusi. Abamedi n'Abaperusi basooka kufugira wamu oluvannyuma Abaperusi bwawesigaliza. Et-tutumu lyabwe lyakomenkerezebwa Alexandra ow'amaanyi, eyaleeta obwakabaka obwa Bayonaani. Buno nabwo bwali bwakabaka obwamaanyi. Naye ate ng'ogyeko buno bwonna obussatu, obwa Abarumi bwe bwali businga amaanyi ennyo ate era n'okuwangaala.

Emyaka gyali mingi nga Abarumi bafuga. Ensi zonna tezirinayo obwakabaka obulala bwe ziyanza kugerageranya n'obwa Abarumi. Tewali buyinza bwonna bwali busobola okwangan-ganga oba okubuwangula. Abarumi bo tebakkyusibwa oba okusikirwa. Era tewabangawo bwakabaka bulala obunene ate obwamaanyi nga buno obwa Babulooni, Abamendi, Abaperusi, Abayonaani, n'Abarumi.

Obwakabaka bw'Abarumi bwayawulwamu emirundi ebiri: Roma ey'ebuvanjuba nga efugibwa okusinzira mu kibuga Constantinopo, ne Roma ey'ebugwa njuba nga efugibwa okusinzira mu Roma (kinajjukirwa nti ekifaananyi Nebukad-duneza kye yalaba kyaliko ebigere eby'ekyuma bibiri.). Ol-unvannyuma ebitundu bino byombi byanafuwazibwa abal-abe okuva ebweru ate n'encola embi ey'omunda mwennyini, obw'akabaka obulala obutonotono ne bubalukawo mu bitundu ebyafugibwa nga Abarumi; naye ng'obumu ku bwo, bw'amaanayi naye ng'obulala bunafu. Okuva olwo, eno yem-beera eriwo ne kakaano.

Tewabangawo Obwakabaka Obwamaanyi Obwokutano obudira buno obwetongodde nga mu matwale gaabwo Israeri mweri. Bangi bagezezako, naye bona ne balemererwa. Philipo II owa Spain, Napolyoni I, Kayisa, Wilhelm II, Hitila n'abalala. Leero tulaba amawanga ga Bulaya nga gagezaako okwegata awamu. Nga naye guno omulimu munene! (Naye mu mawanga ga Bulaya Yisiraeri teriimu). Ebigambo

eby'obunaabbi bino byaali by'amazima: "Tebalyegata awamu nga ekyuma bwekitiegata nebbumba."

Ani eyali asobola okulengera bino emyaka nga enkumi biri mu bitaano egiyise? Ani era eyali asobola okunnyonnyola n'obugumu nti waliberawo obwakabaka bwa mirundi enna so si etaano, esattu oba mukaaga? Ani mu ngeri entono enyo eyali asobola okwogera ku byaafayo eby'obwakabaka buno mu mazima gaabwo? Waliwo omuntu yenna? Okusinzira kw'ebyo byetumanyi eby'abantu byebatera okwogera, tuddamu nti: Nedda. Tulaba nti Danyeri yakimanya nga amawulire ago tegaaali ku bubwe. Yayogera nti:

"*Katonda omukulu ategeeza kabaka ebiribaawo oluvannyuma; era ekirooto ky'amazima ddala n'amakulu gaakyo tegabusibwabusibwa.*" (Danyeri 2:45). Abasajja n'abakazi ab'emirembe gyonna abasomye obunnabbi buno baasa esuubi lyaabwe mu Katonda ne mu kigambo kye. Bwe buvumu ggwe asoma ebigambo bino bw'olina okugabanako.

## EKIMU KU KITUNDU EKY'OBUNNABI BUNO KYA MU MAASO

Engeri ebigambo bya Danyeri gyebigenze bitukiriramu etuletera okutunulira n'obwagazi ekitundu ekisembayo eky'obunnabbi. Kiki kyetugyamu mu lyo jejinja eryaggwa ku bigere eby'ebbumba n'eribifula ng'ebisusunku nelifuka olusozi olunene olubuna ensi yonna?

Bwe kiba nga ekifaananyi kitegeza obwakabaka bw'abantu, awo no ejinja litegeza amaanyi ag'enjawulo agawukanye ku nfuga y'abantu, agagenda okusikira amatwale g'abantu nga gasaanyewo. Gano galimenyebwamenyebwamu obutundu-tundu negasanyizibwawo. Kuno kwe kunnyonnyola Danyeri kwe yawa:-

"*Era mu mirembe gya bakabaka abo, Katonda ow'eggulu al-isaawo obwakabaka, obutalizikirizibwa emirembe gyonna, so n'okufuga kwabwo tekulirekerwa ggwanga ddala.*"

(Danyeri 2:44).

Kino ky'ekimu ku bisuubizo ebingi mu Baibuli ebiraga nti

Katonda talireka nsi. Yagunjawo enteekateeka – eyo esinga – ey'obulokozi obw'abantu, era enteekateeka enno yonna yetololera ku Mukama waffe Yesu Kristo. Abasomi abegende-reza basobola okuzuula ejinja “eryatemebwa okuva mu lusozi awatali ngalo” oyo eyazaalibwa nga omulokozi ow'abantu. “Eyatemebwa okuva nga bwekyali, mu lusozi olw'abantu, awatali ngalo ez'abantu, naye kulw'amaanyi ga Katonda, mu kyamagero eky'okuzaalibwa kwe. Mazima Yesu yayogera ku mulimo gwe “*ng'ejinja abazimbi lye bagaana lye lyafuuka omutwe gw'ensonda, ayongera okutegeeza nti, agwa ku jjinja lino alimenyekamenyeka: n'oyo gwelirigwako lirimubetenta*”. (Matayo 21:42-44)

Obubonero bwonna bulaga nti mu nnaku ezitali zawala ejinja liija kuggwa n'obukambwe obungi eri ensi etesuubira. Oli-wonna okuzikirira okujja? Oligabana ku birungi ebiri mu bwakabaka bwa Katonda, obwo Yesu bw'agenda okuleta?

Yesu yekka yalina amaanyi agalokola. Naye nga tetunava ku bunnabbi bwa Danyeri, ka twetegereze nti ensomesa ye kirooto kya Nebukadduneza yeyongera okunnyonnyolebwa okusingawoko mu kwolesebwa Danyeri mwennyini kweyalaba nga bwe kwewandiikabwa mu kitabo ky'erinnya lye. Obubonero bukyusibwa ne bwongezebwa mu ngeri esingawo nga ekozesha ebifaananyi eby'ebisolo ebinna ebitegeeza obwakabaka obwemirundi enna obwalagibwa mu kirooto kya Nebukad-duneza. Ekitundu ekyogera ku bwakabaka bwa Katonda mu Danyeri 2:24 kyekimu mu bigambo ebiri mu kitabo kyenyini ekayo mu ssuula 7:27 mu bigambo bino:

“*N'obwakabaka n'okufuga n'obukulu obw'akabaka obuli wansi w'eggulu lyonna, abantu ab'abatukuvu boyo ali waggulu en-nyo baliweebwa obwakabaka bwe, bwe bwakabaka obutalig-gwaawo, n'amatwale gonna galimuweereza, galimuwlira.*”

## OBWAKABAKA OBWA KATONDA

Naye abasomi baffe tebalowooza nti obunnaabi obukwata ku bwakabaka bwa Katodna mu ndagaano enkadde bwebwo bwokka bw'etusomyeko mu kitabo kya Danyeri. Okukaati-

riza ensonga eno katutunuleko mu kitabo kya nnaabbi Isaaya omuli ebisingawo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda obugenda okujja bwawebwa mu lulimi olwangu omutali bubonero. Ku lwe bitundu ebingi ebyogera ku bwakabaka mu kitabo kino, nnabbi Isaaya ayitibwa nnabbi ow'obwakabaka. Abasomi baffe musome ebitundu binno mu byetegereze:-

*"Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, olusozi olw'ennyumba ya Mukama lulinywezebwa mu ntiko y'ensozi; era amawanga gonna galikulukutira ku lwo. Era amawanga mangi agalyambuka negoogera nti mujje, twambuke eri olusozi lwa Mukama, eri ennyumba ya Katonda wa Yakobo, era anaatuyigirizanga ku makubo ge, naffe tunaatambuliranga mumpenda ze; kubanga mu Sayuuni mwe mulifuluma amateeka, n'ekigambo kya Mukama mu Yerusalem. Era aliramula mu mawanga era alinenya abantu bangi era baliweesa ebitala byabwe okubifuula enkumbi n'amafumu gaabwe okugafuula ebiwabyo, eggwanga eririyimusa kitala eri eggwanga linnaalyo, so tebaliyya kulwana nate." (Isaaya 2-24)*

*"Laba, Mukama Katonda alijja ng'owamaanyi, n'omukono gwe gulimufugira; laba empeera ye eri naye, n'okusasula kwe kuli mu maaso ge."* (Isaaya 40:10)

obujjulizi obulala obukulu bweebwo obuli ku'ngeri eyetagisa eri obulokozi. Ku buno tujja kulondayo akanyiriri akamu okuva mu kitabo kya Isaaya (66:2):- "Bwati bw'ayogera Mukama; naye omwavu era alina omwoyo oguboneredde era akankanira ekigambo kyange ye wuuyo gwe nditunuulira".

## OKUNNYONYOLA KWA DANYERI

Okunnyonyolwa kuno si magezi ga muwandiisi ow'ekitabo kino. Soma Danyeri 2. Danyeri yagamba nti:-

*"Kubanga walaba ejjinja nga lyatemebwa mu lusozi awatali ngalo, era nga lyamenyaamenya ekyuma, n'ekikomo, n'ebbumba ne feeza ne zaabu; Katonda omukulu ategeezessa kabaka ebiribaawo oluvannyuma era ekirooto kya mazima*

*ddala, n'amakulu gaakyo tegabuuusibwabuuusibwa."* (Danyeri 2:45).

## OBWAKABAKA BWA KATONDA

Ng'Abameedi ne Buperusi bwe badirira Babuloni, Abaruumi ne badirira Abayonaani, nga era bwe watannabawo obwakabaka obw'okutano obufuga ensi yonna, so n'ekitundu ekisembayo ku bunnaabbi buno kiritukirira." Era mu mirembe gya bakaba-ka abo Katonda ow'eggulu alisaawo obwakabaka obutalizikir-izibwa emirembe gyonna so n'okufuga kwabwo tekulirekerwa ggwanga ddala...." (Danyeri 2:44).

Ejjinja etono lyazikiriza ekifaananyi ekyali kiraga obufuzi obw'abantu mu biseera ebibaddewo, nelikula okufuuka olusozi olunene olwajuza ensi zonna. Ejinja etono lyali litegeeza obwakabaka obwa Katonda.

Danyeri amaliriza obunnabbi ng'agamba "Ekirooto kyamazima era n'okuvunula kwakyo tebubuuusabuuusibwa." Buno bwe bumu ku bunnabbi obungi obutuletera okuba abagumu nga enteekateeka ya Katonda eri ensi eritukirira.

## EN SOMESA EY'ENDAGAANO ENKADDE N'EMPTYA

Noonya mu Baibuli yo ebitundu bino ebibiri byotunuddeko mu ssomo eriwedde; Okubala 14:21 ne Ebikolwa by'Abatume 17:31. Obwakabaka bwa Katonda bwe bulimala okusibwawo, walibawo enfuga ey'obwenkanya bwa Katonda tewalibawo fugabbi oba okuyiganyizibwa. "*So tasalenga misango nga okulaba kwa maasoge bwe kunaabanga, so taanenyenga ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga....."*" (Isaaya 11:3-5).

Awo ebigambo ebiri mu kitabo eky'Okubala 14:21 ne biryoka bitukirira nga bamalayika bwe bayimba ku lunaku Yesu Iwe yazaalibwa. Awo olulituuka nga Yesu afuuse Kabaka ow'ensi yonna, ne walyoka waberawo "*Ekitiibwa kibe eri Kaonda ne mu nsi emirembe gibe ku bantu abasiimibwa.*" (Lukka 2:14). Ekitabo ekisembayo mu Baibuli kiwa ekifaananyi ekiriberawo

ku nsi ng'ekigendererwa kya Katonda kitukiridde. "Nempulira eddoboozi eddene eriva mu ntebe nga lyogera nti laba, eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anatulanga wamu nabo, nabo banaabeeranga bantu be naye Katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo Katonda waabwe." "Naye alisangula buli zziga mu maaso gaabwe, era okufa tekulibaawo nate, so tewaabengawo nate nnaku newankubadde okukaaba newankubadde okulumwa eby'Oluberyeberye biweddeko" (Okubikkulirwa 21:3-4).

## OBWAKABAKA BWENNYINI

Peetero yali omwogezi w'abayigiriza bwe yabuza Yesu ekibuzo nti: "Laba ffe twaleka byonna ne tukugoberera kale tuliba naki?" (Matayo 19:27).

Enziramu ya Yesu nkulu nnyo. Yagumizza nti obwakabaka bwe yali ng'asomesako bwali obwakabaka bwa ddala abayigirizabe bwe baliberamu:

"Yesu n'abagamba nti mazima mbagamba nti mwe aban goberera mu mazaalibwa ag'okubiri omwana w'omuntu bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye nammwe mulituula ku ntebe ekkumi n'ebbirri nga musalira omusango ebika ekkumi n'ebbirri ebya Yisiraeri" (Matayo 19:28, 29).

## YESU ALIKOMAWO NATE

Okusobola okusaawo obwakabaka bwennyini ku nsi Yesu alikomawo nate. Bweyagenda mu ggulu ku nkomerero ng'amaze obuwereza bwe, bamalayika babuulira abayigiriza nti:-

"Oyo Yesu abaggiddwako okutwalibwa mu ggulu alijja bw'atyo nga bwe mu mulabye ng'agenda mu ggulu." (Ebikolwa By'Abatume 1:11)

Okudda okwa Yesu okuletaawo ebitundu ebisembayo eri eki gendeererwa kya Katonda n'ensi kujja kwogerebwako okusingako awo mu masomo amalala. Ensomesa ey'engero za Yesu ezisinga obungi eraga ng'abatukirivu bwe baligabana

ng'akomyewo. Kale kikulu nyo, okwetegekera okujja kwe.

## MU BUFUNZE

Baibuli essa essira ku butukirivu n'obwenkanya obwa Katonda era ne kukwagala kwe. Katonda simwetegefu kuleka nsi ku-genderawo mu mbeera gy'erimu kakaano.

Katonda ajja kweyingiza mu mbeera y'ensi era n'enfuga ye erisibbwawo Yesu abeere Kabaka.

Ebintu ebikwata ku nsi ebyaweebwa mu Danyeri 2 bituwa obuvumu ng'ekitundu ekisembayo eky'entegeka ya Katodna bw'ekijja okutukirira awatali kubuusabuusa.

Awo Yesu bwalikowamo okufuga mu bwakabaka bwa Katonda, abagobeerezibe baligabana ku bifo mu bwakabaka bwe, naye betaaga okuba abetegefu eri okujja kwe.

## EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Isaaya 11;35;      Matayo 19 ne 25;   Danyeri 2

## **EBIBUUZO KU SSOMO 3**

Saza ku ky'okuddamu ekituufu eri buli kibuuzo omale obizze  
ku lupapula olwawakati mu katabo kano.

1. Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati....
    - A. Sindika ebiro
    - B. n'okuwaayo nawaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka
    - C. Naweereza bamalayika
    - D. Nawaayo amateeka
  2. Bwabakaba ki obwokubiri obwalagibwa mu kirooto ekya kabaka Nebukadduneza?
    - A. Babulooni
    - B. Buyonaani
    - C. Obw'Abaruumi
    - D. Obw'abameedi- n'Abaperusi
  3. Kiki Nebukadduneza kyeyalaba nga kikuba ekifaananyi mu kirooro kye?
    - A. kibumbe
    - B. ejinja
    - C. omukono
    - D. ekitala
  4. Mbeera ki bamalayika gye bayimba nga Yesu ye kabaka?
    - A. buli muntu alikola nga bwayagala
    - B. buli muntu alina n'ekisa eri munne
    - C. tewali aliyagala kukola
    - D. emirembe giribawo mu nsi
  5. Ani alifugira ensi mu butuukirivu?
    - A. omwana wa Katonda
    - B. omutume Paulo
    - C. omutume Peetero
    - D. Nnabbi Eriya
  6. Mu suula eyokubiri eya Danyeri tusoma nti "Era mu mirembe gyabakabaka abo, Katonda ow'eggulu alissaawo ob-wakabaka obutalizikirizibwa era bulibeerawo okumala..
    - A. emyaka 6,000
    - B. emyaka egyobulamu
    - C. emirembe qvonna
    - D. emvaka 100,000

7. Yesu yasuubiza abayigirizwabe nti bali...
- A. beera n'obugaga n'enkulakulana
  - B. tuula kuntebe nebasalira amawanga kumi n'abiri aga Isirairi omusango
  - C. funa ettutumu n'essanyu
8. Baibuli etubulira nti Katonda ayagala ensi okweyongera mu mbeera gy'erimu kaakano?
- A. yee
  - B. nedda
  - C. simanyi
  - D. baibuli terina kyegamba
9. Yesu aliwa mu kiseera kino?
- A. mu nsi
  - B. mu ggulu
  - C. mu magombe
  - D. mu nsi ya Isirairi
10. Paulo yabulira abantu ab'Aseni (Bikolwa By'Abatume 17) nti Katonda yawa obukakafu nti ensi ejja kufugibwa mu butukirivu n'omusajja Katonda gweyalonda: obu kakafu bwe buluwa?
- A. okuzaalibwa okwa Yesu
  - B. okukomererwa kwa Yesu
  - C. okuzuukira okwa Yesu

## **ESSOMO 4**

### **OKUFA**

Obubenje ky'ekimu kubikola emitwe gy'amawulire. Okufa okwamangu oba okufa okwokulwanagana kuleta okubuliriza; naye ensoga kufa si kintu kipy, era teyogerwako nnyo ekyembi. Ate nga ekiseera mw'obade osomera obunyiriri obubiri obwo, wagulu, kiteberezebwa nti abantu 25 oba 30 baba bafudde. (Bebo abantu abasoba 6,250 mu ssaawa oba 150,000 olunaku). )Olumu olibera omu kw'abo! Si Iwakuba nti olibeera omu kubafira mu bubenje naye kuba lumu emirimu gyo girikoma ensi n'egenda mu maaso nga togirimu. Y'ensonga Iwaki essomo lino ery'okufa kulu nnyo.

Ebirowoozo ku kufa bikuleteera okwebuuza nti "Kiki kyendi nze? Kiki ekimbaako bwe nfa? Wa wentukanira mu nteeka-teeka ya Katonda mu bitonde? Okutwaliza awamu waliwo endowooza za mirundi nga esatu ku kufa:-

1. Tokufaako
2. Kitwale nti tekuli nga bwe kubeera
3. Okukkiriza nga wekuli naye onoonye engeri ey'okukuwoona

Ka twetegeereze bulungi endowooza zino esatu.

#### **1. TOFAYO KUKUFA**

Eno ye ndowooza ey'abamu ku bazungu n'abo abakoopa empisa z'ekizungu. Okwagala eby'enfuna, bakankesa abasinga obukulu mu nsi z'abazuungu, byonna by'esigamye ku kuyiiya. Bannasayansi engeri gye batunuliram u ebizibu eby'obulamu basinzira ku bintu ebilabika. Ebintu nga "kiki ekiberawo oluvannyuma lw'okufa" tebitukanira mu nkola ya bannasayansi n'olwekyo tebifiibwako kineene nnyo.

Abantu bangi olw'ebyo ebyewunyisibwa eby'abanasayansi bye bayiyiza, okufa bakujja mangu nnyo mu ndowooza zaabwe.

## 2. ENDOWOOZA NTI OKUFA SI KY'EKO KYE KULI

Eno ye ndowooza ey'edda eddini enkade zonna mu nsi kwezesigamye. Bagamba nti okufa si nkomerero ya bulamu wabula omulyango eri obulamu obutaggwawo. Ensibuko yokulowooza okuli nga kuno kwe kukkiriza nti omuntu alina "Emmemme Etafa", nti mu muntu mulimu ekintu ekitafa mbu mu kufa kiva mu mubiri kyo ne kyisigala nga kiramu.

Naye endowooza zino tezisobola kukakasibwa n'obumanyirivu yadde mu bitabo eby'eb'eddini, okugyako Baibuli mu (2 Timoseewo 3:16), ejjudde endowooza z'abantu abakyali mu kizikiza. Okunoonyereza okwa bannasayansi kulaga nti wal-iwo bingi ku muntu naye tekukakasa nga waliwo ekisigalawo omuntu bwamala okufa. Omuntu yetaga okwolesebwa okuva eri Katonda, omutonzi we ku nsonga ey'okufa. Baibuli kye kitabo kyokka ekikuwa kino. Egamba nti omuntu ateeekwa.

## 3. OKUKIRIZA AMAZIMA AG'OKUFA ERA ONOONYE ENGERI EYOKUWONA

Mu Baibuli yonna tewali wasangibwa nti omuntu alina emme etafa eberera enamu yadde ng'omuntu mufu.

Kino kiyinza okuja ng'ekykango eri abo abalina enzikiriza ey'edda;

*"Kubanga abalamu bamanyi nga balifa naye abafu tebaliiko kye bamanyi." "Tewali mulimu nekwankubadde okuteesa, newankubadde okumanya, newankubadde amagezi mu magombe gy'ogenda."* (Omubuulizi 9:5,10).

Amazima gano gayinza okuba amazibu okugalowoozako naye eno yandibade ensibuko y'obugonvu gy'oli era ne gakuso-mooza okumanya nga bwe wetaaga ekubo ery'okuwona.

## OBULOKOZI BUTANDIKA N'OBWETOOWAZE

Bw'ati bw'ayogera Mukama nti "Naye omwavu era alina omwoyo oguboneredde era akankanira ekigambo kyange ye wuuyo gwe nditunuuir." (Isaaya 66:2). "Omwavu" kitegeza omuntu ajjukira nga talimu mugaso mu mubiri guno ogufa. Ekigambo "Omwoyo oguboneredde" kitegeeza obwetoowaze.

Omuntu kitonde ekya malala. Endowooza ey'ememe etafa eraga omuntu amalala ge yazaalirwamu. Naye bwe twagala amazima gonna, tulina okwerabira endowooza yonna etulimu, newankubadde ng'etusanyusa, era tulowooze n'obwegenderevu ku ekyo Katonda kye yabikkula ekikwata ku muntu ne mbeera ye ey'obutonde.

## OBUTONDE BW'OMUNTU

Baibuli egendera ddala ku nsibuko y'obutonde bw'omuntu. Etubuulira mu ntandikwa y'okubaawo kw'omuntu okufa engeri gye kwajja. Ekyawandiikibwa ku bantu abaasooka, Adamu ne Kaawa, si kya lugerobugero. Wekkaanye amakulu gekyawandiikibwa mu ssula esooka eya Baibuli ekiri mu ssula embereberye mu Baibuli.

*"Katonda n'abumba omuntu okuva mu nfuufu eyettaka n'amufuuwa mu nnyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu."* (Oluberyeberye 2:7).

Omubiri gwa Adamu gwava mu bintu ebisibukamu buli kintu. Ettaka lya bumbibwa n'omutonzi asinga amaanyi okuvaamu ekyewuunyisa eky'omubiri ogw'omuntu n'ebitundu bya gwo ebizibuzibu ate nga by'awamu. Mu ngeri y'emu okwewunyisa kuno ku kyaliwo na kati mu nkula eyo mwana mu lubuto. Omubiri gwa Adamu ogw'enfuufu gwaweebwa obulamu okuva ewa Katonda "eya mussaamu omukka ogw'obulamu" era ekyo ekyali tekirina bulamu ne kifuka "*Omukka omulamu*".

## OMWOYO

Obulamu tebutengeerekeka, tebunnyonnyolwa, naye bwangu obw'okutegeera ng'ekintu ekifa. Tewali kiraga nti obulamu bubeerawo ku bwabwo awatali mubiri.

Baibuli n'okunnonyereza biraga nti "*Omubiri n'obulamu*" bikolagana era nga by'ebikola omukka omulamu oba ekitonde. Ekigambo omwoyo mu Baibuli kikozesebwa okutwaliza awamu ku muntu ne ku nsolo. Kivunulibwa nga endowooza, ensolo, omuntu ekitonde; naye tekikwatagana nakatono n'endowooza eyemmemme etafa.

Omwovo Omulamu (Oba nga mu luberyeberye 2:7 "*Omukka Omulamu*")!

Akanyiriri mu Oluberyeberye 2:7 "*Omuntu n'afuuka omukka omulamu*" kitegeeza nti omuntu yafuuka ekitonde ekilamu awamu n'ekitonde ebirala Katonda bye yali atonze. Laba Mubulizi 3:19, 20 "Kubanga ekyo ekituuka ku baana b'abantu kye kituuka ku nsolo; ekigambo kimu kibatuukako; ng'eyo bw'efa n'oyo bw'afa bw'atyo. So bona balina omukka gumuso abantu tebaliko bwe basinga nsolo kubabnga byonna butaliimu. Bonna bagenda mu kifo kimu, bona baava mu nfuufu era bona badda mu nfuufu nate."

Ekigambo "Emmeme" kitegeza "kitonde". Emmeme ye muntu. Emmeme tesobola kubeerawo awatali muntu oba nsolo. Obunyiriri bwe twogeddeko bulaga nti omuntu obulamu bwe; bwesigamizibwa ku Katonda. Katonda bw'agyawo omukka oba omwoyo okuva mu muntu, afuuka ekitonde ekifu. Kigwanidde kino okumanya kubanga Abakristayo abasinga obungi balina endowooza nti omuntu alina emmeme etefa. Kino tekirimu mu Baibuli n'akatono. Ddala buno bwe bwali obulimba bw'omusota mu lusuku Adeni. Gw'agamba omukazi nti: "Okufa temulifa" okukontaganira ddala kwennyini kwe-kyo Katonda kye yali abuulidde Adamu ne Kaawa. Ekitabo ky'Omubulizi 12:7 kikakasa ng'omuntu bwe yesigamye ku Katonda ku kubeerawo kwe: "Enfuufu n'edda mu ttaka nga bwe yali, omwoyo ne gudda eri Katonda eyagugaba." Tekika-

kasa nti omuntu agenda mu ggulu ng'afudde. Laba Yokaana 3:13 wegendereze ebigambo "Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu." Omuntu afa lwa kibi: "*Emmeme eyonoona ye erifa.*" Era mu Abaruumi 3:23 tusoma "*Kubanga bona baayonoona, ne batatuuka ku kitibwa kya Katonda.*" Kiraga nti bona bafa ne baba nga tebalina kye bamanyi okutuusa ku kuzuukira. 1 Abakkolinso 15 ky'ogera ku suubi ery'okuzuukira mu bungiko.

### Omuntu – Kitonde Okuwa Katonda Okwesiimisa

Ekigendererwa eky'okutondebwa okw'omuntu era ng'ebitonde ebirala byonna, kwali okwesiimisa Katonda. "*Kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo era byat-ondebwa.*" (Okubikkulirwa 4:11)

Obutafaananako nsolo, omuntu yaweebwa okwesalirawo okugondera Katonda oba okumujeemera, awo nno asobole okugezesza empisa ye, ey'okwesalirawo. Tusobola okusiima omuntu olw'okwesiimisa kwe eri Katonda ng'akozesa okwesalirawo kwe asanyuse Katonda so si kwesanyusa yekka. Kuno kwe kwesiimisa okutonotono abazadde kwe baganyulwa mu baana abatakakidwa ku bagondera n'okubawa ekitiibwa.

### OKUGWA OKW'OMUNTU

Okugezesza omuntu nga bw'akozesa okusalawo kwe, Katonda yawa Adamu ne Kaawa ekigezo ekyanguyangu. Yabagamba nti;

*"Buli muti ogw'omulusuku olyangako nga bw'onooyagalanga; naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako; kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa."*  
(Oluberyeberye 2:16, 17).

Omuntu yalemererwa ne yereetera ekibonerezo eky'okufa. Adamu ne Kaawa baakemebwa n'ekirowoozo eky'omusota nti bajja kubeera nga bakatonda nga bamanyi ekibi n'ekirungi era n'olwokuba nti ekibala kyali kirungi okulya. Mu ngeri eno amalala n'okwegomba ne bibayinza. Embeera zino ebbiri zaakola ensibuko y'empisa z'abantu okuva olwo. Weetegereze

bulungi ebigambo eby'omusota nti Kaawa "Okufa temulifa" (Oluberyeberye 3:4). Buno bwali bulimba, obw'okulemesa ekigambo kya Katonda, obulimba obwavaamu ensibuko y'eddini ezikolebwa abantu okuva olwo.

## OKUSALIRWA OMUSANGO

Adamu ne Kaawa kw'abagwanira okusalirwa omusango okwa Katonda. Era ebigambo eby'ekibonerezo Katonda bye yakozesa gye bali bituwa ennyinyonnyola ennungi ku kufa:

*"Kubanga oli nfuu fu ggwe, ne mu nfuu fu mw'olidda"*  
(Oluberyeberye 3:19).

*"Kino kitegeeza nti omuntu bw'afa akoma okubeerawo ate avunda n'adda mu bintu bye baamukolamu. Omukka gwe gumuvaamu, nadda mu ttaka lye; ku lunaku olwo ebirowooza bye ne bibula"* (Zabbuli 146:4).

Okufa kibonerezo eky'obujeemu. *"Naye Katonda amaze okusalawo bw'ati; yasaawo ekiziyiza omuntu okulya ku muti ogw'obulamu nate aleme okubeera mulamu emirembe n'emirembe"* (Oluberyeberye 3:22)

## EKIBI

Okufa kibonerezo eky'ekibi. *"Emmeme eyonoona y'erifa"* (Ezeekyeli 18:4). Waliwo ekirowoozo ku kiwandiiko kino. Ekibi kireeta okufa. N'olwekyo kikulu nnyo okumanya ekibi kye ki bwe tuba nga twagala okuwona okufa okw'emirembe gyonna. Ekibi bwe butakiriza kigambo kya Katonda n'obutagondera nkola ye. Empeera ey'ekibi ya buli omu.

*"Bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitii bw ka Katonda"* (Abaruumi 3:23). Adamu ne Kaawa baaleetera buli muntu yenna ekizibu kino. Obunafu buno mu muntu bwe bukola "embeera y'omuntu" oba ekyo Baibuli ky'eyita "omubiri" oba "mubiri."

Kiyinza okutwala engeri nnyingi, *"Ebikolwa eby'omubiri bya Iwatu, bye bino; obwenzi, empitambi, obusungu, empaka,*

*okwewayawula, okwesalamu, obutamiivu, ebinyumu, n'ebiri nga ebyo*" (Abaggalatiya 5:19-21). Eno y'embeera ya Adamu ne Kaawa gye baatandiikawo emyaka 6000 egiyise obutagondera Katonda, kye kituusiza ensi mu buzibu bw'erimu kati.

## ESSUUBI LYOKKA

Mu ssomo ery'okubiri embeera za Katonda zatunuddwako. N'e z'omuntu mu bufunze nazo tuzilabye. Enjawulo eriwo ku z'abantu n'ezo eza Katonda eyogerwako Katonda mu bigambo bino. Kubanga ebirowoozo byange sibirowoozo byammwe, so n'amakubo gammwe si makubo gange bw'ayogera Mukama.

*"Kuba eggulu nga bwelisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwegasinga bwegatyo amakubo gamwe n'ebirowoozo byange ebirowoozo byammwe."* (Isaaya 55:8,9).

Kirambikiddwa bulungi Iwaki omuntu alina okufa ne Iwaki at-eekwa buteekwa okufa. Katonda mutuukirivu n'obutuukirivu bwe, tebukkiriza babi kubeerawo emirembe n'emirembe. Naye ebibiri ku neeyisa ya Katonda kye kisa kye n'okusasira kwe.

*"Waliwo okusonyiwa w'oli, olyoke otibwenga."* (Zabbuli 130:4)

Waliwo obwetaavu bw'okusonyiwa eri Katonda, kubanga omuntu tasobola kulekera awo kwonoona. *"Bwetwogera nga tetulina kibi, twekyamya ffekka so nga n'amazima tegali muffle."* (1 Yokaana 1 : 8) Baibuli eyogera nnyo ku kkubo lya Katonda – ekkubo lyokka erisobola okutujja mu mpisa embi ey'ekibi n'okufa. Ekkubo mu bufunze, "ery'okukkiriza."

Okukkiriza Katonda kwayagala kwa njawulo kwo. Kunyonyolwako nga *"ekinyweza ebisuubirwa, kye kitegeereza ddala ebigambo ebitalabika."* (Abaebbulaniya 11:1)

Okukkiriza si kwa butalimu oba nti kwa mu buzibe. Kwe kumalirira okwesiga Katonda era kwe kunywerera ddala ku Katonda ne kw'ebyo byonna bye yasuubiza, nti era ajja ku

bikola, newankubadde ng'okutuukirizibwa kw'abyo tukulow-oozako ng'ekitasoboka.

N'okw'ekyo tulina okulaga okukkiriza kwaffe nga tugondera amateeka ga Katonda. Essula ey'ekkumi n'emu ey'ebbaluwa eri Abaebbulaniya eyogera ku bikolwa ebyokulabirako bingi eby'okukkiriza. Okusookera ddala kwe kukkiriza okwalagibwa Ibulayimu. "*Nakkiriza Mukama n'amubalira okuba obutukirivu.*" (Oluberyeberye 15:6).

N'olwekyo okukkiriza kwe kwalabirwa mu kugondera kwe eri Katonda soma (Yakobo 2:17-26). Kale okukkiriza n'obugonvu olw'ekisa kya Katonda, biyinza okutuleetera okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe; n'ekivaamu okufa nakwo kuyinza okuwan-gulwa. Lino Ly'essuubi Lyokka Omuntu Ly'alina Okumusobozesa Okufuna Omubiri Ogutafa. Obulamu obutaggwaawo mu butuufu kirabo.

*"Empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwawo mu Kristo Yesu Mukama Waffe."*  
(Abaruumi 6:23).

Engeri kino gye kisobokamu ku lwa Ssaddaka ya Yesu Kristo kyongerwako mu ssomo eddala mu maaso eyo. Obulamu obutaggwaawo buliweebwa mu kiseera eky'omumaaso bwe walibaawo okuzuukira kw'abafu. "*Bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'okunsi balizuukuka abamu eri obulamu obutaggwaawo.*" (Danyeri 12:2).

Oluvannyuma abo abasaanidde ekirabo kino balikyusibwa ba-beere ebitonde ebitafa. Okuzuukira okw'abafu kuyinza kuwulikika ng'ekintu ekizibu ekitasuubirwa naye ky'ekimu ku bintu ebikulu Katonda by'ayagala tukkirize. Tukimanyi nti Katonda ye talemererwa.

Okuzuukira kulibaawo nga Yesu Kristo akomyewo ku nsi.  
*"Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva waggulu n'eddoboozo lya malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda n'abo abaafira mu Kristo be balisooka okuzuukira"*  
(1 Abasessalonika 4:16).

Obumu ku bubonero obututegeeza nti olunaku luno olukulu  
luli kumpi kujja kw'ogerebwako mu ssomo ery'omwenda.  
Tusaanye okwetegekera olunaku olwo.

### Okumaliriza mu Bufunze

1. Okufa y'enkomerero y'obulamu si kkubo eri obulamu obutaggwaawo.
2. Obulokozi butandika n'obugonvu
3. Ekibi kireeta okufa.
4. Ekibi bwe butakkiriza kigambo kya Katonda n'obutangondera nkola ye.
5. Omuntu tasobola kulekeraawo kw'onoona.
6. Omuntu ayinza okufuna okusonyiyibwa nga okkirizza ekigambo kya Katonda n'okugondera enkola ye.
7. Okukiriza kwe kuba n'essuubi mu kigambo kya Katonda era kulagibwa na kukigondera.
8. Obulamu obutaggwaawo kye kirabo kya Katonda ky'aliwa abaana be abakkiriza.
9. Obulamu obutaggwaawo buliweebwa kumazuukira, nga Yesu Kristo akomyewo ku nsi. Lino ly'essuubi lyokka eryokuniramu omubiri ogutafa.

### EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Olubereberye 2 ne 3 Zabbuli 49 ne 146 Omubuulizi 9  
Abaruumi 5 ne 6 1 Abakkolinso 15

## **EBIBUUZO KU SSOMO 4**

Teeka akasaale ku buli kyakuddamu kyo ekituufu eri buli kibuzo omale obizze ku lupapula olwa wakati.

1. Kiriwa ekituufu ku bino byonna?
    - A. okufa kujja lwa kibi
    - B. abantu bona bonoona
    - C. obulamu obutaggwaawo kirabo okuva eri Katonda
    - D. abantu abalungi tebafa
  2. Lunyiriri ki mu Baibuli olulaga nti abafu tebalinaako kye bamanyi?
    - A. Engero 9:5
    - B. Ezekeeri 9:5
    - C. Omubuuilizi 9:5
    - D. Eseza 9:5
  3. Mpisa ki ennungi Katonda gy'ayagala eri omuntu anoonya obulokozi?
    - A. amalala
    - B. obugagga
    - C. okwetowaza
    - D. essanyu
  4. Baibuli esomesa nti Katonda yabumba omuntu okuva...
    - A. mu kitonde ekirala
    - B. mu nfuufu n'ensi
    - C. mu mazzi
    - D. teyamutonda
  5. Emmeeme ennamu kye ki?
    - A. ekitonde ekiramu
    - B. eriiso
    - C. ekitonde eky'omubiri ekitafa
    - D. kitonde ekitafa
  6. Lwaki omuntu yatondebwa?
    - A. okulabirira ensolo
    - B. okulima ettaka ly'ensi
    - C. okusanyusa Katonda
    - D. okwesanyusa yennyini
  7. Adamu ne Kaawa baabonerezebwa batya olw'obujeemu bwaabwe?
    - A. baasalirwa okufa
    - B. bakubibwamu
    - C. Katonda yabeegaanira ddala
    - D. bakubibwa n'amayinja

8. Ekibi kye ki?
- A. ebirowoozo eby'omubiri
  - B. okufa
  - C. okumenya okw'amateeka ga Katonda
  - D. embeera y'omuntu
9. Okukkiriza kwe.....
- A. kukkiriza ebitasoboka
  - B. kumanya entegeka ya Katonda
  - C. kwesiga ebitamanyiddwa
  - D. kunyweza ebisuubirwa ky'ekitegeereza ddala  
ebigambo eбitalabika
10. Baibuli esomesa.....
- A. tewali ssuubi
  - B. okuzuukira okw'abafu
  - C. obulamu wadde ng'oli mu magombe eri bona
  - D. obulamu obw'olubereberye mu ggulu eri  
abatuukirivu

## **ESSOMO 5 EBISUUBIZO**

### **EBISUUBIZO EBYA KATONDA**

Essomo ery'okuna litulaze okuva mu Baibuli Iwaki omuntu afya, embeera ey'okufa, n'essuubi lyokka ery'obulokozi okuva mu magombe. Mu ssomo ery'okutaano bwe tunaaba nga twekaanya ebimu ku bisuubizo ebya Katonda, tujja kufuna okutegeera okusingawo ku mitendera egy'ebi'awandiikibwa ekitubikkuliddwa ebikwata ku bulokozi.

### **EKISUUBIZO EKY'OKUNUNULIBWA**

Oluberyeberye ng'Adamu ne Kaawa bamaze okwonoona, mu bikolimo bya Katonda eri omuntu olw'okwonoona, ekisuubizo ekyewuunyisa kyaleeta omusana ogw'essuubi. Ekisuubizo kino kiri mu lunyiriri olutali Iwangu lwa kutegeera.

*"Mukama Katonda n'agamba omusota....nange obulabe n'abuteekanga wakati wo n'omukazi era wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi: (Ezzadde ly'omukazi) lirikubetenta omutwe naawe oliribetenta ekisinziro."*

(Oluberyeberye 3:14, 15)

Ebisingawo ku kisuubizo kino tebiri mu ssomo lino naye bijja kusangiwa mu kitabo "Bible Basics" naye bwe tweyongera okufuna amagezi agentegeka ya Katonda ey'obulokozi tulaba nga wano we wali ekisuubizo ekisooka nti ekibi kirizikirizibwa n'omu ku bantu b'ezzadde lya Kaawa.

Ekibi kyali kyakuzikirizibwa naye omu ku zzadde ly'omukazi eyakola kino yali wakukosebwa mu katono (mu lulimi olw'olugero kino kwe kubetenta kw'omutwe n'okubetenta ekisinziiro)

### **EKISUUBIZO KYA KATONDA MU ADENI**

Omusota olw'ekyo kye gw'akola mu kuleetera Adamu ne

Kaawa okwonoona gw'afuuka kabonero ak'ekibi. Yesu yakoza ekigambo ekyo kyennyini ku balabe be, bwe yali nga ayogera eri Abafalisaayo mu bigambo bino; "mwe emisota, mwe abaana b'emisota." Okubetentebwa okw'omutwe, ogw'omusota ekiwundu ekitawona kisuubizo eky'okuzikiriza ddala ekibi n'okufa. Ezadde ly'omukazi lye lizikiriza ate mu kukola omulimo guno ne lifuna ekiwundu ku kisinziro, ekiwundu ekisobola okuwonyezebwa.

Okusoma okwa Baibuli n'obwegendereza kulaga ng'olugero olw'ezzadde ly'omukazi lwogera ku bulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo mwe yafunira obuwanguzi eri ekibi n'okufa era naggulawo ekkubo eri obulamu obutaggwaa-wo eri abo bona abamukkiriza.

Ekiyamba okuzuula ezadde ly'omukazi kiweebwa mu bigambo "*laba omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi, era alituumwa erinnya lye Emmanueri.*"

Kino kyajulira mu bubaka bwa malayika eri Yusufu nga amubuulira nti Maliyamu mukazi we ajja kuzaala omwana ow'obulenzi era olimutuuma erinnya Yesu; kubanga ajja kulokola abantu be okuva mu bubi bwabwe. Kale kino kyakolebwa okutuukiriza ekyayogerwa Mukama ng'ayita mu nnabbi era kino kiddirira obunnabbi obuli mu Isaaya 7. Omutume Paulo agamba "*Ekiseera bwe kyatuuka Katonda yatuma omwana we eyakolebwa omukazi nga akolebwa mu mateeka.*"

Yesu bwe yawangula ekibi n'okufa, omusota (ekibi) kya betentebwa ku mutwe, era ekibi kyazikirizibwa ku ludda olwa Yesu. Mu bino byonna, mu kufa kwe ku musaalaba n'akaseera akampi ke yamala mu magombe awo weyafunira okubetentebwa ku kisinziiro nga nnabbi Isaaya bwe yalanga, "*Yafumitibwa ku Iw'ebibi byaffe n'abonerera olw'obutali butu-ukirivu bwaffe.*" Ekitundu ekisooka ekyentegeka ya Katonda okununula abantu ne kimalirizibwa. Naye Yesu ye yali ebibala byayo ebiberyeberye. Walibeerawo amakungula amalala mu mitendera ebiri emirala agalimalawo ekibi n'okufa nga tebikyaliwo.

Ekitundu eky'okusatu ate ekisembayo kiribeerawo ku nkomero-  
ero ey'emyaka gino olukumi, bwe walibaawo okusala omusan-  
go okusembayo. Ekibi n'okufa biryoke bizikirizibwe. "Kristo  
kimugwanira okufuga okutuusa Iw'alissa abalabe bona wansi  
webigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggyibwawo; kwe  
kufa."

Ng'obutakkiriza bwe kwaleeta okufa awo okukkiriza enjiri  
n'obugonvu ng'obatizibwa n'okweyongera okukola obulungi  
bireeta obulamu obutaggwaawo.

Okubikkula Kw'entegeka ya Katonda omubala gw'obulokozi  
gujjira mu ngeri nnyingi. Esinga ku zino zonna ye y'okusoma  
ku mpisa z'abantu abalondemu abaali abalungi oba; ababi mu  
bulamu bwaabwe obw'obukkiriza (kwe kugamba abo abak-  
kiriza n'e bagondera Katonda, oba abo abatatuukiriza kino).  
Eri bangi ku abo abakkiriza yabasuubiza ebintu ebikulu ennyo  
bye tujja okuba nga tutunuulako mu ssomo lino ate era ne mu  
massomo aganaddirira.

Mu ssomo lino tujja kutunulako ku bantu babiri abakulu,  
nga bombi bano kyakulabirako ekikulu eri okukkiriza era  
ng'ebikwata ku bulamu bwaabwe byawandiikibwako mu kitabo  
eky'olubereberye.

## NUUWA

Ng'abazukulu b'Adamu ne Kaawa bwe beeyongera okuba  
abangi ennyo, embeera y'ekibi gye baasikira okuva ku baza-  
dde baabwe, yatandiika okweyoleka mu bo. Oluberyeberye  
essuula 6 egamba "Mukama n'alaba obubi bw'omuntu nga  
bungi mu nsi na buli kufumiitiriza kw'ebirowoozo eby'omu mu-  
timi gwe nga kubi kwereere bulijjo." (Oluberyeberye 6:5).

Eyo ye yali embeera y'omuntu: "Mukama ne yejjusa kubanga  
yakola omuntu mu nsi, n'anakuwala mu mutima gwe." (Olu-  
beryeberye 6:6). Nuuwa ye yali omuntu yekka Katonda gwe  
yasanyukira (laba Oluberyeberye 6:8, 9) . Katonda n'asalawo  
okuzza ensi ye obuggyaa era akozese Nuuwa mu kigendererwa  
kino. "Katonda n'agamba Nuuwa nti enkomerero yabuli eki-

*rina omubiri etuuse mu maaso gange, kubanga ensi ejjudde eddalu ku lwabwe, kale, laba, ndibazikiriza wamu n'ensi"*  
(Oluberyeberye 6:13).

## AMATABA

Katonda yasalawo okusindika amataba ku nsi buli kintu ekirina omukka gw'obulamu nga muno mwotwalidde omuntu kizikirire. Ebyawandiikibwa mu kitabo eky'oluberyeberye ebikwata ku mataba abantu babitwala ng'olufumo obufumo. Naye bwe twekenneanya obulungi tukizuula nti waliwo obukakafu bungi obw'abannasaayansi obukakasa eby'awandiikibwa mu Baibuli. Baibuli ekozesza ebyawandiikibwa ku mataba okusomesa ku mpisa. Obulamu obwa Nuuwa bulaga eky'okulabirako ekirungi eri obukkiriza ng'obugeraageranyizza n'obutali bukkiriza obw'omulembe guno.

## EKISUUBIZO EKYA KATONDA

Mukama Katonda mu kiseera kino yalangirira nti talid-damu nate okuzikiriza ensi n'amataba. Katonda alina entegeka n'ensi eno, era yasuubiza nti ekiseera kyonna embera y'ensi ejja kukyukanga bulijjo era nti emisana n'ekiro bijja kuddinjanangako awatali kutetenkaganyizibwanga mu ngeri ng'eno nate. (Oluberyeberye 8:21, 22).

## BATONO ABALILOKOLEBWA

Eky'okuyiga ekirala mu kyawandiikibwa kino ge mazima ga Baibuli nti batono abeetegefu okukkiriza Katonda era n'olwekyo batono abalilokolebwa. Enkola eno, eyolesebwa ennyo mu lugero olw'amataba (1 Peetero 3:20), eraga obulokozi obusingawoko eri okuva mu kufa emirembe gyonna. Yesu Kristo agamba nti;

*"Muyingire mu mulyango omufunda; kubanga omulyango omugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayin-giramu bangi kubanga omulyango omufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo n'abo abaliraba batono."*  
(Matayo 7:13, 14).

Kino n'eb yokulabirako ebirala bingi mu Baibuli bireeta-wo okubuu sabuusa eri eddini ez'ensi ezigamba okubeera n'abagoberezi enkumu. Baibuli esomessa nti obulokozi okuva eri okufa okw'oluberera bwa kinoomu, nga era batono ababarde bategekebwa era ate abetegegef u okukkiriza okuso-moozebwa ebyo Katonda byayagala – omulyango omufunda, ogw'akanyigo ogw'obukiriza.

## IBULAYIMU

Ibulayimu kya kulabirako ekisinga eky'omuntu eyali omwetegegef u okukkiriza: n'awangula okugezesewa okungi olw'okukiriza; kwe yalinakwo.

Saayansi ku Byasigalira Eby'edda Aleetera Baibuli Okuba Enamu.

Ibulayimu yabeerawo emyaka 2000 nga Yesu tannazaalibwa mu kibuga eky'edda ekiyitibwa Uli, ekyali kibeera okumpi n'omutwe ogwa Pasiya. Awaabeeranga Uli wazuuliddwa abanoonyerezi bo ku by'edda mu biseera byaffe bino. Bye bavumbula biraga nga ekibuga ky'ali ekimu ku kitundu eby'abantu abakulakulana mu bugunjufu abaasobolanga n'okuzimba agayumba aganene ennyo, embiri n'eyeekalu era ne mu kukola emirimu egy'ewuunyisa eby'ebi'emikono.

Okunoonyereza ku by'edda kuyamba mu kusoma okwa Baibuli nga kutuwa ekifaananyi ku eby'emirembe egayita. Era kuyamba okusiima eri okukkiriza kwa Ibulayimu okunene, kubanga Katonda yamulagira "*Va mu nsi eno era awali ekika kyo n'eniyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga*" (Oluberyeberye 12:1).

Okusinziira ku by'abanoonyereza ku by'edda tutegeera nti Katonda yali agamba Ibulayimu okuleka obulamu obw'okweyagala n'emirembe ayolekere emitawaana egitamanyiddwa, nga Mukama yekka yagenda okubeera omukulembeze we. Obutafananako ng'Adamu ne Kaawa, ye Ibulayimu yakkiriza era yagondera Katonda.  
"Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa n'awulira n'okugenda

n'agenda mu kifo kye yali agenda okuweebwa okuba omusika n'avaayo nga tamanyi gy'agenda" (Abaebbulaniya 11:8).

## EBISUUBIZO ERI IBULAYIMU

Okukkiriza okwa Ibulayimu kwazimbibwa ku bisuubizo eby'omukisa ebyaddirira Katonda kye yalagira. Yakimanya nti Katonda owaamaanyi era asinga obugezi; omutonzi, bw'asuubiza kale biteekwa okutuukkirira. Katonda yamugamba nti;

*"Nange ndikufuula eggwanga eddene, era nakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo, era beeranga mukisa gwe. Nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa n'oyo anaakukolimiranga namukolimiranga nze ne mugwe ebika byonna ebyo mu nsi mwe biriweebwa omukisa"*  
(Oluberyeberye 12:2, 3).

Mu bulamu bwe bwonna obuwantu, Ibulayimu, ebisuubizo bino. byamuddirwamu emirundi mingi era buli mulundi ekintu ekipyia kyayongezebwangako ku ebyo ebyasooka.

Olw'ekigedererwa eky'essomo lino tujja kutunuulira ku bintu ebisinga obukulu mu bisuubizo bino w'emitwe gino;

1. Ezzadde lya Ibulayimu liritwala ensi ya Kanaani
  2. Ezzadde lya Ibulayilmu okufuuka eggwanga eddene.
  3. Amawanga gonna galiweebwa omukisa mu omu ku zzadde lya Ibulayimu.
1. Ezzadde lya Ibulayimu Liritwala Ensi ya Kanaani

Ensi Katonda gye yamala n'atwalamu Ibulayimu yayitbwanga Kanaani mu mirembe egy'edda. Kye kitundu ennaku zino ekirimu ebibuga nga Lebanon, Isiraeri, Siriya ne Yorodan ku nkomerero ey'ebuvanjuba w'e nnyanja Ayabamed (Oluber-bery 15:18).

Ibulayimu bwe yatuuka e Kanaani, Katonda yamugamba "Ezzadde lyo ndiriwa ensi eno" (Olubereberye 12:7)  
Ekisuubizo kino nate kyaddibwaamu omulundi ogw'okubiri:

*"Kubanga ensi yonna gy'olabye, ndigiwa ggwe n'ezzadde lye emirembe gyonna?"* (Olubereberye 13:15).

Weetegereze ebigambo "eri ggwe" ne "emirembe gyonna". Singa tezaali nsonga ebiiri zino enkulu twandirowoozezza nti ekisuubizo kyali kitegeeza obuwanguzi n'okutwalibwa kwa Kanaani ne Isiraeri mu mirembe egy'edda nga bwe kyawandikibwa mu kitabo kya Yoswa.

Naye kino kyali kitundu butundu ekyatuukirizibwa kubanga ekisooka ekisuubizo kyali eri Ibulayimu n'eri ezzadde lye, ate eky'okubiri, okutwalibwa Kanaani kwali kw'a kweyagalirwamu emirembe n'emirembe.

Ku nsonga esooka Baibuli etegeeza nti Ibulayimu bwe yaali mu Kanaani yali ng'Omubudami ow'ennaku zino era nti mu-kazi we bwe yafa yagula buguzi ekifo eky'okumuziikamu oluvannyuma naye yafa nga tafunye kya musuubizibwa eky'obusika bw'e nsi (Ebikolwa by'Abatume 7:2-5).

Ku nsonga ey'okubiri kitegeerekeka bulungi nti Ibulayimu kalibeere ezzadde lye, eggwanga lya Isirayiri, abamaze ebiseera byabwe ebisinga obungi nga bali mu buwawanguse tafunanga obutuuze mu Kanaani obw'emirembe n'emirembe. Kyetaa-gisa okuzuukira okwa Ibulayimu mu kukkiriza n'obugonvu eri amateeka ga Katonda. Oluvannyuma Iw'o kuzuukira bo, ng'abatalina emibiri egifa balistikira Kanaani emirembe gyonna (Matayo 8:11)

Amazima gano gagya kweyongera okutegeerekeka obulungi nga tutunulako ku bisuubizo ebirala.

### Ezzadde Lya Ibulayimu Okufuuka Eggwanga Eddene

Ekisuubizo kino kisangibwa mu byawandiikibwa byonna mu bulamu bwa Ibulayimu bwonna. Ng'era ekitundu ekisinga ku kyo kituukirizibwa nga Baibuli bweraga (Olubereberye 12:2, 13:16,15:5;22:17).

Ekitabo eky'Olubereberye kitegeeza nti omwana wa Ibu-

layimu Isaaka ne muzzukulu we Yakobo (oyo oluvannyuma eyatumibwa Isiraeri) bafuuka bajjajja abasookera ddala ab'eggwanga lya Isiraeri. Babeera mu Kanaani okutuusa mu biseera eby'enjala Yakobo, bwe yatwala ab'ennyumba ye mu Misiri.

Ekitabo eky'okuva kitubuulira nga ezzadde lya Yakobo bwe lyeyongera ne bafuuka eggwanga erisukka mu bukadde obubiri ne bafuuka abaddu mu Misiri. Mu mwaka 1500 nga Yesu tannazaalibwa, Katonda yatuma Musa okubanunula abatwale mu Kanaani.

Ekitabo ekya Yoswa omusika wa Musa, kitegeeza engeri ebika kumi n'ebibiri gyebawangulamu aba Kanaani. Ebitabo ebidirira ebya Baibuli byogera ku ngeri eggwanga lya Isiraeri gy'eryeyongeramu okutuusa mu kyasa 1000 nga Yesu tanaazaaliwba, bwe lyafuuka eggwanga ery'amaanyi n'ettutumu mu mulembe ogwa kabaka Daudi ne Sulemaani.

#### ENDAGAANO EMPYA ENNYONYOLA EKISUUBIZO

Baibuli eraga nti oluvannyuma Iwa Sulemaani okufa, eggwanga lya Isiraeri lyaddirira n'oluvannyuma ne liwanjjangusibwa okuva mu Kanaani kubanga abantu mukutwaliza awamu, baalina obutakkiriza n'obutali bugonvu eri Katonda (Ekyamteeka Olw'okubiri 28:15-68).

Mu ndagaano empya mwetusanga okunnyonnyolwa okw'enjawulo ku kisuubizo eri Ibulayimu. Mu bbaluwa eri Abaruumi omutume Paulo akiraga bulungi nti "abavu mu Isiraeri, si be Baisiraeri bona, so si kubanga lye zzadde lya Ibulayimu kyebava babeera abaana bona" (Abaruumi 9:6, 7).

Kino kyanjula enkola enkulu erina okugobererwa eyogeddwa-ko mubufunze ku ekyasuubizibwa ekisoose. Eggwanga eryali ligenda okusibuka mu Ibulayimu lyali siryabo ab'olulyolwe abataalina kukkiriza, naye abo abalaga okukiriza ng'okwa Ibulayimu. Mu buli mulembe mubaddemu batono naye bwe balizuukira okuva mu bafu, nga Yesu akomyewo, balikungany-

izibwa wamu ng'eggwanga eddene.

Awo Ibulayimu n'alyoka alaba ezzaddelye, eritafa nga yeebaza Katonda olw'obulokozi bwaabwe, nga bali ekibiina ekinene ekiva mu mawanga gonna n'ennimi zonna era ne mu bantu bona nga tewali asobola okukibala (Okubikkulirwa 7:9). Awo ekisuubizo kirituukirira mu ngeri ey'ewuunyisa okusingako nga bwe kyali ku luli.

### 3. Mu omu ku Zzadde Lya Ibulayimu Ebika Byonna Mwebiriweerwa Omukisa

Naye ate abantu tebannaba kufuna omukisa omunene ogus-inga gyonna, ekisuubizo kino kwe kyesigamiziddwa okununulibwa okuva mu kikolimo eky'ekibi n'okufa. Baibuli egamba nti ekiseera kijja "*Ensi yonna erijjula ekitiibwa kya Katonda*" (Okubala 14:21).

Ekitiibwa kya Katodna kitono nnyo mu nsi kubanga omuntu akola ebitali bya butuukirivu at'ekibi n'okufa bikyaliwo. Enkyukakyuka ennene kituufu yeetaagisa okuleetawo ekiseera eky'ewuunyisa eky'omukisa kye tusomako mu bunnabi obungi obwa Baibuli (Zabbuli 72, Isaaya 32). Kebeere nga yenkana wa obunene, enkyukakyuka eno eribeerawo ddala. Buno bwe bubaka bw'enjiri, esomesebwa mu Baibuli yonna. Batono nnyo abakimanyi nti ekisuubizo ekyaweebwa Ibulayimu emyaka 2000 nga Kristo tannabeerawo gwe musingi ogw'enjiri!

*"N'ekyawandiikibwa bwe kyalaba edda Katonda bwaliwa amawanga obutukirivu olw'okukkiriza ne kibuulira Olubereberye Ibulayimu enjiri nti mugwe amawanga gonna mwe galiwerwa omukisa"* (Abaggalatiya 3:8).

## YESU KRISTO – EZZADDE LYA IBULAYIMU

Ekinyusi ky'enjiri era n'olwekyo eky'ebisuubizo eri Ibulayimu ye Yesu Kristo. Lye zadde lya Ibulayimu erisinga obuku-lu. Endagaano empya eggulawo n'ebigambo bino. "Ekitabo

*eky'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo omwana wa Daudi omwana wa Ibulayimu*" (Matayo 1:1).

Era kigenda mu maaso n'olulyo okutuuka ku Yesu asibuka mu Ibulayimu n'omubala guno gusangibwa mu Ndagaano empya yonna. Paulo annyonnyola mu bbaluwa ye eri Abaggalatiya nti omuzukulu omu yayogerwako mu kisuubizo era nti omuzukulu ono ye Yesu. "*Tayogera nti n'eri abazzukulu nga bangi naye n'omu nti eri omuzzukulu wo, ye Kristo*" (Abaggalatiya 3:6).

Yesu abikulwa nga si mwana wa Ibulayimu ow'omumusaayi kyokka naye, mu bbaluwa yenyini eyo eri Abaggalatiya kigambibwa nti "*Kale mutengeere nga abayima mu kukkiriza be baana ba Ibulayimu*" (Abaggalatiya 3:7).

Bwetujjukira okuvuunula okwa Baibuli okwe kigambo okukkiriza ng'okukkiriza n'okungodera Katonda (obutakola kibi) kitegerekeka bulungi nga Yesu ye yali asinga mu abaana ba Ibulayimu bona bona. Ye yekka eyali assobola okubulira abalabe be nti "*Ani ku mwe annumiriza ekibi?*" (Yokaana 8:46). Obubaka obukulu obw'endagaano empya buli nti Yesu olw'okukkiriza kwe yawangula ekibi kale "*eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri*" (2 Timosewo 1:10).

## ENJIRI YABUULIRWA AMAWANGA GONNA

Mu biseera eby'endagaano enkadde amawulire ag'obulokozi (Enjiri) gaali ng'ekirabo eky'obusika eri eggwanga lya Isiraeri, naye ne balemererwa okwanukula eri obwetaavu bw'okukkiriza n'obugonvu eri Katonda. Awo Yesu najja n'asindika abayigirizwa be okubulira enjiri ey'obulokozi eri buli ggwanga (Makko 16:15).

Bangi baalaba kino ng'okutuukirira okw'e kisuubizo kya Katonda nti amawanga gonna galiwebwa omukisa mu Yesu Kristo, omuzzukulu wa Ibulayimu. Wewaawo, kino kyalii kitundu kyokka, newankubadde nga kikulu mu ntegeka ya Katonda okujuza ensi n'ekitiibwa kye. Yesu yakimanya nga batono

abalikkiriza amawulire gano, kubanga kyetagisa okuyingira mu kkubo effunda ery'okukkiriza, era newankubadde nga kati emyaka 2000 egiyiseewo, okubuulira okw'enjiri tekuletangawo okuweebwa kw'omukisa eri ensi yonna.

## OBWAKABAKA BWA KATONDA KU NSI

Ekiseera kino eky'ekitiibwa kijja! Yesu alikomawo ku nsi okuzuukiza abo abasaanidde nga muno mwe muli n'abo "abayam-bala Kristo" era abo abasika ne Ibulayimu ng'okusubiza bwe kwali (Abaggalatiya 3:27-29). Mu kiseera ekkyo omukisa ggwa Ibulayimu gujja eri amawanga gonna mu muzzukkulu we Yesu Kristo. (Abaggalatiya 3:14). Yesu aliba Kabaka eri ensi yonna n'obwakabaka bwa Katonda bulissibwawo obulireetawo ekiseera eky'omukisa mu nsi ekitalabikangako. Olw'ekyo abaKristayo bona basomesebwa okusabanga nti: "*Obwakabaka bwo bujje, byoyagala bikolebwwe mu nsi nga bwe biri mu ggulu*" (Matayo 6:10).

## MU BUFUNZE

1. Ekisuubizo eky'okununulibwa okuva mu kibi n'okufa kyakolebwaa amangu nnyo nga Adamu ne Kawa bagudde (boonoonye)
2. Entegeka ya Katonda ey'obulokozi ebikkulibwa mu bisuubizo by'eyakola eri abakkiriza.
3. Ekyawandiikibwa eky'amataba kiraga nti batono abalilokolebwaa.
4. Ebivumbuliddwa n'abanoonyereza ku by'edda bikakasa obutuufu bwa Baibuli.
5. Katonda yakola ebisuubizo ebikulu eri Ibulayimu olw'okukkiriza kwe.
6. Tewali n'ekimu ku bisuubizo bino ekyatuukirizibwa kyoknna mu bujjuvu.

7. Ebisuubizo byonna biranga Yesu eyawangula ekibi n'okufa.
8. Yesu Kristo ayinza okulokola mu kufa okw'olubeerera abo bona abalinga Ibulayimu, abakkiriza ne bagondera Katonda.
9. Ebisuubizo birituukirira nga Yesu akomyewo ku nsi okussaawo obwakabaka bwa Katonda.
10. Obwakabaka bwa Katonda bulireetawo ekiseera eky'omukisa ku nsi, eryoke ejjule ekitiibwa kya Katonda.

## EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Olubereberye 6, 12, 13, 15, 17, 22

Ekyamateeka Olw'okubiri 28

Zabbuli 72 Isaaya 32 Yokaana 8 Ebikolwa By'Abatume 7

Abaruumi 4 Abaggalatiya 3 Abebbulaniya 11

## **EBIBUUZO KU SSOMO 5**

Saza ku ky'okuddamu ekituufu ku buli kibuuzo.

1. Erinnya ery'omusajja Katonda gwe yasanyukira ennyo nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo eky'olubereberye 6:9 ye ani?

- A. Adamu
- B. Nuuwa
- C. Enoka
- D. Abeli

2. Engeri ki Katonda gye yazikirizamu abantu okusinzira ku ky'awandiikibwa mu kitabo eky'olubeereberye essuula 6 okutuuka ku 8?

- A. Musisi
- B. Enjala
- C. Amataba
- D. Obulwadde

3. Bantu bameka abawonyezebwa okuzikirira okuli mu kitabo eky'olubereberye essuula 6 okutuuka ku 8?

- A. 8
- B. 18
- C. 88
- D. 80

4. Abantu abatuukirivu bawonyezebwa batya okuzikirira okuli mu kitabo eky'olubereberye essuula 6 okutusa 8?

- A. babeera mu lyato
- B. Katonda yabakweka
- C. baabeera ku lusozi oluwanvu
- D. Katonda yabatwala

5. Ibulayimu yali abeera wa nga Katonda tanayogera naye?

- A. Babuloni
- B. Beserri
- C. Soddomu
- D. Uli

6. Nsi ki Katonda gye yatwalamu Ibulayimu?

- A. Misiri
- B. Kanaani
- C. Edomu
- D. Salemu

7. Enjiri yabuulirwa Ibulayimu?

- A. yee
- B. nedda
- C. oba olyawo
- D. tetumanyi

8. Ibulayilmu alifuna ddi okutuukirira kwe bisuubizo Katonda bye yamusuubiza?
- A. tetumanyi
  - B. nga Yesu akomyewo ku nsi okussawo obwakabaka bwa Katonda
  - C. yamala okubifuna
  - D. Ibulayimu yafa kale no talifuna okutuukirira okw'ebisuubizo
9. Ye ani ku bazzukulu ba Ibulayimu asinga obukulu?
- A. Yuda              B. Yakobo
  - C. Yozefu            D. Yesu
10. Biki ebisatu Katonda byeyesuubiza Ibulayimu ku bino:
- A. ezzadde lye lirisikira ensi ya Kanaani
  - B. ajja kubeera emirembe gyonna mu ggulu
  - C. ezzadde lye lirifuuka eggwanga eddene
  - D. ajja kufuna obugaga obwa mangu
  - E. mu omu kuzadde lye amawanga gonna mwegaliwerwa omukisa
  - F. abazzukulu be bona bajja kubeera abatuukirivu eri Katonda
  - G. abazzukulu be bona banajjukiranga bulijjo okukkiriza kwa Ibulayimu

## **ESSOMO 6**

### **MUKAMA YESU CHRISTO**

Essomo lino lijja kutunula ku Mukama Yesu Kristo – ekinyusi eky'ekigendererwa kya Katonda. Yesu ly'erinnya eryaweebwa omwana omuto eyazaalibwa mu Beselekemu emyaka 2000 egiyise. Erinnya litegeeza omulokozi era lyamuweebwa nga malayika bwe yalagira: “*naawe olimutuuma erinnya lye YESU*” kubanga ye, yalirokola abantu be mu bibi byabwe (Matayo 1:21). Kristo kituibwa era kitegeeza “*ofukiddwako amafuta*” Yesu yali Kristo nga era ne Yokaana bwe yali amanyiddwa nga omubatiza.

#### **EKIGENDERERWA KYA KATONDA MU NTANDIKWA**

Mu ssomo eriyise kyalabiddwa nga Katonda bwe yategeka okuva ku ntandiikwa, mu Adeni okuleeta omulokozi, oyo eyali ow'okuwangula amaanyi ag'ekibi. Essomo liraze nti oyo ali-reeta omukisa ku bika eby'abantu wakubeera wa lulyo Iwa Ibulayimu. Maliya yakimanya nga omwana we ye yali oyo, era yayimba nti:

*“Emmeeme yange etendereza Mukama, n’omwoyo gwange gusanyukidde Katonda omulokozi wange....abedde Isiraeri omuddu we ajjukire ekisa kye (nga bwe yagamba bajajjaffe) eri Ibulayimu n’ezzadde lye, emirembe gyonna”*  
(Lukka 1:46, 47, 54, 55).

#### **EBISUUBIZO EBIRALA**

Nabbi Danyeri yayogera ku kiseera Masiya walirabikira. Nabbi Miakaaya yawandiika ku kifo kye eky'okuzaalibwamu. Matayo awandiika ku kukyala okw'abasajja abagezigezi eri Kerode. Weegendereze mirundi emeka Matayo gy'awandiika nti bino by'abeerawo olw'okutuukirizibwa mu ndagaano enkadde ne bannabbi (Matayo 1:22, 2:5, 15).

Kyali kigenderererwa kya Katonda okuva ku ntadikwa okusindika Yesu, era ekiseera bwe kyatuuka ekigenderererwa kya Katonda, ne kissibwa mu nkola, Yokaana yawandiika, “*Kigambo n’afuuka omubiri n’abeerako gye tuli*” (*ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng’ekyoyo eyazaalibwa omu yekka kitaffe*), *nга ajjudde ekisa n’amazima*” (Yokaana 1:14).

## LWAKI YESU YAJJА?

Akanyiriri akamanyiddwa obulungi ketumaze okujulizaako mu misomo gino kagamba: “*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw’atyo n’okuwaayo n’awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeera n’obulamu obutaggwaawo*” (Yokaana 3:16).

Yesu yaweebwa eri ensi ne Katonda. Malayika Gabulyeri yalabikira Malyamu okumubuulira nti ajja kuzaala omwana ow’obulenzi. Malyamu n’amubuuza nti kino kisoboka kitya; nga bwe yali tamanyi musajja. Malayika n’amuddamu nti: “*omwoyo omutukuvu alikujjira n’amaanyi g’oyo ali waggulu ennyo galikusiriiza era ekyo ekirizaalibwa kye kiriva kiyitiibwa ekitukuvu; omwana wa Katonda*” (Lukka 1; 35). Kino nakyo kyali kirangiriddwa bannabi nga Matayo bw’awandiika (Matayo 1; 22, 23).

## SSADDAAKA

Olina okujjukira nti mu biseera eby’endagaano enkadde ensolo zaasadaakibwanga okusobola okujjukiza ekiva mu kukola ekibi n’engeri y’okulokolebwa. Omuntu eyawangayo yajjukiranga nti okufa kwe kuva mu mpeera y’ekibi ng’ebiseera ebirala alina okwefaanaanyiriza okufa okw’ensolo eyo ng’akabonero akalaga ensonga enkulu eno (Eby’Abaleevi 1:3, 4). Paulo yawandiika “*Empeera y’ekibi kwe kufa*” (Abaruumi 6:23). Mu bbaluwa eri Abebbulaniya ensonga ssatu ku biweebwayo zanjuwlwa bulungi:

1. Ssadaaka z’omu ndagaano enkadde zajjukiza nga nti ekibi kireeta okufa (Abebbulaniya 10:3).

2. Ng'ensolo bwe zaali tezikoze kibi, kale zaali ng'akabonero k'ensomesa eno nti: "Kubanga amateeka bwe galina ekisiikirize eky'ebirungi ebyali bigenda okujja, so si ki-faananyi kyennyini eky'ebigambo ne ssaddaaka ezitajjulukuka ze bawaayo obutayosa buli mwaka tebayinza ennaku zonna kutuukiriza ebyo abazisemberera" (Abebbulaniya 10:1).

3. Ssaddaaka ez'ensolo zaali teziggyaawo kibi "kubanga tekiyinzika omusaayi gw'ente ennume n'embuzi okuggyawo ebibi buli mwaka" (Abebbulaniya 10:4). Baibuli ekiraga awatali kubuuusabuusa nti ekyo ssaddaaka ez'ensolo kye zaali tezisobola kukola Yesu yakikola ng'awaayo obulamu bwe nga Ssadaaka eyenkomeredde. "Naye oyo bwe yamala okuwaayo ssaaddaaka emu olw'ebibi ey' emirembe gyonna n'alyoka atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda" (Ababbulaniya 10:4).

## OKUTANDIKA OKUPYA

Baibuli eraga nti ng'Adamu bwe yaleeta ekibi n'okufa mu nsi ku lw'obutagondera mateeka, so Yesu ku lw'obulamu bwe yaleeta obulamu n'obutafa eri omusana (2 Timoseewo 1:10). Kubanga Yesu teyayonoona, bwe yafa tekyasoboka amagombe okumunyweza (Bikolwa By'Abatume 2:24). Katonda yamuzuukiza okuva mu bafu.

Okugeraageranya wakati w'ekyava mu kwonoona kw'Adamu n'ekyava mu bugonvu obwa Yesu. Kyogerwako emirundi mingi: nga "Ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bona, kubanga bona baayonoona." Kubanga ng'olw'obutawulira bw'omuntu omu olwo abangi balifuuka ababi bwe kityo n'olwokuwulira kw'oyo omu abangi balifuuka abatuukirivu, ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa; era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuge olw'obutukirivu okuweesa obulamu obutaggwawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama Waffe (Abaruumi 5:12, 19, 21).

Nga bwe tugoberera engeri eyateekebwawo Adamu bwe tutyo bwe tuyinza okwetaba mu ngeri eyassibwawo Yesu. Tuyinza

okwetaba mu bulamu bwe yaleeta. Kubanga nga mu Adamu bona bafa bwe kityo mu Kristo bona balibeera balamu (1 Abakkolins 15:22).

## OKUKKIRIZA KWETAAGISA

Essomo ery'okuna linnyonnyodde nti omuntu alina okufa era nti okukkiriza kwetaagisa asobole okwetaba mu bulamu Katonda bwawa. Essomo eryo liraze nti kino kisoboka olw'omulimu ogwa Yesu. "*Empeera ey'ekibi kwe kufa naye ekirabo ekya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama Waffe*" (Abaruumi 6:23).

Kale obulokozi Katonda bwagaba buliko akakwakkulizo, "*Katonda bwatyo bweyayagala ensi n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka nti buli amukkiriza aleme kubula.....*" (Yokaana 3:16). Eno y'ensonga Iwaki omwana wa Katonda yayitibwa Yesu. "*Alirokola abantu be okuva mu bibi byabwe*" (Matayo 1:21).

## OMULIMO GWA YESU KATI

Olwamala okuzuukira Yesu yalinnya mu ggulu. Bwe yali ng'alinnya mu ggulu bamalayika babiri baalangirira nti alikomawo. "*Oyo Yesu abaggyiddwako okutwalibwa mu ggulu alija bw'atylo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu*" (Ebikolwa By'Abatume 1:11).

Peetero yagamba nti Yesu waakusigala mu ggulu okutuusa "*Ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama*" (Bikolwa By'abatume 3:19-21). Yesu alikomawo okutuukiriza byonna ebyasigalira ku kigendererwa kya Katonda muye. Naye kati ye mutabaganya ali wakati wa Katonda n'abantu, ayoogerwa-ko nga kabona omukulu atuwolereza eri Mukama Katonda. "*Waliwo Katonda omu n'omutabaganya omu wakati wa Katonda n'abantu omusajja Yesu Kristo*" (1 Timoseewo 2:5).

Ebbaluwa eri Ababbulaniya ennyonnyola nti kubanga Yesu yali ku nsi mu bulamu bwe era n'aba nga "*baganda be mu buli ngeri yonna*" (Abebbulaniya 2:17) asobola okumanya bwe tuli

era atukwatira ekisa eri ebyetaago byaffe: "Kale bwe tulina kabona asinga obukulu omunene, eyayita mu ggulu Yesu omwana wa Katonda, tunywezenga okwatula kwaffe tetulina kabona asinga bukulu atayiza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe" (Abebbulaniya 4:14, 15).

## MU BUFUNZE

1. Yesu yazaalibwa ku bwa mwoyo omutukuvu eri Malyamu. Kale n'olwekyo mwana wa Katonda.
2. Erinnya Yesu litegeeza omulokozi era kyali ekigendererwa kya Katonda okuva ku ntandiikwa okuleetawo engeri ey'okuwonya omuntu ebyo byonna ebiva mu kwonoona kwe.
3. Empeera ey'ekibi kwe kufa. Essaddaaka ey'e nsolo kyali kujjukizo ekya kino naye nga tesobola kuggyawo ekibi.
4. Yesu ye yali ssaddaaka eteriiko bbala.
5. Yesu kati ali mu ggulu gy'ali nga kabona omukulu ow'ekisa kubanga ategeera bulungi olw'okuba embeera yonna yagirimu eyo gye tuyitamu.
6. Katonda yasuubiza okusindika Yesu Kristo okudda ku nsi okumaliriza ekigendererwa kye muye bwalijja okuba kabaka.

## EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Matayo 1:17-25 ne 2  
Yokaana 1:1-15

Lukka 1:26-38 ne 2  
Abaruumi 5

## **EBIBUUZO KU SSOMO 6**

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu omale obizze ku lupa-pula olwa wakati.

1. Erinnya Yesu Kristo litegeeza
  - A. omulokozi
  - B. eyafukibwako amafuta
  - C. omulokozi afukiddwako amafuta
  - D. afukiddwako amafuta omulokozi
2. Maama wa Yesu ye ani?
  - A. Elizaabesi
  - B. Malyamu
  - C. Massa
  - D. Lusi
3. Kitaawe wa Yesu ye ani?
  - A. Yozefu
  - B. Dawudi
  - C. Ibulayimu
  - D. Katonda
4. Mu Mikaya 5:2 ekifo Yesu kye yazaalibwamu kiweebwa nga
  - A. Nazaleesi
  - B. Beselekimu Efurata
  - C. Beselekemu ekya Yuda
  - D. Galiraaya
5. Ssaddaaka mu ndagaano enkadde
  - A. kyali kijjukizo nti ekibi kireeta okufa
  - B. kyali kyakusanyusa Katonda omunyiivu
  - C. kyali kya buwangwa
  - D. kyali kya bulokozi
6. Lwaki Yesu yajja emyaka 2000 egiyise?
  - A. okulokola Abayudaaya
  - B. okubeera ssaddaaka eyenkomeredde ey'ekibi
  - C. okuliisa abanaku
  - D. okuleetawo obwakabaka obwa Katonda
7. Yesu aliwa kati.....
  - A. mu magombe
  - B. mu ggulu
  - C. ku nsi eno
  - D. tetumanyi

8. Yesu Kristo alikomawo ku nsi?
- A. yee                      B. nedda  
C. tetumanyi              D. oba olyawo
9. Yesu akola ki kati?
- A. afuga obulamu bwaffe  
B. akola nga kabona omukulu eri Katonda  
C. afuga gavumenti        D. tetumanyi
10. Ekirabo ekya Katonda mu Kristo Yesu kye ki?
- A. enkulaakulana  
B. obulamu obutaggwaawo mu biro ebijja  
C. obulamu obuwanzu kati  
D. eddembe n'obutebenkevu kati

## **ESSOMO 7**

### **EBISUUBIZO BYA KATONDA ERI DAUDI**

Katonda yasuubiza Ibulayimu nti mu ye ne mu zzadde lye amawanga gonna ag'ensi mwe galiweerwa omukisa. Essomo ery'okutaano liraze nga omuzzukulu omu oyo alireeta omukisa ku nsi; ye Yesu. Eno y'ensomesa y'endagaano empya (Abag-galatiya 3:16).

Ibulayimu akozesebwaa ng'eky'okulabirako eri okukkiriza era tubuulirwa nti bwe tuba nga twagala okulaga okukkiriza kwaffe tulina okweyisa nga Ibulayimu bwe yakola: nga twesiga Katonda n'okugondera enkola ye.

Eggwanga erya Isiraeri abaava mu Ibulayimu baali baddu mu Misiri. Musa yabakulembera okuva mu Misiri oluvannyuma Iwa kawumpuli ow'emirundi ekkumi okukkirizisa Abamisiri nti waliwo Katonda mu ggulu afuga ebyokunsi. Ekitabo eky'Okuva kitubuulira ku bintu bino. Olwava e Misiri abaana ba Isiraeri baagenda mu nsi ey'e Kanaani Ibulayimu gye yabeerangamu. Kabaka waabwe eyasooka yali Saulo n'ow'okubbiri yali Daudi, eyawandiika Zabbuli ezisinga obungi.

### **EKISUUBIZO ERI DAUDI**

Mu Zabbuli Dawudi agamba nti Katonda yamuwa ekisuubizo eky'enjawulo, "Mukama yalayirira mu Dawudi mu mazima talikyuka kugaleka ku bibala eby'omubiri gwo nditeeka ku ntebe yo" (Zabbuli 132:11).

Dawudi obwakabaka bwe, bwe bwassibwako era n'eggwanga nga liri mirembe, yayagala okuzimbira Mukama Yeekaalo oba ennyumba ey'okusinzizaamu Katonda. Nnabbi Nasani yatumibwa eri Dawudi okumubuulira nti newankubadde Katonda teyayagala ye okumuzimbira ennyumba, Katonda aligulumiza ennyumba eya Dawudi ey'obwakabaka era omu ku mwana we ye alifugira ku ntebe ye emirembe gyonna.

*"Ennaku zo bwe ziriba nga zituukiridde naawe nga weebak-idde wamu ne bajjajaabo, ndissaawo ezzadde lyo eririddawo eririva mundayo era ndinyweza obwakabaka bwe era ndiny-weza entebe ey'obwakabaka bwe ennaku zonna" (2 Samwiri 7:12, 13, 16).*

Waliwo ensonga ssatu enkulu mu lunyiriri luno:-

1. Nnaabbi teyategeeza Sulemaani, omwana wa Dawudi, kubanga Katonda yagamba nti "Entebe eyobwakabaka bwe" erinywezebwaa ennaku zonna. Newankubaade nga Sulemaani yamanyibwa olw'obugaggabwe n'amagezi, teyafuga ennaku zonna, mu lunyiriri olwe 14. Nasani Nnabbi abuulira Dawudi nti Katonda yaliba kitaawe wa kabaka alimuddirira. Nze ndiba kitaawe naye aliba mwana wange (2 Samwiri 7:14)
2. Kabaka alifugira ku ntebe eya Dawudi (2 Samwiri 7:12)
3. Mukama Katonda ategeeza nti alikituukiriza (2 Samwiri 7:12)

#### OKUSOMESA OKWA BANNABBI

Ensonga zezimu zissibwako essira mu Baibuli yonna. Soma ekitundu kino kuva mu kitabo kya Nnaabbi Isaaya ekijulizibwa ku buli ssekukkulu olabe ensonga z'ezimu zino essatu:

*"Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe, omwana ow'obulenzi aweereddwa ffe: n'okufuga kunaabanga kukibegaabega kye; n'erinnya lye liriyitibwa nti wa kitalo, ateesa ebigambo, Katonda ow'amaanyi, kitaffe ataggwaawo omukulu ow'emirembe. Okufuga kwe n'emirembe tebirikoma kweyongeranga, ku ntebe ya Dawudi ne ku bwakabaka bwe okubunyweza n'okubuwaniirira n'omusango n'obutuukirivu okuva leero n'emirembe n'emirembe obunyiikivu bwa Mukama ow'eggye bulituukiriza ekyo" (Isaaya 9:6, 7).*

Ensonga zezimu ziddibwamu:-

1. *"Kubanga obwakabaka bwe....tebulikoma emirembe n'emirembe"*

2. "Ku ntebe ya Dawudi ne mu bwakabaka bwe."
3. "Obunyiikivu bwa Mukama ow'eggye bulituukiriza ekyo."

## YESU YE YASUUBIZIBWA

Tewali kubuuusabuusa eri ani alibeera kabaka omukulu alid-dirira Dawudi. Malayika Gabulyeri yalabikira Malyamu nga Yesu tannaazaalibwa n'amugamba "*Oyo aliba mukulu, aliyiti-ibwa mwana w'oyo ali waggulu ennyo; era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjawe, era anaafuganga ennyumba ya Yakobo emirembe n'emirembe so obwakabaka bwe tebuliggwaawo*" (Lukka 1:32, 33).

Weetegereze nate ensonga z'ezimu essatu:-

1. Obwakabaka bwa kunywezebwaa emirembe gyonna
2. Alifugira ku ntebe eya Dawudi
3. Katonda alikiituukiriza

## OLUYIMBA OLWA MALIYAMU OLW'OKUSANYUKA

Mu ssuula yennyini eyo Lukka awandiika ku luyimba olwekitalo Malyamu mweyasanyukira okutendereza Mukama Katonda olw'ebisuubizo. Eky'okujukira mu kino kiri nti newankubadde malayika yabuulira Malyamu nti omwana yali agenda kuzaalibwa okutuukiriza ekisuubiso kya Katonda eri Dawudi, Malyamu yeebaza Katonda olw'ekisuubizo kye yakola eri Ibulayimu. Ateekwa okuba nga yakitegeera olw'okumanya kwe okweki-gendererwa kya Katonda ng'ebisuubizo bino byombi 'bwe byali bigenda okutuukirira mu muntu omu.

"*Abedde Isiraeri omuddu we ajjukire ekisa kye nga bwe yagamba bajjajjaffe, eri Ibulayimu n'ezadde lye emirembe gyonna*" (Lukka 1 : 54, 55).

## OBWAKABAKA

Tewali kubuuusabuusa nti obwakabaka Yesu bwe yajja okubu-ulirako bwali obwakabaka obwa ddala ku nsi. Aliba kabaka

era n'abagoberezi be balifugira wamu naye.

Yesu yategeeza abayigiriza be nti: "Mwe abangoberera mu mazaalibwa ag'okubiri omwana w'omuntu bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye, nammwe multuula ku ntebe ekkumi n'ebbiri nga musalira musango ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri" (Lukka 19:28).

Kyali ekigendererwa kya Katonda okuva mu ntandikwa okujjuza ensi n'ekitiibwa kye n'emirembe:

"Mazima ddala nga bwe ndi omulamu, era ng'ensi zonna bwe zirijjula ekitiibwa kya Mukama" (Okubala 14:21). Kino kiribeerawo nga Yesu akomyewo ku nsi nga Kabaka.

Emu ku nsonga enkulu Peetero ze yawa mu kwogerakwe eriabantu ku lunaku olwa Pentekooti yali nti Yesu ye muzzukulu omukulu owa Dawudi oyo Katonda gwe yasuubiza Peetero yayogera ku Zabbuli eri eranga nti Dawudi yasuubira okunywezebwba okw'obwakabaka ne Yesu Kristo nga Kabaka. "Abasajja abooluganda, nnyinza okwogerera n'obuvumu mu maaso gammwe ebya jjajjaffe omukulu, n'amalaalo ge gali waffe ne kaakano; kale bwe yali nnabbi bwe yamanya nga Katonda yamulayirira ekirayiro, nti mu bazzukulu ab'omutumbwe ze alituzaako omuntu ku ntebe ye" (Ebikolwa by'Abatume 2:19,30)

Omutume era annynnyola nti okuzuukira okwa Yesu ke kabonero ak'amazima nti ebisubizo bya Katonda eri Dawudi byakutuukirira. "Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, fenna ffe bajulirwa"(Ebikolwa By'Abatume 2 : 32).

Peetero yagamba nti Dawudi yategeera ng'ekiseera kirituuka Mukama awo agambe Mukama waffe Yesu Kristo: "Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo – okutuusa lwe nditeeka abalabe bo okuba entebe y'ebigege byo. Omutume n'alyoka agattako nti; kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo Yesu oyo gwe mwakomerera" (Ebikolwa by'Abatume 2 : 34-36).

## OBUKAKAFU OBWA KATONDA

Paulo yayogera ku ssuubi erya Baibuli ery'omuwendo ly'ewa ng'ayogera eri abantu Aba'sseeni mu bigambo bino nti:  
"Kubanga yateekawo olunaku lw'agenda okusaliramu omusango ogw'ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu, bwe yamala okuwa bona ekikkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu"  
(Ebikolwa by'Abatume 17:31).

### Mu bufunze

1. Baibuli ebikkula ekigendererwa kya Katonda eri ensi.
2. Katonda yabuulira Ibulayiramu ne Dawudi nti oyo ekigendererwa kye mwe kirituukirizibwa aliba ow'omunda yaabwe.
3. Yesu ye oyo eyasuubizibwa.
4. Alifugira ensi mu butuukirivu ng'obwakabaka bwa Katonda bussiddwawo.
5. Essuubi lino eryesigamiziddwa ku nsomesa y'endagano enkadde lyali mu bubaka obwa Yesu n'abatume.

## EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Isaaya 11 ne 35, Ebikolwa By'Abatume 2,  
Abaruumi 4, Zabbuli 132, Lukka 19

## **EBIBUUZO KU SSOMO 7**

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu ekya buli kibuuzo.

1. Muzukulu ki owa Ibulayimu alireeta emikisa ku nsi?  
(a) Isaaka (b) Yusufu  
(c) Dawudi (d) Yesu
2. Nsi ki Aba Isiraeri mwe bali ng'abaddu?  
(a) Africa (b) Misiri  
(c) Kanaani (d) Buyitale

3. Kitabo ki mu Baibuli ekitubuuilira ku kununulibwa kwa Isiraeri okuva mu buddu?
- (a) Olubereberye      (b) Okuva  
(c) Abaleevi            (d) Okubala
4. Ani kabaka owa Isiraeri eyasooka?
- (a) Saulo                (b) Dawudi  
(c) Sulemaani           (d) Samwiri
5. Kiki Dawudi kye yayagala okuzimbira Katonda?
- (a) Olubiri              (b) Yeekaalu  
(c) Ekibuga              (d) Wolutari
6. Kiki Katonda kye yasuubiza Dawudi?
- (a) Obugagga obungi  
(b) Obulamu obuwanvu era obulungi  
(c) Nti entebe eyobwakabaka bwe yakunywezebw  
emirembe gyonna.  
(d) Essanyu n'enkulaakulana
7. Nabbi ki owa Isiraeri eyagamba "Era mu kikolo kya Yesse muliva ensibuuko n'ettabi eririva mu mmizi gye liribala ebibala."
- (a) Isaaya                (b) Samwiri  
(c) Obadiya              (d) Koseya
8. Ani muzzukulu owa Dawudi eyasuubizibwa okulya obufuzi bwe
- (a) Sulemaani            (b) Yesu  
(c) Kezekiya             (d) Rekobowamu
9. Obwakabaka bwa Katonda obwasuubizibwa bulibeera wa?
- (a) mu ggulu            (b) ku nsi eno  
(c) mu mitima egy'abantu (d) mu bbanga
10. Kiki ekikakasa nti Katonda alikola ebisuubizo bye ebyo Pawulo bye yayogerako mu Asene (Athens)?
- (a) Ebiro                (b) Okuzaalibwa okwa Yesu  
(c) Emisana n'ekiro     (d) Okuzuukira okwa Yesu

## **ESSOMO 8**

### **OKUZUUKIRA KWA YESU**

Ekigambo okuzuukira kitegeeza “*okuyimuka okuva mu bafu.*” Kikyusiddwa okuva mu kigambo ekkyo Luyoonani “Anastasisi” mu ndagaano empya ekitegeeza “*okuyimusibwa nate.*” Okuzuukira okwa Yesu okuva mu magombe, mazima mu byafaayo omutali kubuuusabuusa. Okufa n’okuzuukira okwa Yesu Kristo kye kinyusi ekikulu mu ekigendererwa kya Katonda ku muntu. Obukristaaayo buzimbiddwa kku kufa n’okuzuukira okwa Kristo mu bafu. Eno ye yali ensibuko ey’amaanyi eri abayigiriza mu mulembe ogw’asooka.

#### **OMUTWE OMUKULU MU NSOMESA EY’ABATUME**

Abatume bwe baalonda anadda mu kifo kya Yuda, baalonda Matiya, gwe baagamba nti ateequa okubeera omu “*ku abo abeere omujulirwa w’okuzuukira kwe awamu naffe*” (Ebikolwa by’Abatume 1 : 22).

Abatume baasibibwanga mu makomera kubanga “*baayigiriza ekibiina era baabuulira ku bwa Yesu okuzuukira mu bafu*” (Ebikolwa by’Abatume 4:2).

Pawulo yatwalibwa mu mbuga ez’amateeka ku “*lw’essuubi n’okuzuukira okw’abafu*”(Ebikolwa by’Abatume 23:6; 24:21).

Ebbaluwa ez’endagaano empya zижуде ensomesa ekwata ku kuzuukira okwa Yesu n’omugaso gwa kwo gye tuli. Kino Pawulo yakissaako essira bwe yagamba nti;  
“*Era n’okukkiriza kwammwe tekuliimu . . . mukyali mu bibi byammwe*” (1 Abakkolinso 15:14, 17).

Lwaki Katonda yazuukiza Yesu?

Amasomo agaasoose galaze omulimu gwa Yesu nga ssadd-aaka ey’ekibi (Abaebbulaniya 9:26). Essomo ery’okuna lin-

nyonnyodde ng'Adamu bwe yaleeta ekibi n'okufa eri abantu ku lw'obujeemu bwe eri amateeka ga Katonda. Mu kuger-aageranya, ye Yesu yagondera amateeeka aga Katonda era n'atabeera na kibi. Essomo ery'omukaaga liraze kino.

Weewaawo okufa okwa Yesu tekwandibadde na mugaso nga ssaddaaka ey'ekibi singa Yesu teyazuukizibwa kuva mu bafu. Yesu "eyazaalibwa omukazi eyazaalibwa ng'afugibwa amateeka" (Abaggalatiya 4 :4), naye yafuna ekikolimo eky'okufa ffenna kye twasikira okuba ku Adamu. Ye ku bubwe teyalina kibi n'olw'ekyo: okufa kwali tekusobola kumufuga: "Okufa tekukyamufuga nate" (Abaruumi 6:9).

## OKWAGALA KWA KATONDA N'OBWENKANYA

Enkola ya Katonda ey'obutuukirivu yali temusobozesa kuleka musajja ng'ono, eyagondera amateekaage, okusigala ng'afugibwa ekibi n'okufa.

Omutume Peetero atubuulira: "Naye oyo Katonda yamuzu-ukiza bwe yaamuwonya obulumi n'okufa; kubanga tekwayinza kumunyweza" (Ebikowla by'Abatume 2 : 24).

Essomo ery'okusatu liraze engeri obwenkanya n'okwagala kwa Katonda okujjuvu n'olw'okwagala kwe eri abantu y'ensonga Iwaki Yesu yazuukira mu bafu; "Kubanga Katonda bwe yaya-gala ensi bw'ati n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo." (Yokaana 3 :16)

Okuzuukira kyali kipyा mu mulembe ogw'abatume?

Tusoma mu Baibuli nti okuzuukira okuba mu bafu lyali ssubi ery'abakkiriza mu mulembe nga Yesu tanaazaalibwa. Y'ensonga Iwaki Yesu yagamba; "Ibulayimu yasanyuka okulaba olunaku Iwange; n'alulaba n'asanyuka" (Yokaana 8:56).

Peetero yajuliza ebigambo ebya Dawudi kabaka owa Isiraeri: "Nnalaba Mukama ennaku zonna mu maaso gange; omutima gwange kye gwava gwesiima, olulimi Iwange ne lusanyuka;

*era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu ssuubi" (Ebikolwa By'Abatume 2:25,26 ne 31 gerangeranya ne Zabbuli 16:8 - 11).*

Ye, (Dawudi) bwe yakirengera kino yayogera ku kuzuukira okwa Yesu Kristo. Dawudi naye yagamba "*Nze amaso go ndigalaba mu butuukirivu; ndimatira bwe ndizuukuka n'ekifaananyi kyo*" (Zabbuli 17 : 15).

Okuzuukira-kutuukiriza Ebisuubizo bya Katonda

Ng'essomo ery'okutaano bwe liraze, Ibulayimu ne Dawudi basuubira okuzuukira okuva mu bafu okusanyukira ebisuubizo bya Katonda. Tebaali bokka mu ssuubi lino.

Yobu yagamba: "*Naye mmanyi nga omununuzi wange aba mulamu, era ku nkomerero nga aliyimirira ku nsi. Era eddiba ly'omubiri gwange bwe lirimala okuzikirizibwa bwe lityo, naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda*" (Yobu 19 :25, 26).

Isaaya yagamba: "*Abafu bo baliba balamu; ffenna awamu n'omulambo gwange, balizuukira. Muzuukuke muyimbe mmwe ababeera mu nfuufu; n'ettaka liriwandula abafu*" (Isaaya 26:19). Danyeri yabuulirwa nti "*Era bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'okunsi balizuukuka abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abamu eri obulamu obw'ensonyi.... Naye ggwe kwata ekkubo.....Kubanga oliwummula, era oluyimirira mu mugabo gwo, ennaku bwezirikoma*" (Danyeri 12 :2 ne 13).

Omutume Pawulo yakakasa kino nti okuzuukira lye lyali es-suubi ery'abo nga Yesu tannazaalibwa: "Okutuusa ku lunaku luno nnyimiridde nga ntegeeza abato n'abakulu nga soogera kigambo wabula bannabbi ne Musa bye baayogera nga bigenda okujja; bwe kigwanira Kristo okubonyaabonyezebwa; era ye bwalisooka mu kuzuukira kw'abafu okubuulira omusana abantu Bannamawanga (Ebikolwa By'Abatume 26:22, 23). Kristo ye yasooka okuzuukira okufuna obulamu obutaggwaawo

Baibuli ekiraga bulungi nti Yesu ye yasooka okuzuukira mu bafu okufuna omubiri ogutafa. Pawulo yawandiika: "Omulokozi waffe Kristo Yesu eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri" (2 Timoseewo 1 : 10).

Okuzuukira ly'essuubi lyokka ery'obulamu obutaggwaawo?

Obulamu n'obutafa Yesu bye yamulisa ly'essuubi ery'okuzuukira okuva mu bafu, okubeera ku nsi nate. Peetero yayogera nti "Dawudi teyalinnya mu ggulu" (Ebikolwa By'Abatume 2 :34). Tulabye lino si lye lyali essuubi lya Dawudi; Katonda yamusuubiza nti aliraba Kristo ng'atudde ku ntebe ye (Dawudi) mu Yerusalem (Ebikolwa By'Abatume 2 :30).

Nga Pawulo bwe yannyonyola mu njogeraye mu Aseni nga bwe tulabye, mu kwogera kwe mu, Athens, nga bwe kyesig-amiziddwa mu ssomo ery'omusanvu, okuzuukira okwa yesu okuva mu bafu bwe bukakafu okuva eri Katonda nga Kristo alifuga ensi mu butuukirivu ku lunaku olwategekebwa mu maaso eyo (Ebikolwa By'Abatume 17:31).

Okuzuukira Essuubi Ettuufu

Maliza yali mugobeerezi wa Yesu. Tulaba bulungi essuubi lye ku bulamu obugenda okujja. Mwannyina Lazaalo bwe yafa, Yesu yamugamba nti "mwannyoko ajja kuzuukira nate." Maliza n'amugamba nti mmanyi nti alizuukira ku kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero." "Yesu namugamba nti nze kuzuukira n'obulamu anzikiriza ne bwalifa aliba mulamu" (Yokaana 11:23-25).

Bonna Balizuukizibwa?

Ebyawandiikibwa bitubuulira nti "Empeera y'ekibi kwe kufa naye ekirabo ekya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe" (Abaruumi 6:23).

Abo abatanoonya Katonda oba abatalina kwegomba okumu-weereza oba abatamanyi ekigendererwa kye mu Yesu Kristo, tebalifuna kirabo kya Katonda. Baibuli esomesa nti;

*"Omuntu awaba okuva mu kkubo ery'okutegeera aliwummu-lira mu kkungaaniro ery'abafu"* (Engero 21:16).

*"Omuntu alina ekitiibwa n'ataateegeera ali ng'ensolo ezizikirira"* (Zabbuli 49:20).

*"Bafudde tebaliba bulamu bazikiridde tebalizuukira"* (Isaaya 26:14).

### Okutegeera Okulungi Kwetaagisa

Mu kugeraageranya n'obunyiriri obwo, Yesu atuwa essubi ng'agamba nti:

*"Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeere ggwe Katonda omu ow'amazima n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo"* (Yokaana 17:3). Bwe tuba nga twagala okufuna ku kigendererwa kya Katonda tuteekwa okuba n'okutegeera.

Tulina okutegeera Katonda owamazima era ne tuba n'okutegeera okulungi okwe kigambo kye. Bwe tugatta amagezi gano n'okukkiriza okw'amazima eri ebintu bino, tuyinza okufuna ekintu ekiddirira kwe kubatizibwa mu linnya lya Kristo kye tujja okutunuulirako ennyo mu ssomo lyaffe erye 11. Pawulo ayogera ku mugaso ogw'okubatizibwa eri omukkiriza ow'amazima ayagala okufuna okuzuukira:

*"Oba temumanyi nga ffe ffena abaabatizibwa okuyingira mu kufa kwe? Kye twava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu bafu olw'ekitiibwa kye kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulire nga mu bulamu obuggyga; kuba obanga twagatti-bwa wamu naye mu kifaananyi ky'okufa kwe, era tuligattibwa ne mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe"* (Abaruumi 6:3, 5).

### KRISTO YE YASOOKA OKUZUUKIRA ABALALA BALIGOBERERA

Yesu ye yasooka okuzuukira mu bafu okufuna omubiri ogutafa. Nate tusoma nti: kaakano yazuukira mu bafu n'afuuka oky'okulabirako kyabo abeebaka" (1Abakkolinso 15:20). Ebibaala ebisooka bye byoleka nti amakungula gatandiise, era nti ebirungi ebirala ebijja. Paulo akozesha ekifaanayi kino ekyaa-

makungula okulaga embeera ey'okuzuukira.

*"Naye buli muntu mu kifo kye ye: Kristo gwe mwaka omuber-eberye, oluvannyuma aba Kristo mu kujja kwe"* (1 Abakko-linso 15:23).

## OKUJJA OKWA KRISTO OKW'OKUBIRI OKUZUUKIZA ABAFU

Okujja kwa Yesu okw'okubiri kwe kulibeeramu okuzuukira okw'abaafu mu nnaku ez'oluvannyuma. Pawulo yawan-diika *"Nkukuutira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, al-isalira omusango abalamu n'abafu era n'olwokulabika kwe n'obwakabaka bwe"* (2 Timoseewo 4:1). Pawulo era yawan-diika: *"Naye tetuyinza kubaleka mu butamanya ab'oluganda eri abo abeebaka, mulemenga okunakuwala, era nga ab-alala abatalina ssuubi, kubanga bwe tukkiriza nga Yesu yafa n'azuukira, era Katonda bw'atyo alireeta abeebaka ku bwa Yesu. Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'ekkondeere lya Katonda, n'abo abaafira mu Kristo be balisooka okuzuukira"* (1 Abasessalonika 4:13-16).

## OKUZUUKIRA N'OMUSANGO

Danyeri bwe yabuulirirwa nti *"bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'ensi balizuukuka era yabuulirirwa nti; abamu balizuukuka eri obulamu obutaggwaawo era abamu eri okuswala n'okunyooomebwa okw'emirembe gyonna"* (Danyeri 12:2). Kino kyogera ku kukuinjaana awamu okw'abo abalizuukizibwa n'abo abalamu abalibeerawo mu kudda okwa Yesu, okusalirwa omusango.

Yesu y'asomesa ky'ekimu: *"Tetwewuunya ekyo kubanga eki-seera kijja bona abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye ne bavaamu abo abaakolanga ebirungu balizuukirira obulamu, n'abo abaakolanga ebitasaana balizuukirira omusango"* (Yokaana 5:28,29).

Bonna abasaanidde batekwa okulabika ku ntebe ey'emisango eya Kristo Yesu. Abo abesiga Katonda n'okumumanya

okwagala kwe n'ekisa kye, abagezaako okumusanyusa n'okugobeerera ekyokulabirako eky'omwana we Yesu, mu kisa kya Katonda baliweebwa ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo.

Yesu ayogera eri ffe ffenna – bw'ayogera nti:  
"Nze kuzuukira n'obulamu buli anzikiriza newankubadde ng'afudde alibeera mulam." (Yokaana 11; 25).

## MU BUFUNZE

1. Okuzuukira kwa Yesu mazima ddala.
2. Okuzuukira okwa Yesu ye nsomesa esinga obukulu mu Ndagaano Empya.
3. Yesu yazuukizibwa ku lw'obutuukirivu bwe. N'olw'ekyo obutuukirivu n'obw'enkanya obwa Katonda bwa mujja mu ntaana.
4. Okuzuukira lye lyali essuubi ly'abakkiriza nga Yesu tanajja n'era ne bwe yali ng'azze.
5. Obulamu obutaggwaawo si bwaffe kati, kyandibadde tekyetaagisa Katonda kusuubiza oba ekintu eky'okusubira obusuubizi.
6. Omuntu teyatonderwamu butafa, singa kyali bw'ekityo tekyandyetaagisizza Kristo kuba ssaddaka okuleeta obulokozi eri abantu.
7. Okuzuukira okuva mu bafu ly'essuubi lyokka ery'okufuna omubiri ogutafa.
8. Si bona nti balizuukira; abo abatalina kutegeera balisigala mu magombe.
9. Okutegeera, okukkiriza, n'okubatizibwa byetaagisa okuba ng'ogabana ku bya Kristo n'okuzuukira.
10. Kristo ye yasooka okuzuukira okufuna omubiru ogutafa;

tuyinza okubeera nga ye singa tugobeerera  
eky'okulabirako kye.

11. Okuzuukira n'okusalirwa omusango biribeerawo nga  
Yesu akomyewo ku nsi.

## EBITUNDU EBY'OKUSOMA MU BAIBULI

Zabbuli 49, Makko 16 1 Abakolinso 15  
Isaaya 26 Ebikolwa by'Abatume 26, Yokaana 11

## EBIBUUZO KU SSOMO 8

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu eri buli kibuuzo omale  
obizze ku lupapula  
olwawakati.

1. Ekigambo 'okuzuukira' kitegeeza
  - (a) okwebaka wansi (b) okusitula waggulu
  - (c) okuzuukuka okuva mu bafu (d) okuzuukuka
2. Ye ani omuntu eyasooka okuzuukizibwa okubeerawo  
emirembe gyonna?
  - (a) Lazaaro (b) Omuwala owa Jayira
  - (c) Stefano (d) Yesu
3. Lwaki Yesu yafa?
  - (a) Lwakuba yalina omubiri ng'ogwaffe
  - (b) Yalina ebibi
  - (c) Katonda yamukaka okufa
  - (d) Abayudaaya baayagala abaviire

4. Lwaki Yesu yabeera mulamu nate?  
(a) teyafa  
(b) Yadda engulu ng'amaze okukomererwa  
(c) Katonda yamuzuukiza  
(d) Yazirika buzirisi ku musaalaba
5. Baani abasatu ku bano abaasobola okulindirira empeera ku nsi?  
(a) Ibulayimu (b) Dawudi (c) Danyeri  
(d) Jerobowamu (1 Bassekabaka 14:16)
6. Abantu bona balizuukira mu bafu?  
(a) nedda (b) yee  
(c) oba olyawo (d) simanyi
7. Abafu balizuukira ddi?  
(a) beyongera kubeera abalamu newakumbadde baba bafudde  
(b) nga Yesu akomyewo okussaawo obwakabaka  
(c) simanyi  
(d) mu Baibuli temulimu kisuubizo kyonna
8. Kiki ekiriddirira amazuukira?  
(a) okubatizibwa (b) okusalirwa omusango  
(c) okusoma Baibuli  
(d) okuyimba ennyimba ezitendereza
9. Ani alisembezebwa Yesu ku lunaku olw'oluvannyuma?  
(a) abo abamutegeeza ne bamukkiriza era nga bagobeerera ensomesa ye  
(b) abo abakola obulungi era nga bayamba buli muntu  
(c) abo abalamu  
(d) abo abataakkiriza era nga baali mu magombe kaakano
10. Oyagala okuyiga ebisingawo ku Yesu era ofune omugabo mu bwakabaka bwe obugenda okujja ku nsi?  
(a) nedda (b) sekakasa  
(c) kizibu nnyo (d) yee

## ESSOMO 9

# OKUDDA OKWA YESU KRISTO

Okuzuukira okwa Kristo kutuufu mu byafaayo okw'esigamiza essuubi ly'abantu bona. Nga okuzukira bwekuli okwamazima, n'ekisuubizo kya Katonda nti omwana we alidda ku nsi bwekiri ekituufu. Oluvannyuma Iwa Yesu okuzuukira yalinnya mu ggulu ne bamalayika ne bawa abayigiriza be obukakafu buno nti; "*Oyo Yesu abaggiddwako okutwalibwa mu ggulu alija bw'atyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu*" (Ebikolwa by'Abatume 1:11).

### EKIGENDERERWA EKY'OKUDDA OKWA YESU

Mu ssaala eya kitaffe Katonda, Yesu yayigiriza abagoberezi be okusaba nga nti: "*Obwakabaka bwo bujje, by'oyagala bikolebwe mu nsi nga bwe bikolebwa mu ggulu*" (Matayo 6:10).

Ku kiseera kino ebigambo ebya Dawudi birituukirira: "*Abatu-ukirivu balisikira ensi, banaagibeerangamu emirembe gy-onna*" (Zabbuli 37:29). Kristo ajja kudda ku nsi okussawo obwakabaka obwa Katonda ng'azikiriza enfuga eyakaakano. Aliggyawo obubi bwonna era ajuze ensi n'ekitiibwa kya Katonda nga engeri ya Katonda eyokuggyawo ebizibu ebya kaakano.

Olw'ensonga eno Pawulo yakubiriza Tito okwewala ebitali bya butuukirivu n'okwegomba okw'ensi naye "*Tubeerenga mu mirembe egya kakaano mu kwegendereza n'obutuukirivu n'okutya Katonda, nga tulindirira essuubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era omulokozi waffe Yesu Kristo*" (Tito 2:12, 13)

### KRISTO ALIDDA DDI?

Katonda okuva olubereberye yategeka olunaku olwo Kristo

Iwa liddirako okulamula ensi. Pawulo yakyogerako: "Ku-banga yateekawo olunaku Iw'agenda okusaliramu omusango ogw'ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu bwe yamala okuwa bona ekikkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu" (Ebikolwa by'Abatume 17:31).

Kristo mu kubuulira kwe yikitangaazaamu bulungi nti newakubadde Katonda yakola entegeka, n'ebintu birigoberaga na nga bwe byategekebwa, naye yali tamanyi lunaku olw'okudda kwe.

Mu Makko 13 Kristo yategeeza abaali bamuwuliriza ku kukanimo kwe era abamanyisa ku bintu ebirina okukulembera, bwe yamala nagamba nti: "Kale ne balyoka balaba omwana w'omuntu ng'ajjira mu bire n'amaanyi amangi n'ekitiibwa" (Makko 13:26). "Naye eby'olunaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amanyi newankubaade bamalayika abali mu ggulu newankubadde omwana, wabula kitange" (Makko 13:32).

#### KRISTO WAKUKOMAWO NGA TASUUBIRWA, NG'OMUBBI

abantu bangi ennaku zino tebatwala ekirowoozo eky'okudda kwa Yesu ku nsi nga ekikulu. Omutume Peetero yalabula nti abantu nga bano balibeerawo mu nnaku ez'oluvannyuma: "Nga mumaze okusooka okutegeera kino, nga mu nnaku ez'oluvannyuma abasekerezi balijja n'okusekerera nga batambula okugobereranga okwegomba kwabwe bo; ne boogera nti okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa? Kubanga bajajjaffe kasokedde beebaka byonna bibeera bwe bityo nga bwe byabanga okuva ku kutondebwa" (2 Peeero 3:3, 4).

Kale tuwebwa obukakafu nti Katonda talwawo mu kutuukiriza ebisuubizo bye. Naye buli kintu kijja kutuukirira ku lunaku Mukama Iweyategeka: "Naye olunaku Iwa Mukama waffe lulijja nga omubbi" (2 Peetero 3:10).

Kyetaagisa okusoma obunyiriri ekkumi obusooka mu kitabo kya Peetero eky'okubiri essuula 3 olabe omutume enjogera ye. Nga Kristo bwe kyogera, olunaku n'essawa entuufu ey'okudda kwe tewali abimanyi okugyako Katonda; era olu-

naku telusoboka kunoonyezebwu mu byawandiikibwa. "Mu kiseera kye mutalowwolezaamu omwana w'omuntu kya-jjiramu" (Matayo 24:44). Kino ffe kituyigiriza nga okukkiriza bwe kwetaagisa eri abo abakkiriza eri okudda kwa Kristo, kubanga Katonda ye yekka amanyi olunaku olutuufu kino lwe kiribeerawo. Eri abo abatategera olunaku lulibagwira ng'omubbii.

## TEWALI KIRAGA KYONNA DDI YESU LWALIKOMAWO

Abayigiriza bayagala nyo okumanya ku kibuuzo kino era bak-ibuuza Kristo nga bali ku lusozi olwa Zayituuni mukyama nti; "Tubuulire bino webiribeerawo n'akabonero ak'okujja kwo bwe kaliba n'ak'emirembe gino okuggwaawo" (Matayo 24:3). Okuddamu okwa Yesu ne bitundu ebirala mu Baibuli ebyo bunnabbi biraga butereevu ekiseera ekyokusubiriram u ddi okudda kwe lwe kulitukirira. Obubonero buno obw'ebiseera bwaweebwa okuzzamu amanyi abagobeerezi ba Yesu basobole okuba nga bamwetegekera.

## OBUBONERO OBW'OKUDDA OKWA KRISTO

### 1. Akabonero aka Nuuwa

Mu kuddamu kwe, Yesu yajjukiza abayigirizwa be omulembe ogwa Nuuwa, nti embeera yemu yeribeerawo mu nnaku ez'okudda kwe. "Naye ng'ennaku za Nuuwa bwe zaali bwe kuliba okujja kw'omwana w'omuntu; kuba nga bwe baali mu nnaku ezo ezaasooka amataba; nga balya, banya nga bawa-sa nga babayiza, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato; ne batamanya okutuusa amatabi lwe gajja ne gabat-wala bona ne kityo bwe kuliba okujja kw'omwana w'omuntu" (Matayo 24:37-39).

Okumanya eby'afaayo mu mulembe ogwa Nuuwa, ssoma Olubereberye essuula y'omukaaga eraga bulungi Iwaki Katonda yazikiriza abantu, n'awonyaako munaana bokka. Obubi obw'abantu bwali bulabikira mu birowoozo n'emu bikolwa byabwera Katonda nalaba "ng'ensi n'eyonooneka mu maaso ga Katonda ensi n'ejjula eddalu" (Olubereberye 6:11).

Empapula ez'a mawulire, zikompyuta, Ladiyo ne TV buli luna-ku bitangaaza ku ddalu eryefanaanyirizaako n'eryo ensi eyoo-butatya Katonda eya Nuuwa n'eno eyaffe eya kaakano nga kumpi embeera y'emu.

Bitujjukiza ebigambo by'Omutume Pawulo ku nnaku ez'oluvannyuma. "Naye tegeera kino nga mu nnaku ez'oluvannyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja, kuban-ga abantu baliba nga beeyaagala bokka abaagala abantu, abeenyumirizaamu ab'amalala, abavumi, abatagondera ba-zadde baabwe, abateebaza, abatali batukuvu abatayagala ba luganda, abatatabagana, abawaayiriza, abateegendereza, abakambwe, abaagala essanyu okusinga Katonda, ng'abalina ekifaananyi ky'okutya Katonda naye nga beegana amaanyi gaakwo, era nabo obakubanga amabega"

(2 Timoseewo 3:1-5).

Bw'olowooza n'obwegendereza ku bigambo bino eby'obunnabbi bijja kulaga nti bisaanira omulembe gwaffe okukira n'emirembe emirala gyonna egyigenze gibaawo.

## 2. AKABONERO AK'A BAYUDAAYA

Yesu era yayogera olugero olutegeeza abayigirizwa be ddi Iwalikomawo. "Era muyigire ku mutiini olugero Iwagwo; et-tabi lyagwo bwe ligejja amalagala ne gatojera mutegeera ng'omwaka guli kumpi" (Matayo 24:32).

Nnabbi Yeremiya atuwa okuteegera omuti omutiini nga bw'akozesa akabonero kennyini ako mu ssuula eya 24 bw'ayogera ku bantu aba Isiraeri (Some ne Yoweeri 1:7). Kale tulina okutunuulira, ku kabonero k'omuti omutiini, Isiraeri, "omuti oguleeta amalagala."

Kino kiteegeza okukunjanya okwa bayudaaya okuva mu njuyi zonna ez'ensi gye basansanyizibwa Katonda (Lukka 21:24; Ekyamateeka olw'okubiri 28:25, 32-34, 64-66). Leero abantu bangi bajjulirwa Abayudaaya mu Isiraeri "Nga batojera amalagala" nga bongera okuzimba eggwanga ly'abwe okuva

bwe lyatondebwawo mu mwaka 1948 n'okuwambwa okwa Yerusalem mu mwaka 1967.

Kino kiri mu bunnabbi bwa Ezeekyeri Bunyiriri 14 obusooka mu ssuula eya 37 mu kitabo kye. Ku mulundi guno eggwanga ery'a Isiraeri lifaanaanyirizibwa ekiwonvu eky'amagumba amakalu. Nnabbi yalaba ekiwonvu ky'amagumba: "*Amagumba gano y'e nnyumba yonna eya Isiraeri laba boogera nti amagumba gaffe gakaze n'esuubi lyaffe libuze*" (Ezeekyeri 37:11).

Awo amagumba n'egajja wamu ne gabikkibwa ennyama n'egateebwamu omukka n'egabeera amalamu.

"Ndireeta mwoyo wange mu mmwe, era mulibeera abalamu era ndibateeka mu ttaka lyammwe. "*Ndiggya abaana ba Isiraeri wakati mu mawanga gye baagenda ne mbakunganyiza enjuyi zonna ne mbaleeta mu nsi yabwe*" (Ezeekyeri 37:14 ne 21).

Kale tulaba mu lulimi olw'olugero nga Isiraeri okungaanyizwa mu nguyi nga Katonda bwe yasuubiza, eggwanga etto ng'omuti ogwa kaleeta amalagala.

Kiki ekiddirira okunganyizibwa kuno?

"*Era nate ndiragaana nabo endagaano ey'emirembe, enee-banga ndagaano eteriggawo gye bali: era ndibateekawo ne mbazza, era nditeeka obutukuvu bwange wakati mu bo emi-rembe gyonna*" (Ezeekyeri 37:26). Abayudaaya kabonero akalaga okujja okw'obwakabaka bwa Katonda.

Ekintu ekilisanyusa mu bunnabi buno kiri nti tulaba omukono gwa Katonda mu nkola ng'Abayudaaya bakomyewo okuzimba ensi yaabwe.

Era tulabulwa nti bwe mutyo bwe mulaba ebiambo ebyo by-onna mutegeere nti ali kumpi ku luggi" (Matayo 24:33).

## OBUNNABBI BWA YESU OBUKWATA KU ISIRAEI

Yesu yayogera biki ebyali bigenda okutuuka ku ggwanga lino amangu ddala ate n'eyo mumaaso. Abakulembeze b'eggwanga lino balemeererwa okulaba ng'omukono gwa Katonda gw'ali gubagoloeddwa gye bali. Ya bansindikira omvana we omu yekka nga Masiya waabwe, ne basaba attibwe. Nga tannaba ku kwtibwa n'okukomererwa ku musaalaba, Yesu n'abayigirizwa be bayimirira ku lusozi olutunuulidde Yerusalem, era obulungi bwa Yeekalu bwaleetera abayigirizwa okwogera nga beewuunaganya; naye Yesu yalaba okubonerezebwa okulireetebwa ku bantu be kwokka: "*Bino bye mula, ennaku zigenda kujja lwe watalirekebwa jjinja eriri ku jjinja wano eritalisuulibwa.*" "*Balittibwa n'obwogi bw'ekitala balinyagibwa mu mawanga gonna ne Yerusaalemi kiririnnyirirwa ab'amawanga okutuusa ebiro by'amawanga lwe birituukirira*" (Lukka 21: 6 ne 24).

Obunnabbi buno bwatukirira mu mwaka 70 (mu myaka gya Mukama waffe) Abaruumi bwe batuma Abasirikale nga bakulembeddwamu Tito, okumalawo akeegugungo. Ekibuga Yerusaalemi kyazikirizibwa n'ettaka ne lirimibwa.

Ekyamateeka essuula 28 ne kyongera okutuukirira, era n'okusasanyizibwa kw'Abayudaaya ne ku malirizibwa. Mu mwaka 135 (mu myaka gya Mukama waffe) ekiragiro kyafulum akeegugungo. Ekyamateeka essuula 28 ne kyongera okutuukirira, era n'okusasanyizibwa kw'Abayudaaya ne ku malirizibwa. Mu mwaka 135 (mu myaka gya Mukama waffe) ekiragiro kyafulum akeegugungo. Ekyamateeka essuula 28 ne kyongera okutuukirira, era n'okusasanyizibwa kw'Abayudaaya ne ku malirizibwa. Mu mwaka 135 (mu myaka gya Mukama waffe) ekiragiro kyafulum akeegugungo. N'erinnya erya Yerusaalemi lyakyusibwa okuyitibwa Aliya Kapitolina.

Ebyasa ebyaddirira kwali okulinnyirirwa kw'ensi n'abantu baayo. Obubudami oba obuwawanguse kyafuuuka ekya bulijjo. Abayudaaya abaawambibwanga oluvannyuma olw'entalo baasasaanyizibwa mu nsi yonna ng'abaddu. Abo abaafuna omukisa okuwona bino, baayingira mu busuubuzi. Omuyaadaaya yali buli wamu, okuggyako mu Isiraeri. Kale bwatyo Katonda yatuukiriza ekigambo kye. Ensisira zali wonna mu nsi naye Katonda yali yalangirira dda nti tebalifuna mirembe era okuyigganyizibwa n'okunyoomebwa yali mbeera

ey'omubulamu bwabwe. Okumala ebbanga lya myaka 2000 ensi n'abantu byali bizikirizibwa. Era nga kyamagero kyokka kye kyataagisa okukyusa embeera eyo. Naye ekyamagero ekyo kyali kyasuubizibwa dda Katonda ng'ayita mu bannabbi be.

Mu mwaka 1967 ab'a Isiraeri baawamba Yerusaalemi era ng'omulundi ogwasookera ddala mu bbanga ery'emyaka 2000 Yerusaalemi kyadda mu buyinza bwaba Isiraeri.

## ISIRAERI ETANDIKA BUTO

Obukakafu bwali mu bunnabbi bwa Yeremiya bwokka: "*Laba ndibakungaanya okubagya mu nsi zonna gye nnabagobera mu busungu bwange ne mu kiruyi kyange ne mu bukambwe obungi era ndibakomyawo mu kifo kino, era ndibatuza mirembe*" (Yeremiya 32:37).

Katonda yagamba nti alibawa omutima n'omwoyo omupya okuleta okweza obuggyga, era amazima agewuunyisa y'engeri eggwanga gye lyalabika okuba nga lifuna amaanyi n'obuvumu. Okumala emyaka 2000 nga bali mu buwawan-guse; Abayudaaya baali banafu abatasobola na kwerwanako. Katonda yali yabajjako obuyinza bwabwe n'obusobozi, naye ekiseera bwe kyatuuka eky'obunnabbi okutuukirira obukwata ku kukungaanyizibwa kwabwe kale, omutima omuggya guno ne gujja mu ggwanga. Baalwana olatalo okulaba nga batwala ensi yaabwe – era Bungereza ensi eyali efuga ensi yaabwe yasanyuka nnyo okubaviira. Kale eggwanga n'eryeyongera okulwana okutuusa Iw'ebagoba Abawalabu n'Abamisiri abaali begaatira awamu okubalwanyisa. Abayudaaya 650,000 baalwanyisa Abawalabu 40,000,000. Era ng'edda, Katonda yakulembera abantu be okubatuusa ku buwanguzi. Kale ban-nabbi kye baali boogedde nti kiribeerawo ne ku olwo kyatuuki-rira.

Ezeekyeri essuula 36 ne 37 zirimu obunnabbi obutuwa obukakafu nti Katonda yafuga ensonga mu mawanga. Nnabbi yafuna okwolesebwa nga Katonda yalindirira okunjaaanyizibwa okw'eggwanga okulizza mu nsi yaabwe, babeere egg-

ye ery'amaanyi: "Kubanga ndibaggya mu mawanga, ne mbakuunjanya okubaggya mu nsi zonna ne mbayingiza mu nsi yammwe mwe....era ndibawa n'omutima omuggya munda mu mmwe.....Awo munaabeeranga mu nsi gye naawa bajajjam-mwe" (Ezeekyeri 36:24, 28)

Awo mu kulabisibwa okw'ekiwoonvu eky'amagumba amakalu eky'amala n'ekifuuka ekiwoonvu ekijuzibwa egghe ery'amaanyi, Katonda yeeyongera okuwa obukakafu nti: "Ne bayimirira ku bigere byabwe egghe lingi nnyo....ndibateeka mu si yammwe.....ndiggya abaana ba Isiraeri wakati mu mawanga, gye baagenda, ne mbaleeta mu nsi yaabwe bo." (Ezeekyeri 37:10, 14, 21). Okuva mu mwaka 1948 kumpi Abayudaaya obukadde mukaaga bagenze baddayo mu Isiraeri – ekintu ekiddako ekikulu kuliba okudda kwa Yesu, okusaawo obwakabaka mu Isiraeri ne mu nsi yonna.

### 3. EKABONERO K'EKIROOTO KYA NEBUKADUNEZZA

Essomo ery'okusatu lyannyonnyodde ekirooto kino. Okuvunula okwa Danyeri kwalaga ekkubo ly'ebafaayo by'ensi. Oluvannyuma lw'obwakabaka obw'Abaruumi okweyawulayawulamu twesanga leero, nti ffe bigere ku kibumbe ekyo: ng'amawanga agamu manafu ng'ate amalala go gamaanyi agatasoobola kwegatta wamu.

Danyeri yeeyongera okutegeeza nti: "Era mu mirembe gya bakabaka abo Katonda ow'eggulu alissaawo obwakabaka" (Danyeri 2:44).

Kino kiraga nti tewalibeerawo nate bwakabaka obutwala ensi yonna, okutuuka ku kintu ekisembayo ekiribeerawo okumaliriza mu kutuukiriza obunnabbi bwa Danyeri. Pawulo omutume eyali yekakasa ng'obunnabbi buno bujja kutuukirira, mu kiseera kye, yagumya abakkiriza abe kolossi kubanga yakimanya nga kituufu Kristo wa kudda: Kristo obulamu bwaffe, bw'alirabisibwa, era nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitibwa" (Abakkolosaayi 3:4).

#### 4. AKABONERO OK'OBUVUYO OBW'ENSI

Kristo yabuulira abayigirizwa be ku kiseera ng'ali kumpi okudda nga bwe walibeerawo obuvuyo n'okutya ku lw'ebizibu ebiribeerawo mu mawanga:

*"Era walibaawo n'obubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku mmunyeenyne ne mu nsi amawanga galinakuwala, nga basamaalirira olw'okuwuuma kw'ennyanja n'amayengo; abantu nga bazirika olw'entiisa n'olw'okutunuulira ebyo ebijja ku nsi kubanga amaanyi ag'omuggulu galikankanyizibwa"* (Lukka 21:25 - 26).

Kristo wano yali ayogera mu lugero ku bakulembeze, ng'ennyanja n'amayengo bitegeeza abantu ba bulijo (laba Isaaya 57:20). Akabonero akalaga ekifaananyi ekya bantu ab'okunsi nga bawuuma, nga bakozesa eddoboози lya-bwe eryawamu okussaawo obuyinza ku bintu n'embeera, n'okukankanya obutebenkevu obw'abakulembeze. Embera eriwo kati yeeralikiriza eri amawanga, ekireetera abantu abalowooza ennyo okutya n'ekinaddirira mu nsi olw'okutabulwatabulwa n'ebizibu ebingi.

Kristo addamu nate okutegeeza nti ebintu bwe bitandikanga okubeera ng'ebyo by'ayogerako, tuteekwanga okusuubira okudda kwe.

*"Nebalyoka balaba omwana w'omuntu ng'ajjira mu kire n'amaanyi n'ekitiibwa kinene"* (Lukka 21:27). Okussaawo okw'obwakabaka bwa Katonda ku nsi kwe kwetooloolera eki-gendererwa kye, nga bwe tumaze okulaba. Kyetaagisa Yesu okukomawo ku nsi okutuukiriza ebyo byonna Katonda bye yasuubizibwa. Yesu yennyini yayogera mu Bunnabbi ku bintu ebirikulembera okudda kwe ku nsi.

#### 5. AKANYOOLAGANO AKALIJJIRA ENSI

Tulabye mu bumanyiddwa 'ng'obunnabi obw'okulusozi Sayuni', Yesu yasooka okulabula ku kulumbwa okw'eggwanga ery'Abayudaaya. Mu kutuukirira okw'obunnabi Abaruumi baaf-

uga ensi ey'eyasuubizibwa Abayudaaya ng'amatwale gaabwe. Yesu yali akimanyi nti mu kiseera ekitali kya wala Abaruumi balituukiriza entegeka ya Katonda nga basansaanya abantu ba Katonda mu nsi zonna.

*"Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna; ne Yerusaalemi kiririnnyirirwa Ab'amawanga okutuusa ebiro by'ab'amaawanga lwe birituukirira"* (Lukka 21:24).

Abayigirizwa baabuuza Yesu obubonero ki obuliraga okukoma-wo kwe nti kuli kumpi n'enkomerero y'ensi oba omulembe guno. Yesu yabawa obubonero obugenda okujja, era obu-likulembera okuggyga kwe "N'amaanyi ne kitiiibwa kinene." "Era walibaawo n'obubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku mmuny-eenyne ne ku nsi; amawanga galinakuwala, nga basamaalirira olw'okuwuuma kw'ennyanja n'amayengo; abantu nga bazirika olw'entiisa n'olw'okutunuulira ebyo ebijja ku nsi kubanga amannyi ag'omu ggulu galikankanyizibwa. Ne balyoka balaba omwana w'omuntu ng'ajjira mu kire n'amaanyi, n'ekitiibwa kinene" (Lukka 21:25 - 27).

Okukomawo okwa Bayudaaya mu nsi yaabwe n'okuzzibwawo okwa Isiraeri ng'amaka ag'Abayudaaya mu mwaka 1948 kutuukirira okw'obunnabi obw'ogeddwako mu ntandiikwa ey'essomo lino. Mu myaka egiddiridde wabaddewo obubonero "Mu ggulu" era nga mu bubonero buno obw'amaanyi agafuga amawanga, enjuba, omwezi n'emmunyeenyne. Waliwo okusa-maalirira ngeri ki ebizibu bye nsi gye bisoobola okuggyibwawo n'obufuzi obw'abantu. Entalo zeyongera, tezikoma era tewali kkubo lyonna.

Yesu yagamba nti kino kalibeera akabonero akalala aka-laga okudda kwe; Bannabbi ba Isiraeri baali baayogera dda ku mbeera ekwata ku Isiraeri n'amawanga gonna nga Yesu anaatera okudda mu nnaku ezimanyiddwa nga "ennaku ez'oluvannyuma."

Lowooza ku by'okulabirako bino; "*Omwana w'omuntu, simba amaaso go okwolekera Googi ow'omu nsi ya Magoogi omu-langira wa loosi, Meseki ne Tubali omulagulireko; oyogere nti*

*Bwati bw'ayogera Mukama Katonda”* (Ezeekyeri 38:2, 3) Bwosoma n’obwegenderevu essula eno tekulekaamu kubuus-abuusa nti ekibiina ky’amawanga gano nga mwe mwotwalidde Abaperusi(Iraani), kuusi ne Puti (Ezeekyeri 38:5) – Katonda alibawaliriza ne balumba eggwanga lya Isiraeri. Ssoma ol-unyiriri olw’omunaana.

*“Ennaku nnyingi nga ziyyiseewo oljjirwa: mu myaka  
egy’enkomerero oliqueetebwa mu nsi ekomezebwawo okugig-  
gya mu kitala, ekunnjanyizibwa okuva mu mawanga amangi  
ku nsozi za Isiraeri ezaabanga ensiko etevaawo; naye egg-  
ibwa mu mawanga era balituula nga tebaliiko kye batya bon-  
na”* (Ezeekyeri 38:8).

Ekibiina ekya mawanga kino kyekulungulidde ku mawanga agasangibwa mu mambuka ng’ensi entukuvu, ate era kisanyusa nnyo okulaba nga Isiraeri, mu biseera ebyayita n’ebya kaakano, ebaddenga yeetaaga nnyo okutunuulira eby’okwerinda byayo ku nsalosalo zaayo ez’omumambuka. Abokutya be Basuuli abali oludda olwo kaakano; era ng’Ababwasuli bwe bali mu myaka 2500 egiyise.

Mu kiseera ekyo Katonda nga ayogerera mu nnaabbi Ezeekyeri ebikwata ku mulumbaganyi ono ow’omumambuka; yagamba: “*Kale olitta ng’ova mu kifo kyo munjuyi ez’obukiika obwa kkono ezikomererayo ggwe n’amawanga mangi wamu naawe bona nga beebagadde embalaasi ekibiina ekinene era egye ddene; era olitabaala abantu bange Isiraeri ng’ekire okubikka ku nsi*” Ezeekyeri 38:15, 16. Okutegeera ekibiina kino ekir-yegattira awamu okulwanyisa Isiraeri mu biseera ebitali bya wala kizibu okunoonyerezaako. Gogi, Magoogi, Mesheki ne Tubali bitegeerekeka n’abasomi ab’ebafaayo eby’edda okuba abazzukulu ab’omu ku batabani ba Nuuwa, amanyiddwa nga Yafeesi.

Buperusi (Yirani), Esopya ne Libya mu bukyayi bwabwe eri Isiraeri zimanniyiddwa nnyo gye tuli, era nnabbi Ezeekyeri, ng’ayogera n’amaanyi aga Katonda, atubuulira nti mu nnaku ez’oluvannyuma balyegatta n’abazzukulu ba Yafeesi ababeera ebukikka kkono.

Butereevu ebukiikkono obwa Isiraeri waliwo Bwasuli emu ku nsi z'Abawarabu ku balabe aba Isiraeri abangi. Okweyongerayo ennyo ebukiikkono ng'oyitidde mu Ame-nia tutuuka mu nsi eyali emanyiddwa nga U.S.S.R. Tulaba n'okwegen-dereza omuwendo omunene ogwa abagoberezi ab'obusiraamu mu nsi zino.

Kaakati kiba kya busiru abasomi ab'obunnabbi okukakasa biki ebigenda okuva mu bunnabbi obwa Baibuli. Katonda Ye yekka alina obuyinza okusalawo ekiriva mu ntegeka ye eri ensi. Entegeka Ye, jjukira nti erituukirira mu kussaawo okwo bwakabaka bwa Katonda ku nsi - emyaka olukumi egy'obufuzi bwa Yesu ku nsi. Kale bwe tubeera abasomi abatuufu ab'ekigambo kya Katonda era tuba abakuumi. Okulabula kwa Yesu eri abagoberezi be kwali nti balina okutunula! - "*Kale mutunule kubanga temumanyi lunaku bwe luli Mukama wammwe Iwalijirako*" (Matayo 24:42).

Bwe tutunuulira ebintu nga bwe bigenda mu nsi, kiki kye tulaba? Tulaba Isiraeri ng'azze mu nsi yaabwe okutuukiriza obunnabbi ng'obwa Ezeekyeri essula 37. Tulaba abalabe eri Isiraeri ku buli nsalo ye. Mazima ddala Abawalabbu (Aba-siraamu) beekunaanya okulwanyisa abantu ba Katonda era bagezezzaako okubasuula mu nnyanja.

*"Boogedde nti mujje tubazikirize balemenga okuba eggwanga. Erinnya lya Isiraeri liremenga okujukirwa nate"* (Zabbuli 83:4).

Okusoma Zzabbuli 83 n'obwegenderevu kijja kugasa omusomi w'obunnabbi obwa Baibuli, naye okusingira ddala okumanya amawanga agogerwako mu Zabbuli yennyini eyo. Ge ma-wanga abalabe ba Isiraeri abedda agefaanaanyirizaako nabo abalabe ba Isiraeri abakaakano.

Omulumbaganyi ow'obukiikkono owa Ezeekyeri 38 ng'kolaganira wamu n'amawanga agatalina kiseera kyaago eri "ensi eggyiddwa mu kitala" ge gamu kwaago Katonda baali-reeta mu kulwanagana okusembayo okulituka ku Yerusaalemi. "*Kubanga ndikunaanyiza amawanga gonna ku Yerusaalemi okulwana*" (Zekkaliya 14:2).

*"Kubanga laba mu nnaku ezo ne mu biro ebyo, bwe ndiko-myawo, obusibe bwa Yuda ne Yerusaalemi; ndikuñaanya amawanga gonna ne mbaserengesa mu kiwonvu kya Yekosof-faati..."* (Yoweeri 3:1, 2).

Tetukyalina kya kubuuusabuusa wano nga luno lwe lunaku Katonda kw'aliyingirira mu nsonga z'abantu nate era alireeta by'ayagala bikolebwe mu nsi.

*"Oluggube, oluggube, oluggube Iw'abantu bali mu kiwonvu eky'okumalirira! Kubanga olunaku Iwa Mukama luli kumpi...."* (Yoweeri 3:14).

*"Awo Mukama aliwuluguma ng'asinziira e Sayuuni' alireeta eddoboozi lye ng'asinziira e Yerusaalemi n'eggulu n'ensi biri-kankana naye Mukama aliba buddukiro eri abantu be era ekigo eri abaana ba Isiraeri; bwe mutyo mulimanya nga nze ndi Mukama Katonda wammwe abeera ku Ssayuuni olusozi lwange olutukuvu, so tewaliba bannaggwanga Abalikiyitamu nate"* (Yoweera 3:16, 17).

Kale nno bino bye biseera ebiriraba okudda kwa Yesu, Kabaka ow'ensi. Obunabbi buno, n'okusingira ddala obwo obwa Yow-eeri ne Zekkaliya, awamu n'obwo obwa Isaaya, Yeremiya ne Ezeekyeri butuwa entegeka ya Katonda. Ng'abakuumi tunoonya okwetegereza buli kigenda mu maaso mu ntege-ka eno. Buli kitundu ekyeyongerako kitusembeze kumpi n'olunaku olw'akanyoolagano olusembayo, olumannyiddwa mu Baibuli nga Amaggedoni olilivamu, ebigambo ebiri mu Zekkaliya."

*"Era Mukama aliba kabaka w'ensi zonna, ku lunaku luli Mukama alibeera omu n'erinnya lye limu"* (Zekkaliya 14 : 9).

## OKUKOMAWO OKWA YESU KWA MAZIMA

Obubonero obw'ebiseera bukola ekifaananyi ekitaliimu kubu-usabuusa eky'ebintu ebigenda okujja. Enteekateeka za Katonda ez'okutaawuluza ezisookerwako kumpi zinaatera okug-gwa, ne Yesu Kristo ali ku mulyango, okuvumbikiriza ensi.

Okulaba obubonero n'okubutegeera, tusaanye okuba ng'abatalina kitukwatako? Tusobola okubeera ng'abo olw'obusirusiru abataafaayo ku bintu bino era ne batabaawo ne kye bakola. Eri abafaanana ng'abano, okudda kwa Yesu kulibajjira ng'omubbi mu kiro.

Naye ate tusobola okutwala obubonero ng'obukulu era ng'okulabula, nga wakyaliwo ebbanga. Yesu yagamba, "*Naye ebiligambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo, mutunulenga waggulu, muyimusanga emitwe waggulu kubanga okunulibwa kwamwe kuliba kunateera okutuuka*" (Lukka 21:28).

Mu kifo eky'okunakuwala olw'embeera eriwo kati, tusobola okutunula waggulu ne tulaba obwetaavu obw'okukununulibwa mu Kristo omununuzi waffe. Tuyinza okubeera abagezi nga tunoonya okwewogoma mu Kristo – Eryato, "ng'olunaku olukulu olwa Mukama Katonda" telunnatuuka kusaanyaawo babi.

Kiri gye tuli okutwala essomo lino ng'ekkulu ennyo nga tujukira nti likwata ku bulamu bwaffe n'egyetulaga. Baibili etuwa essuubi ly'obulamu obutaggwaawo n'ekifo mu bwakabaka bwa Katonda – obwakabaka Yesu mwagenda okufugira mu butuukirivu ne mirembe; si bwakabaka obw'ekisa mu mwoyo naye obwakabaka bw'ennyini ku nsi.

Abagezi batuuka ku ky'enkomeredde kino:

- (a) Nti okujja okwa yesu kyetaagisa
- (b) Nti okulabula okuva mu kigambo kya Katonda tekusaanye kunyoomebwa
- (c) Nti obulamu bwaffe obwa kaakati tebutuleetera ssanyu ery'oluberera.
- (d) Nti okukkirizi Enjiri (amawulire ag'essanyu) ey'obwakabaka bwa Katonda n'okubatizibwa mu linnya I ya Yesu byetaagisa.

Kiri gyet uli, kinoomu okusalawo oba twagala okubeera naye ku lunaku lwe (Yesu) olw'okukomawo" okwawula "*abatuukirivu n'ababi, wakati w'oyo aweereza Katonda n'oyo atamuweereza*" (Malaki 3:18).

## MU BUFUNZE

1. Okudda kwa Yesu kwa mazima.
2. Okudda kwe kwasuubizibwa ba malayika ng'agenda mu ggulu.
3. Yesu ajja kukomawo okussaawo obwakabaka bwa Katonda ku nsi.
4. Katonda ye yekka amanyi olunaku Iwe; Iwe yalonda Yesu Iwaliddirako.
5. Obubonero bulaga nti Yesu ali kumpi okukomawo.
6. Omulembe ogwa Nuuwa gugerageranyizibwa n'ogwaffe.
7. Okukungaanyizibwa okw'Abayudaaya mu Isiraeri kabonero ak'olubeerera.
8. Tuli mu kitundu ekisembayo eky'ekirooto kya Nebukaddunneeza.
9. Okulwanagana okw'ensi kwe kulikulembra okukomawo okwa Yesu.
10. Obukyayi eri Isiraeri kw'ezo ensi ezimuliraanye nako kabonero eri okudda kwa Yesu Kristo.

## EBITUNDU EBYA BAIBULI EBY'OKUSOMA.

Ezeekyeri 37 Ebikolwa by'Abatume 3 1 Abasessalonika  
Ezeekyeri 38 Ebikolwa by'Abatume 1:1-12  
2 Abasessalonika 1 Lukka 21

## **EBIBUUZO KU SSOMO 9**

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu.

1. Lwaki Yesu akomawo ku nsi eno?  
(a) Tajja kukomawo    (b) okukomya entalo  
(c) okussaawo obwakabaka bwa Katonda  
(d) okuwonya endwadde
2. Ani amanyi olunaku Iw'ennyini Yesu Iwali komawo?  
(a) Bamalayika    (b) Yesu  
(c) Katonda    (d) Pawulo
3. Wa we tusanga ebiraga nti Yesu anaatera okukomawo?  
(a) mu Baibuli    (b) Mu mpapula z'amawulire  
(c) mu munyeenye  
(d) mu mateeka ga Bayudaaya
4. Mbeera ki mu nsi Yesu gye yageraageranya  
n'omulembe gwa Nuuwa?  
(a) okudda okwa ba Isiraeri mu nsi yaabwe  
(b) obulumbaganyi bw'oyo ava mu bukiika-kkono  
(c) ekiseera eky'okulwanagana ate n'esannyu  
(d) amawanga amalala g'amaanyi amalala nga  
manafu
5. Kabonero ki akakozesebwa okutegeeza Isiraeri mu  
lugero oluli Matayo 24:32-33?  
(a) ekiwoovu ekyamagumba amakalu  
(b) Omutiini    (c) ettaala    (d) eryato
6. Kitundu ki ku kibumbe ekyayolesebwa Nebukadduneeza  
ekitegeeza ekiseera nga Yesu anaatera okukomawo?  
(a) omutwe ogwa zzaabbu  
(b) ebigure eby'ekyuma n'ettaka  
(c) ebigure eby'ekyuma  
(d) olubuto ne bisambi
7. Kibiina ki eky'abantu ekyoyerwako mu bigambo "En-  
nyanja n'amayengo biwuluguma" mu Lukka 21:25?

- (a) abantu abatuukirivu      (b) abantu ababi  
(c) abafuzi      (d) ababuulizi
8. Mawanga ki agasangibwa butereevu mu bukiika-kkono obwa Isiraeri?  
(a) America      (b) Bwasuuli  
(c) Puti(Egypt)      (d) Russia
9. Mikayiri ayogerwako mu Danyeri 12:1 ye ani?  
(a) Nuuwa      (b) Ezeekyeri  
(c) Danyeri      (d) Yesu
10. Bubonero ki ku buno obulikulembera okudda kwa Yesu bwe tulaba leero?  
(a) okudda kwa Bayudaaya mu Isiraeri  
(b) Ekiseera eky'emitawaana  
(c) ebiseera eby'okulwanagana  
(d) ensi endala z'amaanyi n'endala nnafu

## **ESSOMO 10**

### **ENJIRI**

Mu ssomo lino tujja kuleeta wamu byonna bye tusomyeko mu masomo gaffe agawedde. Enjiri kitegeeza "Amawulire amalungi" oba amawulire eg'essanyu.

#### **ENSIBUKO EY'ENSOMESA EYA KRISTO**

Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana bona batubuulira nti Yesu yatambulanga mu nsi yonna eya Isiraeri nga abuulira Enjiri (Amawulire amalungi) - ag'obwakabaka bwe obugenda okujja. "Yesu n'ayitaayita mu bibuga byonna, n'embuga ng'ayigiriza. Mu makuŋŋaaniro gaabwe, ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka" (Matayo 9:35).

"Awo oluvannyuma ...Yesu n'ajja e Galilaaya ng'abuulira enjiri ya Katonda" (Makko 1:14).

"Omwoyo gwa Mukama guli ku nze kubanga yanfukako amafuta okubuulira abaavu ebigambo ebirungu" (Lukka 4:18).

"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka. Buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo" (Yokana 3:16).

"Oyogedde, kubanga nze Kabaka. Nze nnazaalirwa ekyo, n'ekyo kye kyandeeta mu nsi ntegeeze amazima" (Yokana 18:37).

#### **ABAYIGIRIZWA BASOMESA ENJIRI**

Yesu bwe yamala okubuulira amawulire amalungi eri abayigirizwa, yabatuma okubuulira abantu abalala: "N'abatuma okubuulira obwakabaka bwa Katonda n'okuwonya abalwadde" (Lukka 9:2).

Oluvannyuma Iw'okufa n'okuzuukira kwe, Yesu yategeeza abayigirizwa be okugenda mu maaso n'omulimu ogwo: "Na-

*bagamba nti mugende mu nsi zonna mubuulire enjiri eri ebitonde byonna; akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga”*(Makko 16:15, 16).

Okusinziira ku bigambo bino ebisembeyo tulaba nti tusaanye okumanya, okukkiriza n'okugondera enjiri n'etulyoka tufuna obulokozi.

## AMAANYI AG'ENJIRI

Ku Iwa kino, Pawulo omutume yawandiika: “*Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi; kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokoka eri buli akkiriza, okusookera ku Muyudaaya era n'eri Omuyonaani*” (Abaruumi 1:16).

Kitugwanira okutegeera bulungi enjiri Yesu n'abatume gye babuulira. Omutume Pawulo nate yawandiika nti: “*Naye oba nga ffe oba malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga enjiri wabula nga bwetwabuulira, akolimirwenga*” (Abaggalatiya 1:8).

## ABAYIGIRIZWA BO ENJIRI BAAGITEGEERANGA BATYA?

Abayigirizwa baagenda ebweru nga babuulira amawulire amalungi ag'obwakabaka obwa Katonda nga Yesu tanna-komererwa. Kiki amawulire gano amalungi kye gategeeza gye bali? Ababiri ku bayigirizwa, bwe baayogera ne Yesu nga amaze okuzuukira bamutegeeza bino:

*“Ebya Yesu omunazaaleesi, eyali nnabbi ow'amaanyi mu bye yakolanga ne bye yayogereranga mu maaso ga Katonda ne mu bantu bona . . . naye ffe twali tusuubira nti y' alinunula Isiraeri”* (Lukka 24:19,21).

Yesu nga anaatera okugenda mu ggulu bamubuuza nga bagamba nti, “*Mukama waffe mu biro bino mw'onoookomezaawo obwakabaka eri Isiraeri?*” (Ebikolwa by'Abatume 1:6). Baali basuubira nti Yesu ajja kussaawo obwakabaka mu kiseera ekyo kyennyini. Gali amawulire amalungi gebaayagalirawo amangu ddala. Yesu yabagamba nti ekiseera tekinnatuuka. “*Si kyammwe okumanya entuuko newakumbadde ebiro, ki-*

*taffe bye yateeka mu buyinza bwe ye”* (Ebikolwa by’Abatume 1:7).

Ekisuubizo kino gwe mutwe oguddibwamu wonna mu nsomesa y’abatume nga bwe tusoma mu Ebikolwa by’Abatume ne mu baluwa zaabwe. Basuubira okukomawo okwa Yesu okutuukiriza ebisuubizo byonna Katonda bye yasuubiza ebikwata ku bwakabaka bwe. Newankubadde nga ekigambo “Enjiri”, kisangibwa mu Ndagaano Empya mwokka, amawulire amalungi ag’obwakabaka obwa Katonda ye nsibuko ey’ebisuubizo ebya Katonda okuva olubereberye.

### ENJIRI MU ADEN

Olubereberye, ng’Adamu ne Kaawa bamaze okujeemera Katonda, tujjukira ebigambo bye, eri omusota, “*nange obulabe naabuteekanga wakati wo n’omukazi, era n’ezzadde ly’omukazi lirikubetenta omutwe, naawe oliribetenta ekisinziir o*”(Oluberyeberye 3:15).

Gano ge gaali amawulire amalungi nti amaanyi g’ekibi n’okufa oluvannyuma galizikirizibwa. Guno gwe gwali omulimu Yesu gwe yajja okukola (Abaebbulaniya 2:14, 15).

### ENJIRI ERI IBULAYIMU

Tusomye ebisuubizo bya Katonda eri Ibulayimu. Omutume Pawulo yawandiika: “*n’ekyawandiikibwa bwe kyalaba edda Katonda bwaliwa amawanga obutuukirivu olw’okukkiriza, ne kibuulira Olubereberye Ibulayimu enjiri nti mu ggwe amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa*” (Abaggalatiya 3:8).

Yesu bw’alikomawo, alizuukiza Ibulayimu okuva mu bafu, era ebisuubizo bya Katonda eri Ibulayimu birituukirizibwa mu buli ngeri. Ebisuubizo bino byakakasibwa eri Isaaka ne Yakkobo, era nabo balizuukizibwa mu bafu nga Yesu akomyewo, era baliweebwa ebifo mu bwakabaka obwa Katonda (Matayo 8:11).

## ENJIRI ERI DAWUDI

Amawulire amalungi ag'obwakabaka gabuulirwa Dawudi okus-inziira mu nnabbi Nassani – soma (2 Samwiri 7:12-16): "*Ndis-saawo ezzadde lyo . . . era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwo ennaku zonna; . . . n'ennyumba yo n'obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakkalira ennaku zonna mu maaso go; entebe yo erinywezebwa ennaku zonna*".

Newakubadde ng'abaana ba Isiraeri bamala ne beerabira Katonda, Ye Katonda, teyeerabira bisuubizo bye. Tusanga ebi-suubizo bino mu Zabbuli eza Dawudi ne mu biwandiiko ebya bannabbi. Katonda ng'ayita mu nnabbi Ezeekyeri, yayogera eri Zedekiya kabaka, wa Yuda eyasembayo nti: "*Ndikivuunika, ndikivuunika, n'ekyo tekiriba nate okutuusa nnyini kyo lw'alijja era ndikimuwa*" Ezeekyeri 21:27).

Yesu bwe yajja, malayika yazza buggyaa ekisuubizo kino eri Malyamu; "*Oyo aliba mukulu, aliyitibwa mwana w'oyo ali wag-gulu ennyo. Era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjaaajjawe*" (Lukka 1:32, 33).

## ENJIRI GYE TULI

Gano ge mawulire amalungi ag'obwakabaka bwa Katonda agatujjira mu bubaka obwa Baibuli. Yesu ali kumpi okudda ku nsi okussaawo obwakabaka obwa Katonda. Soma Matayo 25. Engero essatu mu ssuula eno zitubuulira okutunula, okukola, n'okulaga okwagala kwa Kristo bwe tuba nga twagala ekifo mu bwakabaka obwa Katonda.

1. Olugero olw'abawala ekkumi: Abo abeetegeka era ne batunula obutakoowa, baayitibwa ku mbaga y'obugole naye abo abataalina mafuta gamala baasanga omulyango muggale.
2. Olugero lwa talanta: Engeri gye tukozessamu obusobozi bwaffe, erisimibwa Yesu era aliwa empeera abo abakozesa amagezi gaabwe n'ebiseera byabwe nga bwe basobola.
3. Olugero olw'omusumba okwawulamu endiga: Omusum-

ba omulungi amanyi endiga ze era amanyi okufuba kwazo. Amanyi abagezezzaako okuyamba bannaabwe era akkiriza nti obuyambi obwo bwali bucolebwa eri ye.

## KIKI KYE TUTEKWA OKUKOLA?

Tulina okwenenya, okukyusa embeera zaffe, “*ngamba nti ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda busembedde; mwenenye mukkirize enjiri*” (Makko 1:15).

“*Kale mwenenye mukyuke ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby’okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituukirire, naye atume Kristo eyababuulirwa edda*”  
(Ebikolwa by’Abatume 3:19, 20).

“*Kale Katonda ebiro ebyo eby’obutamanya teyabitunuuliranga; naye kaakano alagira abantu bona abali wonna wonna okwenenya, kubanga yateekawo olunaku Iw’agenda okusalliram omusango ogw’ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu, bwe yamala okuwa bona ekibakkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu*” (Ebikolwa by’Abatume 17:30 - 31).

Twetaaga okugoberera Yesu – okukyusa emitima gyaffe n’endowooza zaffe – okuzaalibwa okwo’kubiri. Essomo erid-dako lijja kutusomesa kiki kino kye kitegeesa. Kubanga kino nakyo kyetaagisa. “*Kubanga mwenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo mwayambala Kristo. Era mmwe bwe muli aba Kristo kale muli zzadde lya Ibulayimu era muli basika nga bwe mwasuubizibwa*” (Abagalatiya 3:27-29).

Eno y’enjiri, amawulire amalungi ag’obwakabaka obwa Katonda. Era naffe, ng’abayigirizwa kino kye tulindirira kituukirizibwe mangu. Kye tuva tusaba nga Yesu bwe yatuyigiriza abagoberezi be, “*Kitaffe oli mu ggulu erinnya lyo litukuzibwe, obwakabaka bwo bujje, otuwenga buli lunaku emmere yaffe ey’olunaku. Era tumusonyiwe buli gwe tubanja so totutwala mu kukemebwa*” (Lukka 11:2 – 4).

## MU BUFUNZE

1. Ekigambo “Enjiri kitegeza “Amawulire Amalungi.”
2. Amawulire Amalungi ag’o bwakabaka obwa Katonda, obugenda okujja gwe gwali omutwe omukulu ogw’ensomesa eya Yesu n’abatume.
3. Okumanya, okukkiriza n’okugondera Enjiri byetaagisa okufuna obulokozi.
4. Enjiri ebuulirwa wonna mu by’awandiikibwa, mu Ndagaano Empya n’Enkadde.
5. Amawulire amalungi gakyatubuulirwa.
6. Tuyinza okuweebwa ekifo mu bwakabaka obwa Katonda bwe tuwulira, ne tutegeera era ne tugondera obubaka bw’enjri.
7. Tulina okwaniriza okuyitibwa okw’enjiri nga Ibulayimu n’abatuukirivu abalala abaddu ba Katonda bwe bakoka edda.

## EBITUNDU EBY’OKUSOMA MU BAIBULI

2 Samweri 7	Zabuli 96	Isaaya 55
Bikolwa 9	Zabbuli 1	

## **EBIBUUZO KU SSOMO 10**

Teeka akasale ku ky'okuddamu ekituufu ekya buli kibuuzo

1. Ekigambo enjiri kitegeeza
  - (a) amawulire (b) amawulire amalungi
  - (c) Katonda yawa (d) omulanga
2. Bunyiriri ki ku buno obututegeeza nti Yesu yabuulira enjiri ey'obwakabaka?
  - (a) Matayo 1 : 14 (b) Makko 1 : 14
  - (c) Lukka 1:14 (d) Yokaana 1 : 14
  - (e) Matayo 3 : 16 (f) Makko 3: 16
  - (g) Lukka 3 : 16 (h) Yokaana 3:16
  - (i) Matayo 4:18 (j) Makko 4 : 18
  - (k) Lukka 4 : 18 (i) Yokaana 4 : 18
  - (m) Matayo 9 : 35 (n) Matayo 9: 35
  - (o) Lukka 9 : 35 (p) Yokaana 9:35
3. Ng'oggyeko Yesu, ani omulala eyabuulira enjiri?
  - (a) Bakabona abayudaaya (b) Abayigirizwa
  - (c) Omukulembeze Omuruumi
  - (d) Abasajja abagezigezi
4. Obwakabaka bwa Katonda bulissibwawo ddi ku nsi?
  - (a) tetumanyi (b) nga yesu akomyewo ku nsi
  - (c) bwamala okussibwawo (d) tebulibeerawo
5. Ye ani eyategeeza abayigirizwa nti batunule mu ggulu nga Yesu agenda waggulu nti alikomawo nate?
  - (a) Katonda (b) Malayika
  - (c) Yesu (d) Bamalayika ababiri
6. Kisubizo ki ekya Katonda ekyategeeza ng'amaanyi g'ekibi n'okuwa kuliba okulwanagana eri abantu
  - (a) ekisubizo mu Adeni
  - (b) ekisubizo eri Ibulayimu
  - (c) ekisubizo eri Nuuwa
  - (d) ekisubizo eri Dawudi

7. Ngeri ki gy'osobola okufunamu ekisuubizo  
eky'obulokozi ekiweebwa mu Baibuli?  
(a) okugabana bye tulina  
(b) okukola ebirungi eri ab'emikwano  
(c) okutegeera, okukkiriza, n'okugondera enjiri  
(d) okugondera amateeka ag'ensi
8. Lunyiriri ki mu Ndagaano empya olutubuulira nti enjiri  
yabuulirwa Ibulayimu?  
(a) Abaggalatiya 8:3 (b) Abaggalatiya 3 : 8  
(c) Abaruumi 8:3 (d) Abaruumi 3 : 8
9. Nnabbi ki eyabuulira Dawudi amawulire amalungi  
ag'obwakabaka obwa Katonda?  
(a) Danyeri (b) Isaaya  
(c) Elija (d) Nasani
10. Muyigiriza ki eyayamba Sawulo (Pawulo) okubaatizibwa  
nga bwe kyawandiikibwa mu Ebikolwa by'Abatume  
essuula 9?  
(a) Peetero (b) Andereya  
(c) Ananiya (d) Yokaana

# **ESSOMO 11**

## **OKUBATIZIBWA**

Mu ssomo lyaffe eriyise tulabye nti okukkiriza n'okutegeera okw'enjiri ssaako okugondera amateeka ga Katonda byetaagisa eri obulokozi.

Tusoma ebigambo ebya Yesu ng'amaze okuzuukira: "*Mugende mu nsi yonna mubuulire enjiri eri ebitonde byonna. Buli ak-kiriza n'abatizibwa, alirokoka*" (Makko 16:15, 16).

Wano tulaba nti okubatizibwa okw'omu byawandiikibwa kubeerawo ng'omusajja oba omukazi asobola okutegeera ate n'agondera ekigambo kya Katonda. Kale kano kakwakkulizo akeetaagisa okutusobozesa okukkirizibwa eri Katonda.

Tulina eky'okulabirako ekya Koluneeriyo, omufuzi owa Barumi, eyali omusajja omulungi mu byonna (Laba ebikolwa by'Abatuume 10:2). Naye Katonda yamugamba okutumisa Peetero, "*Yanaakubuulira kiki ggwe ky'osaanye okukola*" (Ebikolwa by'Abatume 10:6). Peetero yajja n'asomesa Koluneeriyo ebikwata ku Yesu.

*"N'atulagira okubuulira abantu n'okutegeeza ng'oyo Katonda gwe yalagira okubeera omusazi w'emisango w'abalamu n'abafu. Oyo bannabbi bona baamulangako nga buli amukiriza aggyibwako ebibi olw'erinnya lye."* Ekintu kimu kyali kyetaagisa: "*N'alagira abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo*" (Laba Ebikolwa by'Abatume 10:48).

Okusinziira ku kino ne mu by'awandiikibwa ebirala mu kitabo eky'ebikolwa by'Abatume tewali kubuusabuusa nti Katonda yassaawo amateeka ga mirundi esatu ag'obulokozi: okutegeera, okukkiriza n'okubatizibwa (soma ebikolwa by'Abatume 2 :37 - 38, 41; 8:35-38; 16 : 25 – 33).

## OKUBATIZA

Kino kigambo ekyava obutereevu mu Luyonaani nga kitegeeza okunnyika, oba okubbira. Ekigambo kino mu Luyonaani kikoz-esewa mu kukyusa langi y'engoye. Ng'oyagala okufuna langi y'olugoye, olina okulunnyikira ddala mu langi, olwo ne lusobola okukyukira ddala ebbala lyalwo.

## OKUBATIZIBWA

Enkozesza ey'ekigambo kino mu Ndagaano empya yonna ki-reetera ddala bulungi okumanya nti okumansirwa oba okuyi-irwa amazzi tekimala. Okubatizibwa okw'omubyawandiikibwa kwetaagisa okunnyikibwa wenna mu mazzi. Kale tusoma ku Firipo bwe yabatiza omulaawe nti: "*N'ala gira eggaali, okuyimirira, ne bakka bombi mu mazzi, Firipo n'omulaawe, n'amubatiza*" (Ebikolwa by'Abatume 8:38).

Tusoma nate ku Yokaana Omubatiza nti yabatiriza mu Enoni okumpi ne Salimu "*kubanga ye eri amazzi amangi*" (Yokaana 3 : 23).

## MAKULU AGALI MU KUBATIZIBWA

Bwe tusoma Endagaano Empya n'obwegendereza, tujja ku-sanga nti okubatizibwa kulimu amakulu ga mirundi nga ena.

### 1. OKUNAAZIBWAKO, OKUTUKUZIBWA

"*Golokoka obatizibwe onaaze ebibi byo, nga wegayirira erinnya lye*" (Ebikolwa by'Abatuum 22:16). "*Oba temumanyi nga abatali batuukirivu tebalisikira bwakabaka bwa Katonda? Era abamu ku mmwe mwali nga abo, naye mwanaazibwa, naye mwatukuzibwa, era mwaweebwa obantuukirivu olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo*" (1 Abakkolinso 6:9 – 11).

Tusanga akabonero ke kamu nga kakozesebwu mu Ndagaano Enkadde, wamu n'ekifanaanyi eky'okukyusa langi "*Munaabe, mwerongoose, muggyengawo obubi bw'ebikolwa byammwe bive mu maaso gange, mulekenga okukola obubi, . . . mu-*

*jje tuteese ffembi bw'ayogera Mukama; ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga"* (Isaaya 1 : 16 : 18).

## 2. OKUTABAGANA N'OKUFA N'OKUZUUKIRA OKWA KRISTO

Nga bwe tubuutikirwa amazzi mu kikolwa eky'okubatizibwa, mu kifaananyi tufa, ate bwe tuyimuka mu mazzi mu kifaananyi tuyimusibwa eri obulamu obuggyga. Mu ngeri eno tutabaganyizibwa n'okufa n'okuzuukira okwa Yesu. Omutume Pawulo akiwandiikako kino.

*"Oba temumanyi nga ffe ffena, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu nga twabatizibwa okuyingira mu kufa kwe? Kyet-wava tuzziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggyga. Kuba obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okufa kwe, era tuligattibwa ne mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe"* (Abaruumi 6: 3 – 5).

Mu kubatizibwa tuyita mu kifaananyi eky'okuzuukira eri obulamu obuggyga mu ndabika yaffe eyeetaagisa mu kugondera Katonda.

Yesu yagamba "Omuntu bwatazaalibwa mazzi na mu mwoyo tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda" (Yokaana 3 : 5).

Pawulo naye yawandiikira abakkiriza ab'e Kolosaayi nti;

*"Bwe mwaziikirwa awamu naye mu kubatizibwa era kwe mwazuukiriramu olw'okukkiriza okukola kwa Katonda, eyamuzu-ukiza mu bafu. Nammwe mwali nga mufudde olw'ebyonoono byammwe n'obutakomolebwa mubiri gwammwe, yabafuula balamu wamu naye, bwe yamala okutusonyiwa ebyonoono byaffe byonna"* (Abakolosaayi 2 : 12, 13).

### 3. TUGATTIBWA WAMU NE KRISTO MU KUBATIZIBWA

Tugatibwa wamu ne Kristo mu kubatizibwa era ne tufuulibwa ba luganda ne Kristo, n'eri ebisuubizo bya Katonda mu ye.

*"Kuba omubiri nga bwe guli ogumu ne guba n'ebitundu ebingi, n'ebitundu byonna eby'o mubiri, newankubadde nga bingi gwe mubiri gumu; era ne Kristo bw'atyo. Kubanga mu mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu mwoyo omu"*  
(1 Abakkolinso 12 : 12 – 13).

*"Kale mutegeere nga abayima mu kukkiriza be baana ba Ibulayimu."* Ebyasuubizibwa byagambibwa Ibulayimu n'omuzzukulu we. Tayogera nti n'eri abazzukulu; nga bangi, naye ng'omu ti n'eri; omuzzukulu wo, ye Kristo." "Kubanga mmwe mwenna muli baana ba Katonda olw'okukkiriza mu Kristo Yesu. Kubanga mwenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo, mwayambala Kristo. Tewali Muyudaaya, newankubadde omuyonaani, tewali muddu newaankubadde ow'eddeme tewali musajja na mukazi, kubanga mmwe, mwenna muli omu mu Kristo Yesu. Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali" (Abaggalatiya 3:7, 16, 26 – 29).

Pawulo nate awandiika ku nkyukyuka ebeerewo mu kubatizi-bwa:

*"Nga mu biro biri mwalinga muli wala ne Kristo, mwalinga mubookeedwa mu kika kya Isiraeri era mwali bannag-gwanga eri endagaano ez'okusuubiza nga temulina kusuubira, nga temulina Katonda mu nsi. Naye kaakano mu Kristo Yesu mmwe abaali ewala edda, musembezeddwa olw'omusaayi gwa Kristo. Kale bwe mutyo temukyali bannagwanga na bay-ise, naye muli ba kika kimu n'abatukuvu era ba munnyumba ya Katonda"* (Abaefeso 2:12-13, 19).

#### 4. OKUKYUSA ABAAMI – OKUYITIBWA OKUBA ABENJAWULO

Soma 2 Abakkolinso 6:14-18; 1 Yokaana 2:15 – 17.  
Katonda tasanyukira kunsiza bifaananyi okw'ensi. Abasajja n'abakazi kya bulijjo baddu ba kibi. Bwe tubatizibwa tukyusa enkola yaffe.

*" . . . tuleme okubeeranga nate abaddu b'ekibi . . . ku-  
bangaafa nga takyaliko musango eri ekibi, bwe mutyo nam-  
mwe mwetowazenga okubeera abafa ku kibi naye abalumwa  
eri Katonda mu Kristo Yesu. Kale ekibi kiremenga okufuga  
mubiri gwammwe ogufa, okuwuliranga okwegomba kwagwo.  
Temumanyi nga gwe mwewa okuba abaddu b'okuwulira, muli  
baddu b'oyo gwe muwulira oba ab'ekibi okuleeta okufa, oba  
ab'okuwulira okuleeta obutuukirivu? Naye Katonda yeebale  
kubanga mwabanga baddu ba kibi, naye mwawulira mu mu-  
tima engeri eyo ey'okuyingirizibwa gye mwaweebwa kale bwe  
mwaweebwa eddembe okuva mu kibi ne mufuuka abaddu  
b'obutuukirivu" (Abaruumi 6: 6, 7; 11, 12, 16 – 18).*

Mu kubatizibwa tutandika obulamu obuggyga obw'okugondera  
Katonda obutuleetera ekirabo kya Katonda ekyasuubizibwa.

*"Naye kaakano bwe mwaweebwa eddembe okuva mu kibi  
ne mufuuka abaddu ba Katonda, mulina ebibala byammwe  
olw'okubatizibwa n'enkomerero bulamu obutaggwaawo. Ku-  
banga empeera y'ekibi kwe kufa naye ekirabo kya Katonda  
bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe"*  
(Abaruumi 6:22 – 23).

Tugaanira ddala ekkubo ly'abantu, ekkubo ly'eb'yensi. Mu  
kubatizibwa tudda mu kkubo lya Katonda nga tugondera enjiri  
– "Amaanyi ga Katonda ag'obulokozi."

#### EKY'OKULABIRAKO EKYA NUUWA

Ye Nuuwa, kino kye yakola. Ensi ey'omulembe gwe yali  
ejjudde okulwanagana n'obubi. Nuuwa yazimba erya-  
to era ensi bwe yazikirira n'amazzi ag'amataba Nuuwa  
n'ab'omunyumba ye baayingira mu lyato ne bawona.

*"Mu nnaku za Nuuwa eryato bwe lyali nga likyasibiddwa, amazzi mwe gaalokolera abantu abamu: gye myoyo omunana, era kaakano ge gaabalokola. Mu kifaananyi eky'amazima kwe kubatizibwa, si kuggyawo mpitambi za mubiri, wabula okudda obuggyga okw'omwoyo omulungi eri Katonda, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo" (1 Peetero 3:20-21).*

Okusalira omusango ababi nga Yesu akomyewo kuliba kw'amangu nnyo era okusembayo, nga bwe kyali mu mulembe gwa Nuuwa. Nga Nuuwa bwe yawonyezebwa mu lyato na bwe kityo, abali "mu Kristo" tuliwona. Tulabye nti ekkubo ery'okugenda mu Kristo liri mu kutegeera, okukkiriza, okubatizibwa, n'obwetowaze obw'olubeerera.

## BUKULU KI OBULI MU KUBATIZIBWA?

Bangi balowooza nti kasita bakyusa embeera z'obulamu bwabwe kiba tekyetaagisa kugondera kikolwa kino eky'okubatizibwa. Baba bakyamu era n'okwefaa ko kwabwe okukola obulungi kuba ng'okutaliimu. Tunuulira ensonga ya Namani omwasuulu (2 Bassekabaka 5:1 – 27). Erisa Nnabbi omusajja wa Katonda, yamugamba okunaaba mu mugga Yoludaani okuwona ebigenge. Mu kusooka yagaana, naye omuddu we bwe yamwegayirira okugondera amateeka agamuweebwa Katonda, yawona omulundi gumu.

Bwe tugondera ekigambo kya Katonda ne tukisembeze okumpi nga bwe tusobola naffe tuyinza okuwonyezebwa ne tut-andika bupya. Naye tuyinza okwewuunya ku bibi ebiddirira, ne nsobi zetukola oluvannyuma olw'okubatizibwa. Nga bwe tulabye emabegako, mu kubatizibwa tutabagana n'okufa okwa Yesu Kristo era ekikolwa kino kyakolebwa omulundi gumu nga ssaddaaka ey'ekibi, ne bintu ebyo bye tukola ebitasaanye mu bulamu bwaffe obuggyga mu Kristo bisonnyiyibwa mu kusaba nga tuyita mu mulokozi waffe omupya gwetwafuna.

Bwe twennenya ne tusaba Katonda okutusonyiwa, ebibi byaffe byonna n'ensobi bisangulibwa mu bitabo era n'olw'ekyo tusobola okugenda mu maaso bulijjo n'essuubi nti bwe tugezaako okukola obulungi, Katonda yasuubiza okutusonyiwa

olw'ekisa kye.

Katonda yatuwa omukisa guno ogwewuunyisa ng'ayita mu kigambo kye. Owulira obwetaavu okutandika obulamu obuggyga? Okusinziira ku bumanyirivu obw'ensobi zo ze wakola n'okwegomba okuzisangulawo, waliwo omukisa wano ogw'okutandika nate, si obulamu obunaakutwala mu magombe naye ekkubo ery'obutafa n'obwakabaka bwa Katonda obw'ekitiibwa.

Ekkubo Iya Katonda, lye kkubo lyokka elisobola okukutabaganya wamu n'omutonzi wo. Gano ge makulu agali mu kubatizibwa. EKikolwa eky'obugonvu ekisaanidde, ekitundu eky'ekkubo Iya Katonda ery'obulokozi ekisinga.

MU BUFUNZE

1. Okubatizibwa kubawo oluvannyuma olw'okutegeera okumala n'okukkiriza enjiri.
  2. Okubatizibwa kunnyikibwa mu mazzi wenna.
  3. Mu kikolwa ekyokubatizibwa:-
    - (a) Ebibi byaffe mu kifanaanyi bitunaazibwako
    - (b) Tutabagana n'okufa n'okuzuukira okwa Mukama Yesu Kristo.
    - (c) Tugattibwa wamu ne Kriso n'olwekyo ne tugabana ku bisuubizo bya Katonda mu Kristo.
    - (d) Tukyusa bakama baffe, tuweereza Katonda mu kifo eky'okuwereeza ekibi, ne tweyawula ku nsi.
  4. Nga Nuuwa bwe yawona ng'ayingidde mu lyato, naffe tuteekwa okuyingira mu Kristo mu kubatizibwa tulyoke tuwone emisango egigenda okujja.
  5. Okubatizibwa kwetaaqisa eri obulokozi.

# EBITUNDU EBY'OKUSOMA MU BAIBULI

## **EBIBUUZO KU SSOMO 11**

Teka akasale ku buli eky'okuddamu ekituufu

1. Ewigambo okubatiza kitegeeza
  - (a) okumansiriza amazzi      (b) okuyiirwa amazzi
  - (c) okunnyika
2. Ani eyabatiza omulaawe?
  - (a) Pawulo      (b) Stefano
  - (c) Firipo      (d) Bbanabasi
3. Bunyiriri ki mu Baibuli obutubuulira ku kulagirirwa eri abayigirizwa ebyo ebikwata ku kubuulira Enjiri?
  - (a) Makko 5:15 - 16      (b) Makko 6:15 - 16
  - (c) Makko 16: 15 - 16      (d) Makko 15 : 15 - 16
4. Baliwa ku bano basatu abaabatizibwa?
  - (a) Pilato      (b) Pawulo
  - (c) Omukuumi w'ekkomera e Filipo
  - (d) Lydia
5. Okubatizibwa kusannye kubawo ddi?
  - (a) Nga wakazaalibwa
  - (b) nga wakafa
  - (c) nga wakava mu ssomero
  - (d) Nga ofunye okutegeera okumala n'okkiriza entegeka ya Katonda ey'obulokozi
6. Ekikolwa eky'okubatizibwa kiki kye kitegeeza?
  - (a) ekirabo kya Katonda
  - (b) okufa okwo muntu okwa ddala
  - (c) eryato lya Nuuwa
  - (d) okufa n'okuzuukira okwa Yesu
7. Ssuula ki mu Baibuli ennyonnyola okubatizibwa kye kutegeeza?
  - (a) Abaruumi 6      (b) Luusi 4
  - (c) Okubikkulirwa 6      (d) Abakkolisaayo 4

8. Kiki Peetero ky'akozesa okulaga ekifaananyi kye kikolwa eky'okubatizibwa?
- (a) okusomoka okw'enyanja emmyufu
  - (b) okuyita mu mugga Yolodaani okuyingira mu nsi ensuubize
  - (c) Nuuwa okuweebwa eryato mu mulembe ogw'amataba
  - (d) okuweebwa amazzi mu ddungu
9. Kikolwa ki eky'obugonvu Katonda ky'ayagala okuva gyoli olyoke ofune ekifo mu bwakabaka bwe obugenda okujja?
- (a) okwagala
  - (b) okukkiriza
  - (c) okukkiriza n'okubatizibwa
  - (d) obwesigwa
10. Oyagala okumanya ebisingawo ku bubaka bwa Katonda osobole okufuna okutegeera era obatizibwe?
- (a) yee
  - (b) nedda
  - (c) simanyi
  - (d) nnyinza okuba

## **ESSOMO 12**

### **OBWAKABAKA OBWA KATONDA**

Kristo nga akomyewo – era essomo eriwedde liranze nti kino kya kubeerawo amangu ennyo – omulimu gwe ogusooka gu-libeera kuzuukiza abafu.

*"Era bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'okunsi balizuukuka"* (Danyeri 12:2).

*"Kubanga ekyo kye tubabuulira mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe bwe tetulisooka abeebaka. Kubanga Mukama waffe yennyini olikka okuva mu ggulu n'okwogerera wagulu n'eddoboozi lya Malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda n'abo abafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira"*  
(1 Abasessalonia 4:15, 16)

Omusango bwe guliggwa, empeera ey'obulamu obutag-gwaawo eriweebwa abatuukirivu abaliyambako mu by'obufuzi, eby'obwakaba bwa Katonda. Baibuli esuubiza nti okufuga okwa Kristo kwe kulikomya obubi bwonna obuli mu nsi eno

#### **EMBEERA Y'OMU BWAKABAKA**

Teribeerayo ttima (Zabuuli 72:4) na ntalo.

*"Era aliramula mu mawanga era alinenya abantu bangi: era baliweesa ebitala byabwe okubifuula enkumbi, n'amafumu gaabwe okugafuula ebiwabyo: eggwanga teririymusa kitala eri eggwanga linnaalyo, so tebaliyiga kulwana nate."*  
(Isaaya 2: 4)

Okufuga kwa kabaka kuliba kwa butuukirivu n'amazima.

*"So taasalenga musango ng'okulaba kw'amaaso ge bwe kunaabanga, so taanenyenga ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga, naye anaasaliranga omwavu emisango nga gya nsonga, era anaanenyanga n'obutuukirivu olw'abawombeefu*

*abali ku nsi era alikuba ensi n'omuggo ogw'obukambwe, era alitta omubi n'omukka ogw'omumwa gwe." (Isaaya 11:3, 4).*

Endwadde zirifugibwa n'ebikolimo byazo ne biggyibwawo.

*"Awo amaaso g'omuzibe w'amaaso ne galyoka gazibukqa, n'amatu g'omuggavu w'amatu galizibuka. Awo awenyeru n'alyoka abuuka ng'ennangaazi, n'olulimi lwa kasiru luliyimba: kubanga amaazi galitiiriikira mu lukoola, n'emigga mu ndungu" (Isaaya 35: 5 – 6).*

Mu nnaku zino ensi nyingi ezirimu enjala ate ng'abantu enku-mi n'enkumi bafa olw'okulumwa enjala. Mu nnaku ezo tewali-bawo kulumwa njala. Enzizi z'amazzi mu ddungu zirisobozesa ebirime okukula obulungi kino ekitasoboka mu nnaku zino.

*"Kubanga amazzi galitiiriikira mu lukoola, n'emigga mu ddungu. N'ettaka ekkalangufu nzizi z'amazzi". (Isaaya 35: 6 – 7)*

*"Wanaabangawo emmere enkalu nnyingi mu nsi ku ntikko y'ensozi; Ebibala byayo binaayugaanga nga Lebanooni."*  
(Zabbuli 72: 16)

Oluvannyuma okufa kulizikirizibwa

*"Enkomerero neryoka etuuka bw'aliwaayo obwakabaka eri Katonda ye Kitaawe; bw'aliba nga amaze okuggyawo okufuga kwonna n'amaanyi gonna n'obuyinza. Kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lw'alissa abalabe bona wansi w'ebigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggibwawo, kwe kufa."*  
(1 Kol.15:24 – 26)

*"Katonda alisangula buli zziga mumaaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nate nnaku newaku-badde okukaaba newakubadde okulumwa: eby'olubereberye biweddewo."* (Kub.21: 4)

Kitangazibwa bulungi lwaki ensomesa eno ekwatta ku ob-wakabaka bwa Katonda eyitibwa Enjiri – tusomye nti kino kitegeeza Amawulire ag'essanyu.

## OBULOKOZI

Yesu ng'amaze okuzukira yalagira abayigirizwa be nti: "Mugende mu nsi zonna, mubulire Enjiri eri ebitonde byonna. Akkiriza n'abatizibwa alirokoka" (Makko 16:15-16) Kinnajjukirwa nti okubatizibwa kye kiddirira oluvannyuma olw'okukkiriza Enjiri. Olunyiriri olwo lwetulabye Iweyongera mu maaso nti: "*Naye atakkiriza omusango gulimusinga.*"

Ku lunaku Iwa Pentekoote Peetero omutume yategeeza ku bikwata ku kuzuukira okwa Yesu ne ku ssuubi ery'okukomawo kwe okw'okubiri. N'abantu abali bamuwuliriza emitima gyabwe ne gibaluma; ne bebuuza nti tunaakola tutya? Peetero yabadamu nti benenye, babatizibwe. Okwenenya kitegeeza okukyuusa mu ndowooza – okwezza obuggyga.

*"Awo abakkiriza ekigambo kye ne babatizibwa . . . Ne baba nga banyiikiriranga okuyigirizibwa kw'abatume, ne mu kusseekimu ne mu kumenya omugaati ne mu kusaba."* (Bik. 2: 41 – 42)

Wetegeereze nga bwe bindingaanako – okutegeera n'okukkiriza ekiddako kubatizibwa. N'ekiddirira kwe kufubangako bulijjo eri omukkiriza okubawo mu bulamu buno ng'asany usanga Katonda.

Olwo oyo omukkiriza ayogerwako nga "eyazuukirira mu Kristo", asobola okulindirira okudda okwa Yesu okw'okubiri n'obuvumu.

*"Kale obanga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi. Kubanga mwafa, n'obulamu bwammwe bukweked-dwa wamu ne Kristo mu Katonda. Kristo, obulamu bwaffe, bwa'lirabisibwa, era nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu mukitiibwa"* (Bak. 3: 1-4)

## OKUSONYIWA

Mu kiseera kino eky'okulindirira Kristo, omukristaayo bwanay-onoonanga, bulijjo akimanyi nti Yesu wa kisa omutabaganya ku lwaffe, kubanga amanyi okukemebwa kye ki. Mu bbaluwa ye eri Abaebbulaniya, tujjukizibwa nga Kabona waffe Omukulu bwe yakemebwa mu ngeri emu nga ffe, newakubadde ye teyayonoona (Beb.4: 15). Omukri-staayo asobola okuba n'obuvumu nti essala ze aziwulira.

*"Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga."* (Beb. 4: 16)

## EKIRABO EKYA KATONDA

Te tusobola ku bwaffe fekka. Lwa kwagala okwa Katonda n'ekisa kye ekitusobozesa okufuna obulokozi nga tuyita mu Yesu. Kale omutume Pawulo kye yava awandiika Nti:  
*"Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda"* (Bef.2:8)

*"Ekirabo ekya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe"* (Bar.6: 23)

## EKIDDIRIRA

Kaakati wano omaliriza amasomo ekumi n'abiri ng'olagirirwa. Osomye ku biki Baibuli by'esomesa ku bikwata ku Katonda n'entegeeka gyalina eri ensi mu bufunze. Oba olyawo olinga abantu ab'Asene, abawuliriza Pawulo bye yali ayogera; Nti *"naye bwe baawulira okuzuukira kw'abafu abamu ne bangoola ; abalala ne bagamba nti era tulikuwlira nate olw'ekigambo ekyo."* (Bik. 17: 32) Mundowooza endala, basanyukira okuwuliriza, naye nebatagala kweyongera kuyiga.

Oyinza okuba nga abe Beroya omutume be yakyalirako, abantu *"abanoonyanga mu by'awandiikibwa buli lunaku okulaba oba nga ebyo bwe biri bwe bityo"* (Bik. 17: 11)

Mu kibinja kyonna mwoggwa, enteekateeka ya Katonda erina okutukirira. Peetero yawandiika nti mu nnaku ez'oluvannyuma abantu balisekerera endowooza y'okudda okwa Kristo. Peetero yayogeranti bangoola Nuwa bwe yali ng'abuulira, naye olunaku olulonde bwe Iwatuuka, enkuba yantandiika. Mu ngeri y'emu, oba abantu bakiraba oba nedda,

*"Olunaku Iwa Mukama lulijja"* (2 Peet. 3: 9 -10).

### OBUBAKA OBW'ENJAWULO GY'OLI

Omutume amaliriza ebbaluwa ng'agamba bwati, nga bino bwe tubimanyi, "*Mugwanidde okubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda?*" (2 Peet. 3: 11)

Ekibuuzo kisaanye okulekerwa buli muyizi okukyediramu kinoomu. Tulina esuubi nga ojja "*kufuba okusangibwa mu mirembe nga temulina bbala newakubadde omusango mu maaso ge*" (2 Peet. 3: 14).

### EBITUNDU MU BAIBULI EBY'OKUSOMA

Isaaya 65: 17 -25	Abaruumi 13	Abaefeso 5
Isaaya 66: 1 -2	Abakkolosaayi 3	2 Peetero 3
Abaefeso: 2		

## **EBIBUUZO KU SSOMO 12**

Teeka akasale ku ky'okuddamu kyo ekituufu eri buli kibuuzo.

1. Mulimo ki Yesu gw'alisooka nagwo ng'akomyewo ku nsi?
  - (a) Okutegeeza buli muntu nti azze
  - (b) Okuzuukiza abafu
  - (c) Okuwa eddembe buli muntu
  - (d) Okuzikiriza ababi
- 2 Mbeera ki ku zino wansi eriberawo mu obwakabaka bwa Katonda?
  - (a) Teribeera ntalo nate
  - (b) Teribeera ndwadde nate
  - (c) Teriba njala oba ekyeeya
- 3 Lunaku ki Omutume Peetero lwe yategeerezako abantu ku bikwata ku kudda kwa Yesu okw'okubiri?
  - a) Ku Lw'okuyitako
  - b) Pentekoote
  - c) Pulimu
  - d) Mbaga ey'ensiisira
- 4 Omukkiriza omubatize asaanye kweyisa atya?
  - a) Kubeera mu kigo
  - b) Kubeera yekka
  - c) Mu ngeri esanyusa Katonda
  - d) kuba na mulimo mulungi
- 5 Engeri ki omukristaayo gyasobola okufunamu okusonyiyibwa?
  - a) Ng'awaayo ebiwebwaayo
  - b) na kimu ey'ekumi
  - c) Na saddaaka
  - d) Kusaba
- 6 Kirabo ki ekya Katonda ekyoyerwako mu Abaruumi 6?
  - a) Obulamu obutaggwaawo mu Yesu
  - b) Okutondebwaa
  - c) Baibuli
  - d) ebiro
- 7 Kiki abantu ab'omu Asene kye bakola bwe bamala okuwulira Pawulo ng'abuulira?
  - a) Bamukuba amayinja
  - b) Bagamba nti tulikuwuliriza olula
  - c) Batendereza Pawulo
  - d) Bawa Pawulo ekitiibwa

- 8 Abantu abe Beroya bwe bawulira okubuulira okwa  
Pawulo bakola batya?  
a) Bayimba oluyimba  
b) banoonyanga mu byawandiikibwa bulijjo  
c) Babuulira  
d) Batunda ebyo byonna bye balina
- 9 Biki ku bino abantu bye batasobola kuziyiza kubawo?  
a) Okwonoona ensi  
b) Okusibwawo okw'obwakabaka bwa Katonda  
c) Obukyayi  
d) Okudda kwa Yesu
- 10 Mutume ki owa Yesu atutegeeza nti tugezengako  
obutabeerako kyakunenyezezbwa?  
a) Pawulo                  b) Firipo  
c) Yokaana                  d) Peetero

